

Enkola z'okukunga.

HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.

Olusoma luno luli kitundu ku “**Harvestime International Institute**,” ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery’etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuvira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw’ekubisaamu, okwetegeka n’okwekuñhaanya okutuuka ku kiuubirirwa eky’okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

<http://www.harvestime.org>

EBIRI MUKITABO KINO

Enkozesza y'ekitabo.....	3
Ebyandikoeddwa abasomera mu bibinja.....	4
Ennyanjula y'olusoma.....	5
Ebigendererwa by'olusoma.....	7
1. Okukunga Oba Okunyunya?.....	8
2. Okusinziirwa okukunga kwa Baibuli	20
3. Omuliro Gwa Katonda.....	27
4. Ekitiibwa Kya Katonda.....	45
5. Ebiruubirirwa by'ekitiibwa kya Katonda.....	65
6. Engeri Y'okugulumiza Katonda	73
7. Essanduuko Ejja.....	86
8. Okizzaawo Weema Ya Dawudi.....	96
9. Ayagala: Abasinza.....	108
10. Engeri Y'okusinza	135
11. Okuzzibwa obuggyga ky'eki?.....	155
12. Okuzzibwa obuggyga mu Ndagaano Enkadde.....	164
13. Ennono za Baibuli ez'okuzzibwa obuggyga.....	184
14. Omukunzi.....	191
15. Abakungiddwa.....	199
16. Ennono z'okuyingira.....	206
17. Oluvannyuma lwa Akoli.....	217
18. Olugero Lw'ebibuga ebisatu.....	228
19. Okukunga okusinziira ku birabo.....	235
Okujuliza.....	246
Eby'okuddamu ku bibuuzo by'okwegezaamu.....	258

ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

(Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

Ebigendererwa: Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

Olunnyiriri olukulu: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

Ebiri mu ssuula: Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

Okwegezaamu: Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

Okweyongerayo okusoma: Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

Ebigezo ebyakamalirizo: Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

EBYANDIKOLEDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

OLUTUULA OLUSOOKA.

Okuggulawo: Mugguleewo na kusaba olwo mwelianjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

Okutendereza n'okusinza: Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

Gabira abayizi ebitabo: Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

Tegeka omulimu ogusooka: Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweeddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZZIDDIRIRA.

Okuggulawo: Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bona era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

Okwejukanya: Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

Essomo: Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

Okwegezaamu: Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

Okweyongera okusoma: Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

Ebibuuzo ebyakamalirizo: Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

ENNYANJULA Y'OLUSOMA

"Okukunga" kitegeesa okuteeka mu mbeera ey'okwetegekera obuwereza, okukozesa amaanyi okukola. "Engeri" ziba nkola ezinnyonnyoddwa obulungi mu kutuukiriza enteekateeka ova okwolesebwa.

Enkola z'ensi ez'okukubiriza zissa essira ku kunyunya abantu n'ebi'obugagga ebirala olw'ekigendererwa ky'omululu n'okwemagaliza. "Okukubiriza" kwasigamye ku bintu ebisanyusa omubiri ova okutuukibwako olw'okwesalira omusango, okunyigirizibwa, n'okukaka. Okukunga kwawukana, mu ngeri nti kwasigamye ku nnono za Baibuli era n'okukubiriza okuva eri Katonda si eri omuntu. Okukunga kuviiira ddala mu buyinza obussukulumu obwa Katonda so si mu nneewulira y'omuntu.

Mu musomo guno ojja kuyiga enjawulo wakati w'okukunga abantu n'okubanyunya. Ojja kuyiga ennono za Baibuli ez'okukunga era oyige engeri omuliro, ekitiibwa, n'okusinza Katonda gye biri ekitundu mu kukunga abantu ba Katonda. Ojja kusoma ku nnono za Baibuli ez'okudda obuggyera oyige kubukulu bwazo mu kukuma okukubiriza okwetaagisa okutuuka ku kwolesebwa okw'omwoyo.

Era ojja kutambula mu biwandiiko bya Baibuli ebya Yoswa, oyige engeri ze yakunga abantu Katonda okutwala ensi ensuubize eya Kanani. Ojja kusoma ku kika ky'omusajja Katonda gw'akozesa ng'a omukubiriza, n'engeri y'okukubiriza abalala okuva ku kwenyigira mu ngeri ey'obutakola okutuuka ku kwenyigira mu kukola.

Ojja kusoma ku nnono z'okuyingira eziyinza okukozesebwa okuyingira mu ggwanga, ekibuga, ova ekyalo ku Iwa Katonda. Ojja kuyiga eky'okukola oluvannyuma lw'okuyita mu "Kiwonvu kya Akoli" n'engeri y'okwolekagana n'Abanefisi ab'omwoyo mu nsi.

Omusomo guno gulaga enkola (engeri etegeerekese obulungi) ez'okukunga abakkiriza (okuyita mu mikutu gy'obusobozi okukola) okutuukiriza okwolesebwa kw'amakungula ag'omwoyo mu nsi yonna. Omusomo guno kitundu ku masomo ga Harvestime International Institute agategekeddwa okutwala omukkiriza ayagala okukozesebwa Katonda okukyusa okuyaayaana kwe okuva mu kuyaayaana okudda mu kwolesa.

Mu ssomo erisooka ery'okutendekebwa eriyitibwa "Okulaba," abayizi basoomoozebwa n'okwolesebwa kw'ennimiro z'amakungula ez'omwoyo abakkiriza bona ab'amazima gye bayitibwa. Mu ssomo ery'okubiri, "Okumyuka," emisomo egiwerako giteekawo omusingi ogw'omwoyo ogwetaagisa okufuuka omukunguzi.

Mu ssomo ery'okusatu, erituumiddwa "Okukubisaamu," abayizi basoomoozebwa okuzaala mu by'omwoyo nga bwe beekubisaamu n'okugabana n'abalala ebyo bye bayize.

Mu ssomo ery'okuna, eririko omutwe "Okutegeka," linnyonnyola engeri y'okusengekamu eby'obugagga eby'omwoyo okuva ku mutendera "gw'okukubisaamu" ogw'enkulaakulana. Ekiddako mu nsengeka y'essomo eno "kw'ekukubisaamu" eraga enkola z'okukunga ebikolwa eby'omwoyo ku Iwa Katonda era

n'ennyonyola n'omugaso gw'okwolesebwa kwa Harvestime mu buweereza.

Emisomo nya Harvestime egyakulembera guno gyonna gy'amugaso. Bw'ogezaako okukunga abantu nga tolina musingi, oba n'obunyiikivu awatali kutegeera. Tosobola kukunga nga tolina bantu, kubanga kino ky'ekyolesa obukulu bw'okukubisaamu. Bw'ogezaako okukunga abantu nga tolina nteekateeka, oba olina ekikolwa nga tolina kigendererwa.

Emirundi mingi mu buweereza obw'Elikristaayo, tuwaayo ekisingayo obulungi eri Katonda ne tulowooza nti kimala. Ekisinga obulungi tekimala. Enteekateeka temala. Okuzaala mu by'omwoyo tekimala. N'omusingi omulungi ogw'enjigiriza tegumala. Okuwaayo ekisinga obulungi kituufu naye tulina okutunuulira Katonda okutugattako omuliro gwe omutukuvu, ekitiibwa kye, n'okuzzibwa obuggyga mu mwoyo. Tulina okuyiga obutesigama ku kutendekebwa kwaffe, obumanyirivu, n'okutegeka. Wabula, tulina okwesigama ku kukyusibwa kwa Katonda eri emirimu gyaffe. Olwo ffe ng'abakungula, lwe tujja okukungibwa okukola emirimu gy'okukungula.

**Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo,
nanywezanga buli kyebayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero.
(Makko 16:19)**

**Era obulungi bwa Mukama Katonda waffe bubeere ku ffe: era onywezeomulimu gw'emikono
gyaffe; weewaawo, omulimu gw'emikono gyaffe ogunyweza.(Zabuli 90:17)**

EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA

Bw'omaliriza omusomo guno ojja kuba osobola:

- Okunyonnyola okukunga.
- Okunyonnyola enjawulo wakati w'okukunga n'okunyunyuta
- Okunnyonnyola enkolagana eriwo wakati w'okukunga n'okubuulira enjiri.
- Okufunza ennono ya Baibuli ey'okukunga.
- Okunnyonnyola maanyi g'omwoyo ag'okukunga gano wammanga:
 - Omuliro gwa Katonda
 - Ekitiibwa kya Katonda
 - Okusinza Katonda
 - Okuzzibwa obuggyga okuva eri Katonda
- Okunnyonnyola okusinza mu mwoyo ne mu mazima kye kitegeeza.
- Okukubaganya ebirowoozo ku ngeri gye tulina okusinzaamu Katonda.
- Okulaga ennono za Baibuli ez'okuzzibwa obuggyga.
- Okunnyonnyola engeri y'okukunga abantu abateenyigiramu.
- Okunnyonnyola engeri y'okukwatamu okulemererwa.
- Okuzuula ennono za Baibuli ez'okuyingira egy'abikkulibwa mu kitabo kya Yoswa.
- Okulaga embala ezeetaagisa okubeera omukunzi w'abalala.
- Okukunga ekkanisa yo ng'osinziira ku birabo eby'omwoyo

ESSUULA ESOOKA

OKUKUNGA OBA OKUNYUNYUTA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno oija kuba osobola:

- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'ozija mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "Okunyunyuta."
- Okunnyonnyola "Okukunga."
- Okunnyonnyola enjawulo eriwo wakati w'okukunga kw'omwoyo n'okunyunyuta.
- Okunnyonnyola enjawulo eriwo wakati w'omuntu ateenyigiramu n'omuntu akungiddwa.
- Okufunza enkolagana eriwo wakati w'okukunga n'okubuulira enjiri.

ENNYIRIRI ENKULU:

Naye Yesu n'abayita gy'ali, n'agamba nti, "Mumanyi ng'abakulembeze b'abamawanga babazitoowereza embeera, nabakulu baabwe babafuza lyanyi:

Naye tekiriba bwe kityo mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe, abeerenga omuweereza wa banne. (Matayo 20:25-26)

ENNYANJULA

Kigambibwa nti "okugaziya obulungi ekibiina kyonna kigeraageranyizibwa butereevu n'obusobozi bw'okukunga n'okuyingizaamu bammemba baayo mu kubunyisa enzikiriza , ebigendererwa, n'obufirosoofo."

Ekiruubirirwa bwe kiba kya kutuukirizibwa era okwolesebwa ne kutuukirira, olina okubaako ky'okola. Bw'oba okola n'anteekateeka n'antegeeka byokka, olina kibiina. Bw'okunga abantu, oba olina ekiramu erabuli muntu mu kiramu afuuka ekitundu ku kutuukirizibwa kw'okwolesebwa.

Okukunga abantu okuva ebweru kiva mu kwekubiriza kw'omunda. Buli muntu akubirizibwa okubaako ky'akola. Ekikulu mu buweereza obulungi kwe kukubiriza n'okukunga abantu ba Katonda olw'omulimu gw'obuweereza

OKUNYUNYUTA

Enkola z'ensi ez'okukunga zeesigamiziddwa ku kukozesa abantu n'ekigendererwa eky'okwefaako bokka okuganulwa. "Okunyunyuta," kitegeza, okulungamya oba okufuga omuntu mu ngeri ey'obukugu n'ekigendererwa eky'okwefaako. Omunyunyusi akozesa abantu abalala ng'ebintu okutuukiriza ekigendererwa kye.

Mu bunyunyusi , okugezaako okukunga abantu kwsigamye ku bintu ebisikiriza omubiri. Omuntu aba mukakafu nti ebikolwa ebimu bijja kutuukiriza ebiruubirirwa bye eby'okwefaako yekka, ebyetaago bye, oba by'ayagala. Ab'ayagala kutenderezebwa okuva mu bantu. Afuba okufuna ekifo n'okuwulira nti wa mugaso. Ebiseera ebisinga bibaamu amagoba mu by'ensimbi oba ag'ebintu. Ebyo bye bimu ku bimukubiriza okubaako kyakola.

Okunyunyuta kwsigamiziddwa ku bwetaavu. Omukulembeze alaba obwetaavu era n'akozesa abantu n'eb'y'obugagga okutuukiriza obwetaavu obwo. Bw'oba "okubirizibwa bwetaavu," mu bbanga ttono ofuuka muwambe olw'ebyo. Abantu bajjakukufuga n'okukukozesa okusobola okutuukiriza ebyetaago byabwe eby'obuntu.

Okusinga, waliwo ebika bibiri eby'obunyunyusi. Ekimu "bw'ebunyunyusi bw'okusindikirizibwa," buno amaanyi gaabwo gava mu kutya. Obulala buyitibwa "obunyunyusi bw'okusikibwa" obukozesebwa okusikiriza kw'omubiri n'empeera. Abakkiriza bwe baba nga bakusindikirizibwa oba okusikibwa okwenyigira mu mulimu gw'Obwakabaka bwa Katonda, kyeyoleka bulungi nti waliwo ekikyamu.

Mu bunyunyusi, abantu batera okuyisibwa mu ngeri ey'obusosoze era oluusi abakulembeze bakozesa okutiisatiisa, okwesalira omusango, n'okukaka okukola ebintu. Naye Bayibuli erabula abakulembeze ab'eb'y'omwoyo obutakozesa...

...okutiisatiisa, ng'omanyi nti Mukama wo (Katonda) naye ali mu Ggulu era ye tasosola mu bantu. (Abaefeso 6:9)

Mu ngeri endala, olina okukwatagana n'abo b'okulembera mu ngeri y'emu Katonda gy'akwatagana naawe.

"Obulogo" buwandiikkidwa mu Abaggalatiya 5:20 ng'ekimu ku bikolwa by'omubiri. Mu kitundu kinoobulogo tebutegéeza mulimu mubi gwokka ogukolebwa abasamize abagoberezi ba sitaani. Erakitegeeza "okukozesa" abantu abalala mu mubiri olw'ebigendererwa byo n'okwegomba kwo.

Yesu yayigiriza nti abakkiriza tebalina kwettanira nkola za nsi ezo ez'empisa n'obukulembeze:

Naye Yesu n'abayita gy'ali, n'agamba nti, "Mumanyi ng'abakulembeze b'abamawanga babazitoowereza embeera, nabakulu baabwe babafuza lyanyi:

Naye tekiriba bwe kityo mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe, abeerenga omuweereza wa banne. (Matayo 20:25-26)

OKUKUNGA

Abakkiriza tebalina kunyunyutibwa oba okufuuka abanyunyusi, naye balina kukungibwa. Bulijo Katonda atambudde ng'ayita mu bantu abo abakubiriziddwa okukola. Ebiwandiiko bya Baibuli biraga nti yayita abantu okukungaanya eby'obugagga eby'omubiri, eby'omwoyo, n'ensimbi okutuukiriza enteekateeka ze n'ebigendererwa bye.

"Okukunga" kitegeeza "okuteeka mu mbeera ey'okwetegekera obuweereza obukola, okukozesa amaanyi g'omuntu okukola" Mu ngeri engazi, okukunga abantu kitegeeza ekintu kyonna abantu ba Katonda mwe bazuukusibwaera ne basigala nga batambula era nga bakula okutuusa lwe bazuula ekifo kyabwe eky'okwenyigira mu ngeri ey'obukodyo mu mulimu gw'okumaliriza okubuulira enjiri mu nsi yonna.

Okukunga kw'omwoyo kwawukana ku kukunyunya kubanga kwsigamiziddwa ku nnono za Baibuli era okukubiriza kitunuulidde Katonda okusinga omuntu. Tekitunuulidde mubiri na muntu yennyini. Si buweereza obugenderera obwetaavu, naye nga bugenderera okulagira.

Ng'ekyokulabirako, Yesu bwe yakyalira ekidiba ky'e Besesuda, waaliwo abantu bangi abaaliwo abalema, abalwadde, n'endwadde. Naye Yesu yawonya omusajja omu yekka. Yali afugibwa kutumibwa okusingaokutunuulira obwetaavu. Kino tekyategeeza nti teyasaasira balala, naye yali alungamiziddwa Katonda okuveereza omusajja ono omu.

Bw'ofuuka ow'obwetaavu mu buweereza, mu bbanga ttono ojja kuzitoowererwa olw'ebjetaago bingiebikwetoolodde. Oluvannyuma ojja kufuuka omuntu afugibwa obwetaavu. Ebyetaago by'abantu bijja kufugaobulamu bwo n'obuweereza bwo. Ojja kunyunyutibwa era ojja kufuuka munyunyusi okusobola okutuukiriza ebyetaago bino ebinene.

Bw'oba ng'otunuulira ebiragiro okusinga obwetaavu, obuweereza bwo buba bulungamizibwa Katonda tebulungamizibwa muntu. Ojja kukubirizibwa n'okukungibwa amaanyi ga Katonda okusinga okukozesebwabantu n'ebjetaago byabwe.

ABATEENYIGIRAMU N'ABAKUNGIDDWA

Ekintu ekikontana n'okukungibwa kwe kubeera nga teweenyigiramu. Kikulu okumanya enjawulo eriwo wakati waebibiri bw'oba oyagala era okukubiriza abakkiriza abatakola:

OMUNTU ATEENYIGIRAMU:

"Obuteenyigiramu" kitegeeza okuba "ngatofaayo, obutakola, obutaddamu, obutaba na nneewulira," Zino z'ezimu ku nsongea zitera okuleetera abantu obuteenyigiramu, lwaki tebakola, abatafaayo, era nga tebeenyigira mu mulimu gwa Mukama:

-Tebali wansi wa Mukama wa Yesu Kristo.

-Tebategedde makulu ga "Omulimu omukulu."

- Tebamanyi kifo kyabwe mu Mubiri gwa Kristo.
- Tebalina biruubirirwa, okwolesebwa, n'okulungamizibwa.
- Tebalina kwolesebwa kumu. (Balaba bingi nnyo bye balina okukola era tebalina kwolesebwa kwa maanyi ku kifo kyabwe,kale baggwaamu amaanyi era tebalina kye bakola.)
- Batwaliibwaokufaayo n'okwenyigira mu bintu by'ensi.
- Batya nti okwagala kwabwe okwenyigira mu nsongha eno kujja kukozesebwa abalala.
- Obukulembeze obw'ekibogwe obukola buli kimu bulemeza okwenyigira mu nsongha zaabwe. Kino kisiniira ku buweereza bw'obuntu mu kifo ky'obuweereza bw'Omubiri obuzingiramu ebitundu byonna mu mulimu gwa Mukama. (Omusumba oba omukulembeze ow'omwoyo tateekeddwa kukola mulimu ye kennyini. Ateekeddwa kuzimba oba okukunga omubiri gwa Kristo olw'omulimu gw'obuweereza.)
- Babeera mu biseera eby'emabega. Bayibuli erabula nti, "Mujjukire mukazi wa Lutti." Bwe tutunuulira nnyo ebirungi ebyayita, ennaku oba engeri ebintu gye byakolebwamu emabegako" kiremesa okukola mu kiseera ekiriwo.
- Batambulira mu mubiri: Omuntu bwatambulira mu mubiri, tasobola kutuukiriza biruubirirwa bya mwoyo. Omubiri gukulemesa okukola "ekyo kye wandikoze" (Abaruumi 7:15).Okunyiiga, enjawukana, n'obukuubagano obutagonjoolwa byonna kabonero akalaga nti omuntu atambulira mu mubiri. Enneeyisa zino n'ezifaananako bwe zityo zija kufuula abantu obutakola mu Bwakabaka bwa Katonda.
- Ekibi kikugira okutambula kw'okufukibwako amafuta kwa Katonda, omuliro gwe, ekitiibwa kye, n'okuzzibwa obuggyga. Nga bwe kiri nti bino byebireetera okukunga kw'omwoyo, omukkiriza eyeyongera mu kibi mu bbanga ttono aba tasobola kwekubiriza
- Okuggwaamu amaanyi kireeta obuteenyigiramu. Omuntu aweddemu amaanyi aba mu birowoozo, alina obwetaavu bw'obuyinza, okufuga, n'okutambulira mu makubo ge. Yeewala obuvunaanyizibwa obw'obuntu, ananya abalala olw'ebizibu, era ayagala kwesasuza. Taboera mutebenkevu era si mwesigwa. (Laba ekitundu "Okweyongera Okusoma" mu kino essomo).
- Endowooza "ey'ekikugu." Kino kizibu ekitera okufuula abantu obutakola mu mulembe gw'ekkanisa guno. Endowooza eno "ey'ekikugu" y'emu egamba nti "Tupangisa kiwedde."

ABANTU ABATEENYIGIRAMU:

Abantu ssekkinnoomu abateenyigiramu kireetera abantu ab'awamu obutakola. Ekkanisa etakola ekwatagana n'okunnyonnyolwa kw'ekkanisa y'e Sadisi mu Okubikkulirwa 3:1. Balina "erinnya nti babeera, naye bafu." Iuno lwe lukalala lw'okukebera ekkanisa etakola."

-Okulabirira ebifo by'ekkanisa kuli wansi nnyo era balina endowooza ya "Sifaayo."

-Waliwo okwesigama ennyo ku musumba oba abakozi abasasulwa okukola emirimu gy'obuwereza.

-Waliwo okutunuulira ennyo eby'emabega, okukkiriza nti "ennaku ennungi enkadde" zaali zisinga ekiseera ekiriwo kati.

-Waliwo okukendeera mu bantu.

-Bammemba bangi abatakola.

-Essira liteekewa ku nnyimba, abaana, n'abavubuka ate abakulu basigala nga tebakola.

-Eby'enfuna bikulu nnyo mu kusalawo okusinga emitendera gy'okukkiriza.

-Empuliziganya mbi wakati wa bammemba, omusumba, n'abakozi.

-Obutabeerawo kiraga nti waliwo obutafaayo.

-Tewali bbugumu lya njiri.

-Abasalawo ku nsonga ne bammemba abakozi okusinga bava mu bantu abaali bammemba ng'ekibiina kyakatandika oba okuva mu "nnaku ennungi enkadde."

-Omuweereza obuwereza bwe abutunuulira nga bwe bwali edda okusinga okubutwala mu maaso.

-Ekibiina kikakafu nti bwe baba basobola okufuna "Omusumba omulungi" okudda mu bigere by'omusumba waabwe, ebizibu byabwe bijja kuba biwedde.

-Olukiiko olufizi olw'ekibiina (olukiiko olufizi, olukiiko, n'ebirala) luteru okulaba omulimu gwalwo omukulu nga olukusa okuziyiza ekitongole okwogera ebitasobola kukolebwa. (Mu kkanisa ekola, abafugaomubiri gukubiriza okuyiya, okuleetawo ebipy, emitendera gy'okukkiriza, era buli lwe kiba kisoboka, luwa okusinga okuziyiza olukusa).

-Enteekateeka empya zisisinkanibwa n'ensonga nti "ekyo tekijja kukola wano."

-Essira liteekewa ku kuyiga okusinga okukola.

-Memba owa bulijo tasobola kuyita manya ga bantu ng'abataano okuva mu kibiina.

-abantu bavumirira mu ngeri etaali ya bulijo ku bigenda mu maaso oba ebitagenda mu maaso.

-Bammemba abapya kizibu okufuna okuwulira nti bali mu kitundu n'okuwulira nga beetaagibwa.

Ebintu bino byonna biraga obutafaayo, obutafaayo, n'obuteenyigiramu.

OMUNTU ABAKUNGIDDWA:

Omuntu akungiddwa asobola mangu okukyusakyusa era akwatagana n'okulungamizibwa bw'Omwoyo Omutukuvu. Tatambulira mu makubo ge ag'okwefaaako yekka. Ategese ekibya kye eky'omwoyo ("Eddiba lye ery'omwenge") okufuna "omwenge omupya" (ebintu ebipy Katonda by'akola). Omuntu akunjaanyiziddwa yeesigamye ku Katonda okusinga okwesigama ku busobozi bwe. Akukubirizibwa mwoyo okusinga okukubirizibwa omubiri. Aba musanyufu nnyo kulw'omulimu gwaKatonda era nga yeenyigira mu Bwakabaka bwa Katonda.

Omuntu akungiddwa mwetegefu okukola--n'okwegeseza eri okukkiriza--n'okutwala obuvunaanyizibwa ku bikolwa bye. Omuntu akunganyiziddwa aba mutebenkevu, mjesigwa, era mu kifo ky'okwesasuzu mu biseera by'obuzibu, anoonya okugonjoola. Atunuulira ebiragiro okusinga okutunuulira obwetaavu. Tanyunya balala. Asaasira, ayagala nnyo, era yeenyigira mu mirimu gy'Obwakabaka.

ABANTU ABAKUNGIDDWA:

Weekenneye obubonero bw'ekkanisa eteenyigiramu obwaweebwa emabegako mu ssomo lino. Lowooza ku kintu ekikontana n'obubonero obwo. Ekintu ekikontana ne buli nneeyisa kinnyonnyola ekkanisa ekungiddwa.

Ekkanisa ekungiddwa eba mpya mu by'omwoyo. Ekkanisa ekungiddwa ebay'ekubirizibwa, ekuumibwa omuliro olw'okwagala n'okusaasira abo abaabula. Kikolebwa ekibinja ky'abantu abeenyigira ennyo mu kutuukiriza omulimu omunene. Erina endowooza y'obwakabaka okusinga ey'eddiini. Eba Kkanisa esinza, ezukiziddwa ejjudde okwolesebwa kw'amaanyi n'ekitiibwa kya Katonda.

EMBALA Z'OMUKUNZI

Waaliwo munnasayansi omututumufu ayitibwa Sir Isaac Newton. Yasoma era n'awandiika etteeka ly'obutonde ery'okutambula. Etteeka ly'okutambula eryasooka lyali nti...

"Omubiri ogutambula gutera okusigala nga gutambula ate omubiri oguwummudde gutera okusigala nga guwumudde."

Kino kituufu ne mu by'omwoyo. Abantu bajja kusigala nga tebafaayo, era nga tebakola okuggyakonga bakubirizibwa n'okukungibwa okukola emirimu gy'Obwakabaka.

Wano obuweereza bw'omukunzi we buyingiriramu. Omukunzi y'oyo akunga abalala. Naye kino okusobola okukikola alina okusooka okwekunga nga ye kennyni. Awo aba asobola okukunga abalala ng'ekyokulabirako n'okubazzaamu amaanyi okusinga okubakaka n'okutya.

Omukunzi yeewaayo okukola omulimu ogw'enjawulo "Ogw'omulimu omunene." Essira taliteeka kubimweraliikiriza, ebyetaago bye eby'obuntu n'ebi'okwefaaako yekka. Si wa kibiinaomusajja. Si mu naddiini. Wa bwakabaka. Ekigendererwa kye, ebiruubirirwa bye, n'ebigendererwa bye bya Bwakabaka bwa Katonda.

Omukunzi azimba abalala okukola emirimu gy'obuweereza ng'abasomooza n'okwolesebwa okw'omwoyo, okubazimba ku misingi gy'okukkiriza, n'okubasomooza okuzaala mu by'omwoyo. Ayamba

abantu okuzuula n'okwolesa obusobozi bwabwe awatali kuwlira kutiisibwasibwa olw'okukula kwabwe mu mwoyo n'okukulaakulanya obwakabaka.

Mu butuufu, abakulembeze ab'omwoyo Katonda b'ateeka mu kkanisa ng'abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, abasumba, n'abasomesa bona balina kubeera abakunzi. Ekigendererwa kyabwe kwe "kuzimba" abalala ku lw'omulimu gw'obuweereza (Abaefeso 4:11-12).

Omukunzi tatunuulira bantu ng'ebintu ebitali biramu ebigena okukozeesebwa okukola ekintu. Akimanyi nti okukunga abantu kuzingiramu ekisingawo ku kugamba abantu nti "kola kino" n'okuleetera omuntu okukikola. Akimanyi nti abantu abalala baatondebwa mu kifaananyi kya Katonda so si "bintu" eby'okukozeesebwa, mumulimu gw'Obwakabaka.

Omukunzi aba muvumu mu kuziyizibwa era alina obumanyirivu obw'amaanyi mu by'omwoyo. Obulamu bwe bukwatiddwako amaanyi ga Katonda n'ekitiibwa kye. Atambula mu bwesimbu era akuma enkolagana ey'obuntu ne Mukama.

Yoswa, omusajja Katonda gwe yalonda okukunga Israeri okutwala Ensi Ensuubize, y'omu ku basinga obulungi ng'eb yokulabirako ky'omukunzi. Ojja kusoma ebisingawo ku ye n'embala z'omukunzi muEssuula ey'ekkumi n'enya ey'omusomo guno.

Abakkiriza bangi bafu mu mwoyo kubanga balina abasajja abafu ababuulira. Tebalina bwagazi, tebeenyigiramu era tebafaayo. Omutima gwo bweguba nga tegulina muliro mu by'obwakatonda, n'abo b'okulembera bajja kubeera nga ggwe.

Eddiini etaliimu bwagazi tejja kuzikiza muliro gwa mulabe ogubuguma mu nsi. Engeri esinga obulungi ey'okulwanyisa omuliro guba muliro. Nga Eriya bwe yayiga, enku tezimala, ekyoto tekimala kimala, ssaddaaka zaffe nazoztezimala. Tulina okukwatibwako omuliro gwa Katonda!

Okubala 16:46-48 eraga engeri Aloon gye yakozesebwamu Katonda okuyimirira wakati w'abalamu abafu, ng'awa olutindo lw'obulamu. Kino omuntu akungiddwa ky'akola. Ayimiridde wakati w'abafu (abateenyigiramu) n'abalamu (abakozi). Akozeseewa Katonda okukunga abakkiriza okukola. Asitudde omuliro gwa Katonda, ng'akuma omuliro mu buli bulamu bw'akwatako n'ennimi z'omuliro. Abantu bangi bagezaako okukulembera abantu ba Katonda n'okukola emirimu gya Katonda n'emtima ejitaliimu muliro gwa Katonda oba eggyo egyptwaamu edda omuliro. Omuliro ogwakuma ekisaka ky'eddungu mu kiseera kya Musa, gusobola okukwata mu mitima gyaffe okutuusa lwe tunaayakira Katonda? Omuliro Ezeekyeri yalaba nga guva mu Israeri gusobola okutuddira leero?

OKUKUNGA N'OKUBULIRA ENJIRI

Abantu tubakunga lwa kigendererwa ki? Lwaki tusaanidde okugezaako okukubiriza abantu abatakola kintu kyonna? Abantu bwe baba nga beeyagaza mu bibiina byaffe eby'ekkanisa era nga n'ebiyetaago byabwe bituukiddwaako, lwaki baba bakungibwa?

Tulina okufaayo okukunga eby'obugagga eby'omwoyo kubanga y'engeri yokka amakungula ag'omwoyo ag'ensi yaffe lwe gasobola okukungulwa. Tukunga eby'obugagga eby'omwoyo olw'ekigendererwa ky'okubuulira enjiri.

Waliwo enjawulo wakati w'okukunga abantu n'enkola endala ez'okubuulira enjiri. Mu nteekateeka z'okubuulira enjiri, ekifo ekikulu kye bassaako essira be "abalina ebirabo" (oba oluusi mu kkanisa ey'omulembe gunoomubuulizi w'enjiri "omukugu"). Mu kubuulira enjiri okw'ekika kino, essira liteekebwa ku kwongera ku muwendowa bawuliriza. Okulanga, okuyita abantu, okubuuza ebibuzzo ku leediyo ne ttivvi, n'engeri endala nnyingi bwe zityo. Buli kisoboka kikolebwa okugaziya enkola y'obuweereza bw'omubuulizi w'enjiri.

Tewali kikyamu ku nkola zino. Kikulu okukozesa mu abantu abalina ebitone abamanyiddwa nga "ababuulizi b'enjiri" Katonda by'atadde mu Klezia. Naye okusobola okugumira okusoomoozebwba kw'amakungula amanene ag'omwoyo ag'ekiseera eky'enkomerero agali ku ffe, tulina okutwala "enkola ey'okukunga" kuokubuulira enjiri.

Enkola ey'okubuulira enjiri ey'okukunga essira erisinga kulissa ku bakkiriza bona, okusinga abo bokka abalina ekirabo ky'obuweereza eky'okubuulira enjiri. Kinoonya okukubisaamu omuwendo gw'abakyufu nga kikubirizabuli omu ku bantu ba Katonda "okukola omulimu gw'omubuulizi w'enjiri" (2 Timoseewo 4:5).

Okukunga abantu okw'ekika kino kukolebwa mu nkola ya Baibuli ey'Ekkansa. Kiyitibwa "Obuweereza bw'omubir," buli muntu mw'atwala ekifo kye ng'asinziira ku kirabo kye eky'omwoyo. Olwoomubiri gwonna gukola mu bumu okutuukiriza ebigendererwa by'ensi yonna nga bikwatagana n'ebi'Omulimu omukulu. Mu kukungaolw'okubuulira enjiri, tukozesa buli ngeri entuufu eriwo, okutuuka ku buli mutendera gw'abantu, nga bayanjula enjiri yonna eri abasajja bona.

EKISEERA KY'OKUKUNGA

Mu ggye ery'obutonde, amagye gakungibwa mu kiseera ky'olutalo ne/oba obwetaavu obw'amaanyi. Mu by'omwoyo, kino kiba kiseera kya lutalo. Tuli mu lutalo olusinga obunene olw'emitima, emyoyo, n'ebirowoozo by'abantu mu nsi yonna. Kino kiseera kya bwetaavu bungi. Tukiraba nga bwe tutunuulira ennimiro z'amakungula ez'omwoyo ez'ensi, nga zeetegefu okukungulwa, naye nga abakungula abeewaddeyo batono . Kati kye kiseera okukunga abantu ba Katonda. Nga nnabbi Mikka bwe yagamba nti "Mukung'aanye! Omulabe azingiza..." (Mikka 5:1).

Naye okusobola okukunga abantu, tulina okudda mu buweereza Katonda bwalagidde okusinga obuweereza bw'ebiyetaago. Tulina okwesigama ku Katonda okusinga okwesigama ku maanyi gaffe. Entegeka, enkolagana, okukubisaamu, enjigiriza...byona bikulu. Naye Katonda yekka y'asobola okusindika omuliro, ekitiibwa, n'okuzzibwa obuggya ebiyambako mukukunga abantu. Ng'omubiri ogatalina mukka na bulamu, bwe kityo n'abantu ba Katonda abategese, abeegasse, bazimbiddwa mu njigiriza, naye nga tebalina mukka gwa bulamu bwa Mwoyo Mutukuvu.

Bw'oba weesigamye ku buyigirize bwo, otuukiriza ebyo okusoma bye kusobola okukola. Bw'oba weesigamye ku bukugu n'okukola ennyo, ojja kufuna ebiva mu kukola ennyo n'obukugu bwo. Bw'oba weesigamye ku bukiiko bwokka, osobola okufuna bingi ebikolebwa...naye obukiiko bye busobola okukola byokka. Nayebwe weesigama ku Katonda, ofuna Katonda ky'asobola okukola!

Okufuba kw'abantu tekujja kukola mulimu. Amakungula amanene ag'ekiseera eky'enkomerero tegayinza kukungulwa na nkola z'amubiri:

Muyinza mutya obutaba na magezi kutuuka awo? Nga mwatandikira mu mu Mwoyo, kaakano mutuukirizibwa mu mubiri? (Abaggalatiya 3:3)

Omulimu guno teguyinza kutuukirira mu kunyunyuta oba amaanyi oba amaanyi g'omuntu.

Awo n'addamu n'ayogera nange ng'agamba nti...Si lwa maanyi wadde obuyinza, naye lwa Mwoyo wange, "bw'ayogera Mukama ow'Eggye". (Zakaliya 4:6)

Emyaka mingi emabega, Katonda yawa nnabbi ayitibwa Zekkaliya okwolesewba okw'ekikondo ky'ettaala eky zaabu. Ettaala yawa ekitangaala okuyita mu kyenda ekyafuna amafuta agava mu muzeyituuni omulamu. Ettaala yayaka olw'amafuta agaali gakulukuta.

Tosobola kukola mulimu gwa Katonda nga tolina kufukibwako mafuta ga Katonda obutasalako mu bulamu bwo. Olina okwegatta ku muzeyituuni omulamu. Ng'ettabi eribala ebibala olina okusimbibwamu muzabbibu (Yokaana 15). Kuno kwekubiriza kw'obwa Katonda. Kuno kwe kukunga okussukulumu.

Yesu yakwatibwako omuliro guno ogw'Omwoyo Omutukuvu ogw'okukunga (Lukka 4:18). Ekkanisa eyasooka yateekebwawo omuliro olw'amaanyi ga Pentekooti (Ebikolwa 2). Dawudi yali amanyi amaanyi g'Omwoyo (2 Samwiri 23:2). Ezeekyeri yakiweerako obujulizi enfunda n'enfunda. Ezera (Ezera 7:6) ne Nekkemiya (Nekkemiya 2:18) nabo baawulira ng'okukubiriza, okukunga ng'amaanyi ga Katonda ng'omukono gwa Mukama gubaliko. Omutume Pawulo yali akimanyi (2 Abakkolinso 1:21-22).

Era naawe osobola okukimanya!

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonnyola "Okunyunyuta."

.....
.....
.....

3. Nnyonnyola "Okukunga."

.....
.....
.....

4. Nnyonnyola enjawulo eriwo wakati w'okukunga mu by'omwoyo n'okunyunyuta.

.....
.....
.....

5. Nnyonnyola enjawulo eriwo wakati w'omuntu ateenyigiramu n'omuntu akungiddwa.

.....
.....
.....

6. Funza enkolagana eriwo wakati w'okukunga n'okubuulira enjiri.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma embooz y'eggye lya Dawudi mu 1 Samwiri 30. Weetegereze engeri abasajja bano gye baasisinkanaokunyonyolwa kw'omuntu aweddemu amaanyi:

"Omuntu aweddemu amaanyi aba mu birowoozo ebiggaddwa, alina obwetaavu bw'obuyinza, okufuga, n'okutambulira mu makkubo ge. Yeewala obuvunaanyizibwa obw'obuntu, ananya abalala olw'ebizibu, era ayagala kwesasuza. Tabeera mutebenkevu era si mwesigwa."

Kiki Dawudi kye yakola okukyusa embeera? Omanyi abantu abaggwaamu amaanyi? Osobola kubazzaamu otya amaanyi?

2. Obutonde bw'okukubiriza abantu bwasomesebwa omusajja ayitibwa Abraham Maslow. Yagamba nti okusobola okukubiriza abantu okukola olina okujulira ku byetaago byabwe ebisookerwako nga muno mulimu bino wammanga:

-Okutuukiriza obusobozi bw'omuntu.

-Okukula n'okukulaakulana.

-Okubeera omuyiiya.

-Okussa ekitiibwa mu balala.

-Olkwessaamu ekitiibwa.

-Okwagala.

-Okwagalibwa.

-Okubaako w'obeera.

-Obukumi.

-Okwegatta.

-Ennyonta.

-Enjala.

Wadde nga bino bikulu nnyo mu bulamu mu nsi muno, byonna byakwegombabyamubiri. Abantu abakungiddwa ku musingi gw'ebjetaago ng'ebyo tebajja kusigala nga bakubirizibwa. Ebyetaago byabwe eby'okwefaa bokka bwe biba tebituukiddwaako, bajja kudda emabega mu butakola.

Tosobola kukunga bantu olw'ebigendererwa eby'omwoyo ng'osinziira ku byetaago by'omubiri. Olina okubakunga olw'ebigendererwa eby'omwoyo nga basinziira ku nnono ez'omwoyo.

ESSUULA EY'OKUBIRI

OKUSINZIIRWA OKUKUNGA OKWA BAIBULI

EBIGENDERERWA:

Bw'omalirizza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola engeri okukunga gye kuteebawo Katonda.
- Okuzuula ebigambo mu Baibuli ebitegeeza okukunga.
- Okuzuula ekiragiro kya Baibuli eky'okukunga abakkiriza.
- Okunnyonnyola engeri okukunga abantu gye kwakolebwamu mu Kkanisa y'Endagaano Empya.
- Okuwa ebyokulabirako by'Endagaano Enkadde eby'okukunga.
- Okufunza by'oyize ku kukunga okuva mu bulamu bwa Gidiyoni.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Awo abaali basaasaanye ne bagenda buli wamu nga babuulira Ekigambo. (Ebikolwa 8:4)

ENNYANJULA

Mu biwandiiko byonna ebya Baibuli, Katonda yakola enteekateeka ye era n'atuukiriza ebigendererwa bye okuyita mu abantu abakungiddwa okukola. Ebyawandiikibwa biraga nti okukunga abantu kuteebawo Katondaera nga kitegezeebwa ebigambo ebinnyonnyola mu Baibuli. Kilagibwa mu ndagaano enkadde ne muEkkanisa y'Endagaano Empya, era ky'ekisinga obukulu mu kiragiro ekiweebwa abakkiriza okutuukirizaOmulimu Omunene.

Mu ssomo lino ojja kusoma omusingi gwa Baibuli ogw'okukunga abantu. Ojja kuyiga ku amazima amakulu ag'okukunga abantu mu Baibuli. Okukunga abantu ng'okwo tekwesigama ku kufuna by'abugagga ebinene eby'omubiri oba eby'ensimbi. Katonda akola ebintu eby'amaanyi ng'ayita mu bantu batono ddala abakungiddwa okukola n'okuddamu omulanga gwe.

OKUKUNGA KUTEEBWAWO KATONDA

Soma Abeefeso 4:11-16. Ekitundu kino kiraga nti ensonga Mukama gye yawa obukulembeze obw'enjawuloebirabo eri Ekkanisa byali bya kigendererwa kya kuzimba (kukunga) bantu bikozesebe mu mulimu gw'obuweereza. Abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, abasumba, n'abasomesa bona balina kubeera "bakunzi."

Bye birabo eby'enjawulo eby'obuweereza Katonda bye yassaawo okuzimba (okukunga) abakkiriza eby'okukoza mu mulimu gw'obuweereza.

Eky'okuba nti Omwoyo Omutukuvu abeera mu buli mukkiriza era n'awa n'ebirabo eby'omwoyo nakyo kikakasanti okukunga kw'Omubiri gwa Kristo kwateekebwawo Katonda (Abaruumi 12:3-8 ne 1 Abakkolinso 12:1-31).

OKUKUNGA KITEGEEZEBWA MU BIGAMBO EBINYONNYOLA

Ebigambo ebinnyonnyola Ekkansa nabyo bitegeeza okukunga. Abaruumi 12:3-8 ne 1 Abakkolinso 12:1-31 byogera ku Kkanisa okukola "ng'omubiri," nga buli mukkiriza akungiddwa okutuukiriza ekigendererwa kye eky'enjawulo. Obwakabona bw'abakkiriza bona obwogerwako mu Abebbulaniya 10:19-22, 23, 1 Peetero 2:9, n'Okubikkulirwa 1:6 kitegeeza okukunga Ekkansa yonna olw'omulimu gw'Obwakabaka.

OKUKUNGA KIKULU MU BIRAGIRO BYA BAYIBULI

Okukunga kye kikulu mu biragiro bya Baibuli ebiweebwa abakkiriza. Ng'ekyokulabirako, Ebyawandiikibwa biragira bulungi nti abakkiriza batondebwaa okukola emirimu emirungi. (Laba Abeefeso 2:10, Tito 2:14; 3:8, 9, Yakobo 2:17, ne 1 Peetero 2:12). Bwe tuba ab'okutuukiriza bino, tulina okukungibwa.

Okukunga abantu nakyo kikulu nnyo mu kutuukiriza omulimu omunene eky'okubunyisa Enjirieri amawanga g'ensi:

Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya IyaKitaffe, n'Omwana, n'Omwyo Omutukuvu;

Mubayigirize okukwata byonna bye mbalagidde... (Matayo 28:19-20)

Genda, buulira, yigiriza, batiza...bino byonna bigambo bya bikolwa. Eggye ly'abakkiriza abakungiddwa bebetaagisa okutuukiriza ebiragiro bino.

OKUKUNGA KUKOZESEBWA MU NDAGAANO EMPYA

Ekkansa y'Endagaano Empya yali kibinja ky'abantu abakunganyiziddwa. Baali baweereza buli lunaku muyeekaalu ne mu buli nnyumba (Ebikolwa 5:42). Baali batendereza era nga basinza Katonda, ne Mukamayali ayongera ku muwendo gwabwe buli lunaku (Ebikolwa 2:47).

N'okuyigganyizibwa tekyakendeza ku bbugumu lyabwe. Okuyigganyizibwa kwavaamu okusaasaana kwabweobwammemba naye...

Awo abaali basaasaanye ne bagenda buli wamu nga babuuliraEkigambo. (Ebikolwa 8:4)

Ekkansa eyasooka yakola ebibinja by'abaminsani ebyasindikibwa mu mawanga amalala (Ebikolwa 13:1-3). Baaweereza okuva e Yerusaalemi okutuuka e Buyudaaya, Samaliya, ne mu bitundu eby'enkomerero

eby'ensi ebyali bimanyiddwa mu kiseera ekyo. Mu butuufu "baakyusa ensi" ku lwa Katonda (Ebikolwa 17:10).

OKUKUNGA KULAGIBWA MU NDAGAANO ENKADDE

Okukunga abantu era kulagibwa mu Ndagaano Enkadde. Soma ku ngeri Katonda gye yakunga abantu oku...

- Okuzimba weema: Okuva 35:4-29
 - Okuwamba Ensi Ensuumbize: Yoswa 1:10-15
 - Okuzimba yeekaalu esooka: 1 Bassekabaka 5:13-18; 1 Ebyomumirembe 29:1-9
 - Okuzimba yeekaalu eyookubiri: Ezera 1:5-6; 3:8-13; Kaggayi 1:2-15
 - Okuddamu okuzimba bbugwe wa Yerusaalemi: Nekkemiya 2:17-6:15

Osobola n'okusoma ebikwata ku ntalo z'endagaano enkadde Katonda mwe yakunga abantu be okugenda okwenganga amaanyi g'omulabe. Ekyokulabirako ekimu ekisanyusa ye mboozi ya Gidyon.

ENSONGA YA GIDIVONI

Emu ku nnono ya Baibuli enkulu ey'okukunga abantu kwe kuba nti Katonda atuukiriza ebintu ebinene ng'ayita mu abantu batono ddala abakungiddwa olw'ebigendererwa bye. Kino tujja kukiyita "Ensonga ya Gideon"ey'okukunga kubanga eragibwa mu mboozi y'omusajia ayitibwa Gidyon.

Soma Abalamuzi 6:11-24. Malayika bwe yalabikira Gidiyoni, omusajja oyo yali tayogeraokulwana oba okuyingira mu nsi. Yali akola ekintu ekikontana n'ekyo. Yali yeekwese abalabe abaali bazze mu nsi nga Isiraeri amaze okusiga ensigo zaabwe. Omulabe yali abba amakungulaera Gidiyoni yali agezaako okukungula amakungula matono mu kyama n'okutya.

Kino kifaananyi ky'emirimu mingi egya "okukungula" egigenda mu maaso mu nsi leero. Abantu bagezaako okukungula amakungula ag'omwoyo eri Katonda ate nga bakankana olw'okutya, mu kwekweka omulabe. Kasita tutwala ekifo kino eky'okwekuuma, "okuwuula" kwaffe okw'empeke kujja kuba kukoma. Ngalsiraeri, tujia kuba "baavu nnyo."

Malayika bwe yayogera ne Gidyoni ng'amuyita "omusajja ow'amaanyi omuzira," ekyo tusobola okukiteebereza nti Gidyoni yeegamba nti, "Silaba balwanyi ba maanyi." Mu butuufu teyakimanya nti "Mukama yali naye."

Gidiyoni kye yalaba y'embeera eyali emwetoolodde. Yabuuza nti, "Singa Mukama."beera naffe, olwo lwaki bino byonna bitutuukako? Ebyamagero bye byonna bajjajiaffe bye baatugamba biri ludda wa?"

Bw'otunuulira embeera z'eggwanga lyo n'ensi ekwetoolodde, oyinza okwebuuza "Singamukama ali naffe, Iwaki bino byonna bibaddewo? Kimalamu amaanyi. Kisukkiridde. Amaanyi ga Katonda agakola

ebiyamagero gali luddawa?"

Mu mbeera eno ey'okutya n'okubuuusabuusa Katonda akyayita ba "Gidiyoni" leero. Amazima g'ensonga ya Gidiyoni kwe kuba nti Katonda ayita abantu abanafu okukola ebintu eby'amaanyi. Malayika yagamba Gidiyoni nti, "Genda."mu maanyi go gano...sikutumye?" Ekigendererwa kyokka ekijja okutuwa amaanyi okusisinkanaokusoomoozebwu okuzibu okw'omulembe gwaffe kye kisuubizo nti Mukama ali naffe. Ekisuubizo kino eky'okubeerawo kwe kuweebwa abo abakungiddwa okukola n'okuddamu omulanga gwe ogwa "Genda:"

Kale mugende muyigirize amawanga gonna...era laba ndi nammwe bulijjo, okutuuka ku nkomerero y'ensi. (Ebitundu bya Matayo 28:19-20)

Gidiyoni yabuuza malayika nti, "Kino nnyinza ntya okukikola? Ekika kyange kye kisinga okunyoomebwu ate nze asembayo obuto mu maka ga Kitaffe." Musa naye yawulira mu ngeri y'emu. Bwe kityo ne Yeremiya n'omutume Pawulo. Naawe oyinza okuwulira bw'otyo. Oyinza okuwulira ng'olina ekkomo olw'embeera gy'olimu, eby'ensimbi, obuyigirize bwo, oba obusobozi.

Naye Katonda akola ng'ayita mu bantu abanafu abakungiddwa okwanukula okuyitibbwu kwe:

Kubanga mulaba okuyitibwa kwammwe ab'oluganda, ng'abagezigezi abatali bangi mu mubiri.si bangi ab'amaanyi, si bangi ab'ekitiibwa, abayitibwa;

Naye Katonda alonze eby'ensi eby'obusirusiru okuswaza abagezi; era Katonda alonze ebintu ebinafu eby'ensi okutabula ebintu ebirina amaanyi;

Era n'alonda abakopi ab'ensi n'abo abanyoomebwu; era n'ebitaliwo alyoke aggyewo ebiriwo.

Waleme kubaawo muntu n'omu eyeenyumiriza mu maaso ga Katonda. (1 Abakkolinso 1:26-29)

Obusobozi obw'enjawulo Katonda bwe yawa Gidyon tebwali bukugu bwe bwokka mu kudduumira amaggye. Bwali busobozi bw'okukubiriza abalala okumwegattako mu mulimu ogwo. Tukimanyi nti yaliyatuuuka ku buwangizi mu kino kubanga abasajja 32,000 be baddamu omulanga gwe ogw'okulwana!

Naye oluvannyuma Iwa Katonda okukubiriza Gidyon mu kawefube w'okuwandiika abantu, yalaga nti asobola okukola obulungi ng'alina abantu abatono oba abangi. Katonda yaggyawo abantu 22,000 ku bayinza okulwana. Omuntu yenna eyali omutiitizi yakkirizibwa okudda eka.

Oluvannyuma Katonda yagenda mu maaso n'okusengejja abasajja abalala 9,700. Abo abaali tebafaayo era nga tebali bulindaala (abatebaali batunula nga banywa) nabo ne basindikibwa awaka. Kino kyaleka abasajja 300 bokka...kimu ku buli kikumi kubannakyewa abasooka. Teebereza engeri Gidyon gye yawuliramu, ng'ayolekedde egghe ery'abasajja 135,000! Emikisa gyali 450 ku gumu ku ludda Iw'Abamidiyaani. Naye Katonda yatuukiriza ebintu ebinene okuyita muabasajja bano abatono. Baawangula olutalo n'omulabe. Baddiza ekitundu kyabwe mu ngeri entuufu. Baasobola okukungula

amakungula gaabwe.

Omukago ogw'amaanyi ogw'Abamidiyaani, Abamaleki, n'abalala bwe gwakunjaana okulwanyisaAbantu ba Katonda, Omwoyo wa Mukama yajja ku Gidyon. Ekigambo ky'Olwebbulaniya ekyavvuunulwa "Okujja ku." ku" mu bufunze kitegeeza "okwambala." Amaanyi ga Katonda gaaweebwa Gidyon mu kadde n'ekiseera ky'obwetaavu...si nga tewannabaawo era si oluvannyuma. Oija kusanga nga bwe kiri mu bulamu bwo. Amaanyi ag'okukunga abantutegakujjaako okutuusa ng'owuliriza omulanga gwe ogw'okugenda.

Enkambi y'omulabe eyalumba eyogerwako nga "eyasenga mu kiwonvu ekinene ng'enzige." Enjamira zaabwe zaali ng'omusenyu ku lubalama lw'ennyanya." Kyaali kibiina kinene nnyo.Gidyon yeewuunyisa abalabe ng'akuba amakondeere n'emimuli egy'okuwuuba. Oboolyawo ye yali enjamira esinga okudduka muebyafaayo! Obuwanguzi bwa Gidyon bwalmu akakodyo akalungi n'okukwasaganya n'obwegendereza, ebikolwa ebitegekeddwa, naye kyali kisingako awo. Yali kawefube eyateekebwawo era n'okukungibwa amaanyi ga Katonda.

Oyinza okuba omuntu omunafu era atya ng'okola n'abantu abanafu era abatya nga batono mumuwendo. Naye Katonda asobola okukuwa amaanyi ge nga bwe yakola Gidyon. Tolina bantu, nsimbi, n'ebikozesebwa ebirala? Sanyuka...Katonda anyumirwa nnyo okukola ebintu ebinene ng'ayita mu bintu ebitono...Era bw'anaakikola, ajja kufuna ekitiibwa!

Emboozi ya Gidyon eraga nti abalwanyi abatonotono, nga bakungiddwa amaanyi ga Katonda, nga bategekeddwa awaliokwolesebwa n'encola ey'awamu basobola okutuuka ku buwanguzi nga bakontana n'ebizibu ebibeetolodde.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Okukunga kuteekebwa kutya Katonda?

.....
.....

3. Biki ebimu ku bigambo bya Baibuli ebinnyonnyola ebitegeeza okukunga abantu?

.....
.....

4. Laga ekiragiro ekimu ekya Baibuli eky'okukunga abakkiriza.

.....
.....

5. Nnyonnyola engeri okukunga gye kwakolebwamu mu Kkanisa y'Endagaano Empya.

.....
.....

6. Wandiika eb'yokulabirako by'Endagaano Enkadde eby'okukunga.

.....
.....
.....

7. Funza by'oyize ku kukunga abantu okuva mu bulamu bwa Gidiyoni.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Engero eziwerako mu Ndagaano Empya ezaayogerwa Yesu ziraga obukulu bw'okukunga. Soma engero zino wammanga:

1. Abakkiriza balina okukungibwa okunoonya abo ababuze mu kibi:

-Olugero Iw'endiga ezibula: Matayo 18:12-14; Lukka 15:4-7

-Olugero Iw'ensimbi eyabula: Lukka 15:8-10

-Olugero Iw'omwana eyabula: Lukka 15:11-32

2. Abakkiriza balina okukungibwa okubeera abeetegegef u okudda kwa Yesu:

-Olugero Iwa Ttalanta: Matayo 25:14-30; Lukka 19:11-27

-Olugero Iw'omusajja ali ku lugendo oluwanvu: Makko 13:34-37

-Olugero Iw'abaweereza: Matayo 24:43-51; Lukka 12:39-46

-Olugero Iw'abaweereza abalindirira: Lukka 12:36-38

-Olugero Iw'abawala embeerera ekkumi: Matayo 25:1-12

3. Abakkiriza balina okukunganyizibwa okukola omulimu gwa Katonda mu kubunyisa Enjiri:

-Olugero Iw'omusizi: Matayo 13:3-8; Makko 4:3-8

-Olugero Iw'omuddo n'enjaano: Matayo 13:24-30

-Olugero Iw'akatimba: Matayo 13:47-50

-Olugero Iw'ensigo ya Kaladaali : Matayo 13:31-32; Makko 4:31-32; Lukka 13:19

-Olugero Iwa Ttalanta: Matayo 25:14-30; Lukka 19:11-27

-Olugero Iw'amakungula: Matayo 9:37-38; Lukka 10:2

ESSUULA EY'OKUSATU

OMULIRO GWA KATONDA

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ku kufaanagana okw'ebey'omwoyo ku mugaso gw'omuliro ogw'obutonde.
- Okunnyonnyola "Omuliro gwa Katonda."
- Okufunza ekyo Baibuli ky'eyigiriza ku muliro ogwa Pentekooti.
- Okulaba ebigendererwa by'omuliro gwa Katonda.
- Okunnyonnyola engeri y'okuban'omuliro gwa Katonda.

ENNYIRIRI ENKULU:

Sulemaani bwe yamala okusaba, omuliro ne gukka okuva mu ggulu, ne gwokya ekiweebwayo ekyokebwa ne ssaddaaka n'ekitiibwa kya Mukama ne kijjula mu Yeekaalu.

Bakabona ne batasobola kuyingira mu nnyumba ya Mukama, kubanga ekitiibwa kya Mukama kyalii kijjudde ennyumba ya Mukama.

Awo abaana ba Isiraeri bona bwe baalaba omuliro nga gukka, n'ekitiibwa kya Mukama nga kiri ku Yeekaalu, ne bavunnama ku lubalaza ng'amaaso gaabwe gatunudde wansi ne basinza era ne beebaza Mukama nga boogera nti, mulungi kubanga okusaasira kwe kuberawo emirembe gyonna. (2 Ebyomumirembe 7:1-3)

ENNYANJULA

Mu Ssuula eyokubiri weetegereza okusinziirwa okukunga abantu okwa Baibuli, n'oyiga nti Katonda akola ng'ayita mu bantu abakungiddwa, ka babeere bangi oba batono. Essuula eno y'esoose ku ssuula eziwerakookussa essira ku bintu eby'omwoyo ebikunga abantu ba Katonda. Mu masomo gano n'agaddakooja kuyiga omuliro gwa Katonda, n'ekitiibwa kya Katonda, n'okusinza Katonda.

Sooka oddemu osome ennyiriri enkulu ez'essomo lino (2 Ebyomumirembe 7:1-3). Ojja kwetegereza nti omuliro gwa Katonda gwasooka kuka, oluvannyuma ekitiibwa kya Katonda ne kibikkulwa, n'olvannyuma abantu ba Katonda ne bayingiramu kusinza okw'amazima. Omuliro gwa Katonda,

ekitiibwa kya Katonda, n'okusinza okw'amazima gonna maanyi ga mwoyo amaanyi agakunga abantu ba Katonda n'okubazimba eri okukola.

OMULIRO GW'OBUTONDE

Waliwo emigaso mingi emirungi egy'omuliro mu nsi ey'obutonde. Omuliro guwa amaanyi n'ebbugumu. gukokozesebwa okuteekateeka emmere. Okwokya oluyiira kivaamu evvu erigimusa ettaka okukola amakungula amalungi.

Omuliro gwokya kasasiro. Gujjamu obucaafu mu zaabu ne ffeeza. Omuliro gusikiriza abantu,ekyo kyeyolekera mu bantu abakunjaana bulijjo nga waliwo ekintu ekikutte omuliro. Omuliro gukwasisa emirala, naye gwe muze gw'omuliro okuzikira singa tegufukibwako mafuta buli kiseera. Ennimi z'omuliro ezinaatera okuzikira zisobola okuddamu okufuumuulwa mu muliro ogwakaayakana.

OMULIRO GW'OMWOYO

Omuliro ogw'obutonde gufaanagana n'omuliro ogw'omwoyo. Omuliro gwa Katonda guwa amaanyi mu mulimu gwa Katonda. Gubugumya omwoyo omunnyogovu, ogutafaayo. Guviirako emmere ey'omwoyo n'amakungula amangi ag'ebi'omwoyo. Omuliro gwa Katonda gwokya obulamu bwo obukyamu, ng'omuliro gw'obutonde bwe gukola mu zaabu ne ffeeza okwokya obucaafu.

Omusajja oba omukazi eyayokebwa omuliro gwa Katonda asikiriza abantu okujja mu bubaka bw'Ekgambo. Ng'omuliro gw'obutonde, omuliro ogw'omwoyo gukuma omuliro omulala. Omukkiriza ayaka n'obwagazi eri ababuze eraokulaga amaanyi ga Katonda mu bbanga ttono kikuma omuliro mu bulamu bw'abo abamwetoolodde.

Naye ng'omuliro mu nsi ey'obutonde, omuliro ogw'omwoyo gulina okukumibwa obutasalako. Waaliwo ekiseerabwe wali edda ng'olina omuliro mu by'omwoyo ku lwa Katonda okusinga bw'oli leero? Ennimi z'omuliro eziri okumpi okuzikira zisobola okuddamu okwaka mu muliro ogwakaayakana.

Nga Katonda bwe yagaba omuliro ogw'ekyoto ky'ebiweebwayo ebyokebwa, agaba omuliro gwe okuva mu Ggulu okukwata ku mmeeme yo. Naye olina obuvunaanyizibwa okukuma ennimi z'omuliro nga ziyaka (Eby'Abaleevi 9:24; 2 Ebyomumirembe 7:11). Oli mu mwoyo ogwokya. Obutonde bwo obw'omwoyo bwatondebwa okubeeraomuliro olw'omwoyo gwa Katonda. Eno y'essaala yaffe gy'oli nga bw'osoma essomo lino "Kwata omuliro ku lwa Katonda."

KATONDA N'OMULIRO

Baibuli etera okwogera ku muliro gwa Katonda:

Kubanga Mukama Katonda wo muliro ogwokya, Katonda ow'obuggy... (Ekyamateeka 4:24)

Kubanga Katonda waffe muliro ogwokya. (Abaebbulaniya 12:29)

Abasajja ab'omu kiseera kya Baibuli abaali n'okwolesebwa kwa Katonda bawandiika nti endabika ye yali ng'omuliro:

Awo ne ntunula, era laba, ekifaananyi ekyali ng'embala eky'omuliro: okuva ku mbala ey'ekiwato kye ne wansi, muliro: n'okuva ku kiwato kye n'okwambuka, ng'embala ey'okumasamasa, ng'ebbala lya Zaabu etabuddwamu effeeza. (Ezeekyeri 8:2)

Omubiri gwe nagwo gwali ng'omuzira, n'amaaso ge ng'embuyaga, n'amaaso ge ng'ettaala ez'omuliro, n'emikono gye n'ebigere bye nga mu langi eriekikomo ekirongooseddwa, n'eddoboozi ly'ebigambo bye ng'eddoboozi ly'ekibiina ky'abantu. (Danyeri 7:9; 10:6)

Omutwe gwe n'enviiri ze byali byeru ng'ebyoya by'endiga, nga byeru ng'omuzira; n'amaaso gegaali ng'ennimi z'omuliro; (Okubikkulirwa 1:14) (Laba n'Okubikkulirwa 3:18 ne 19:12ne Zabbuli 18:8,12)

OMULIRO GWA KATONDA KYE KI?

Bwe twogera ku "omuliro gwa Katonda" tettwogera ku muliro gwa butonde. Yesu yagamba nti:

Najja kusuula muliro ku nsi; nagwo oba nga kakaano gwaka, njagala ki? (Lukka 12:49)

Omuliro gwa Katonda kye ki? Bwe twogera ku "omuliro gwa Katonda," tuba twogera ku muliro gwa Pentekooti eyasooka okuyiwa Omwoyo Omutukuvu ogwalabibwa bonna:

Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro.

Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:3-4)

Omuliro gwa Katonda gwe muliro ogwasisinkanibwa ku Pentekooti. Muliro ogujja okusumulula olulimi lwo okwoogera. Muliro ogujja okukuwa amaanyi okutuukiriza omulimu omunene:

Naye mmwe mulifuna amaanyi oluvannyuma Iw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe; nemuliba bajulirwa gyendi okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Yesu yagamba nti:

Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu n'omuliro. (Matayo 3:11)

OMULIRO GWA PENTEKOOTI

Bino bye bimu ku bikwata ku muliro guno ogwa Pentekooti:

GUKELEEZEBWA KATONDA:

Enfundu n'enfundu mu Kigambo, Katonda agamba nti "Nja kukoleeza omuliro" (laba Yeremiya 21:14; 22:7; 49:27; 50:32; Amosi 1:14; 2:2, 5). Omuliro gwa Katonda si gwa kwewulira. Tegukoleezebwaa nnyimba oba okubuulira mu ddoboozi ery'omwanguka. Katonda y'akoleezebwaa era n'ayokebwa omuliro. Omuliro gwa Pentekooti gukoleezebwaa Katonda yennyini:

Naye kino kye kyayogerwa nnabbi Yoweri;

Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma,bw'ayogera Katonda,ndifuka Omwoyo wange ku balina omubiri bona. Batabani bammwe ne bawala bammwe baliwa obunnabbi;n'abavubuka bammwe balyolesebwan'abakadde baliroota ebirooto.

Mu biro ebyo ndifuka Omwoyo wange,ku baweereza bange abasajja n'abakazi;baliwa obunnabbi. (Ebikolwa 2:16-18)

TEGWETAAGA MAFUTA:

Soma emboozu ya Musa n'ekisaka ekyaka mu Okuva 3. Kino kyali kyakulabirako kya butonde eky'amazima amanene ag'omwoyo. Omuliro gwa Katonda gwasimbira ekkuuli obusobozi bw'amafuta g'ekisaka ne gugenda mu maaso n'okwokya.Ekyamagero tekiri mu nsiko eyaka nga bwe kiri mu muliro ogutaliimu mafuta.

Musa yakimanya okusinziira ku bumanyirivu bwe yalina mu kutta Omumisiri nti yali tayinza kwsiga nneewulira ye oba amaanyi olw'omulimu ogw'omwoyo Katonda gwe yali amuyitidde. Mu nsiko eyaka Katonda yalaga nti omuliro gwe gwaka nga tegulii mu mafuta ga butonde. Oyinza okuba nga wagezaako n'olemererwa mu mulimu gwa Katonda. Naye omuliro gwa Katonda gubuusa amaaso "amafuta" g'ebitone byo eby'obutonde n'obusobozi bwo.

GWEYONGERA MU MAASO:

Katonda y'awa omuliro, naye ggwe olina obuvunaanyizibwa okugukuuma nga guyaka:

Omuliro gunaasigalanga gwaka ku kyoto ebbanga lyonna; teguuzikirenga. (Eby'Abaleevi 6:13)

Katonda ayagala okume omuliro mu mmeeme yo. Ayagala okolezebe omuliro olw'Obwakabaka bwa Katonda.

GUKWATAGANA N'EMBALA YE:

Emyoyo gya Katonda omusanvu gikwatagana n'omuliro

Mu ntebe eyo ey'obwakabaka ne muvaamu okumyansa n'amaloboozi n'okubwatuka. Mu maaso g'entebe eyo waaliwo ettabaaza ezaaka musanvu, nga gy'emyoyo omusanvu egya Katonda. (Okubikkulirwa 4:5)

Emyoyo gya Katonda omusanvu gye gino:

1. Amazima: Yokaana 16:13
2. Ekisa: Abebbulaniya 10:29
3. Obulamu: Abaruumi 8:2
4. Afuula abaana: Abaruumi 8:15
5. Obutukuvu: Abaruumi 1:4
6. Amagezi n'okubikkulirwa: Abeefeso 1:17
7. Ekitiibwa: 1 Peetero 4:14

Obulamu bwo bwe bukwatibwako omuliro gwa Katonda, omwoyo gwe ogw'okufuula abaana gukola mu ggwe. Amazima ge, ekisa, obulamu, obutukuvu, amagezi, n'ekitiibwa bikola mu bulamu bwo.

GUKWATAGANA N'OKUSABA:

Soma emboozi ya Eriya ku lusozi Kalumeeri mu 1 Bassekabaka 18. Eriya bwe yasaba, omuliro gwa Katonda gwaka. Bwe tuba twagala okulaba omuliro gw'Abapentekooti, tulina okuyiga okusaba. Mu kisenge ky'awaggulu, abakkiriza baasaba okumala ennaku n'olvannyuma ne babuulira obubaka bwaddakiika kkumi. Tusaba eddakiika kkumi ate ne tubuulira okumala essaawa n'otwebuuza lwaki omuliro gwa Katonda teguka.

GUKWATAGANA N'EKIGAMBO KYE:

Ekigambo kya Katonda kigeraageranyizibwa ku muliro:

Ekigambo kyange tekifaanana ng'omuliro? bw'ayogera Mukama... (Yeremiya 23:29)

Naye bwe njamba nti,Sijja kumwogerako oba okweyongera okwogera mu linnya lyekigambo kye mu mutima gwange kiri ng'omuliro ogwaka,ogukwekedwa mu magumba gange.Nkooye okukizibiikirizaera ddala sisobola. (Yeremiya 20:9)

Noolwekyo bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda ow'Eggye nti,"Kubanga abantu boogedde ebikambo bino,ndifuula ekigambo kyange mu kamwa kammwe okuba ng'omuliro,n'abantu bano okuba enku era omuliro gubookye. (Yeremiya 5:14)

Nkuwa amagezi onguleko ebya zaabu, eyalongoosebwa mu muliro, olyoke ogaggawale. Era onguleko ebyambalo ebyeru, obyambale, owone ensonyi ez'okuyita obwerefere; onguleko n'omuzigo osiige ku maaso go, osobole okulaba. (Okubikkulirwa 3:18)

Ebigambo bya Mukama bya bwe sigwa era bya mazima. Bigeraageranyizibwa n'effeezaerongoosebbwa obulungi emirundi musanvu mu kyoto eky'ebbumba. (Zabuli 12:6)

Omuliro gwa Katonda bwe gunakwata ku mmeeme yo, Ekigambo kye kijja kuba ng'omuliro ogusibiddwa mu magumba go. Kijja kwokyeza ddala munda yo ekiro n'emisana. Soma Yeremiya 36. Mu mbooz eno, Kabaka yagezaakookuzikiriza ekigambo kya Katonda, naye yasanga nga tasobola kuziyiza kigambo kya muliro!

GUKWATAGANA N'OKUTANGIRIZA:

Omuliro gwa Katonda gwetaaga ekibya ekitukuvu mwe guyinza okwakira. Buli kibya ekikozesebea omuliro muweema ne yeekaalu byali bitukuvu. Osobola okuba omutukuvu ng'omuliro ogw'okutukuza ogw'okutangirira Yesu Kristo gwokya mu bulamu bwo. Enkolagana y'omuliro n'okutangirira kwa Yesu yalagibwa Aloonibwe yayimirira wakati w'abalamu n'abafu;

Awo Musa n'agamba Aloonibwe nti, "Ddira ekyoterezo kyo okisseemu obubaane, n'omuliro ng'oguggya mu kyoto kya Mukama, oyanguwe ogende mu kibiina obatangiririre. Kubanga obusungu bububuuuse okuva eri Mukama Katonda era kawumpuli atandise. (Okubala 16:46)

OBUKULU BW'OMULIRO GWA KATONDA

Nga bw'osoma ebigerendererwa bino wammanga eby'omuliro gwa Katonda, ojja kutegeera mangu Iwaki omuliro ogw'omwoyo kikulu nnyo mu kukubiriza n'okukunga:

GUWA AMAANYI OBUWEEREZA BWO:

Mulondebwaa Katonda wakati mu muliro ogw'okubonaabona. Katonda akuwa amaanyi okutuukiriza obuweereza bwo ng'oyita mu muliro gwe ogwokya:

Ng'omuliro bwe gukoleerera mu buku, oba nga bwe gufumba amazzi ne gatuuka okwesera, ka wansi omanyise erinnya lyo eri abalabe bo, n'amawanga galyoke gakankanire mu maaso go! (Isaaya 64:2)

Laba nkugezesessa naye si nga ffeeza. Nkugezesessa mu kirombe ky'okubonaabona. (Isaaya 48:10)

Afuula empewo ababaka be, n'ennimi z'omuliro ogwaka abaweereza be. (Zabuli 104:4)

GULAGA OKUBEERAWO KWA KATONDA:

Akabonero k'omuliro ogw'obutonde bulijo kaakozesebwanga okulaga okubeerawo kwa Katonda mu Ndagaano Enkadde:

Bw'atyo Mukama Katonda n'ayogera nammwe ng'asinziira wakati mu muliro. Mwawulira envuga y'ebigambo bye, naye ekikula kye temwakiraba; mwakoma ku ddoboozi lyokka. (Ekyamateeka 4:12)

Ekire kya Mukama kyabeeranga ku Weema ya Mukama emisana, ate ekiro nga mu kire ekyo mubaamu muliro, ng'abaana ba Isirayiri bona ebyo babiraba mu lugendo lwabwe lwonna.
(Okuva 40:38) (Laba n'Okubala 9:15)

Omuliro gwa Katonda ogw'omwoyo ogwaka mu mwoyo gwo nagwo gulaga okubeerawo kwe.
Obuweereza bwo bukukakasibwa okubeerawo kwa Katonda.

GUWA OKULUNGAMYA:

Abantu bwe bakungaanyizibwa olw'omulimu gwa Mukama, balina okulungamizibwa. Omuliro gwa Katondakabonero k'okulungamizibwa k'awa abantu be:

Emisana Mukama yabakulemberanga ng'ali mu mpagi ey'ekire okubalaga ekkubo, n'ekiro ng'ali mu mpagi ey'omuliro okubamulisiza, balyoke batambulenga emisana n'ekiro.

Empagi ey'ekire ey'emisana, n'empagi ey'omuliro ey'ekiro tezaggibwawo mu maaso g'abantu obudde bwonna. (Okuva 13:21-22)

Bajja kbuulirako ku bantu ab'omu nsi muno. Baamala dda okukiwulira nga ggwe, Ayi Mukama, obeera wakati mu bantu bano, era nga, Ayi Mukama Katonda, mulabagana nabo amaaso n'amaaso, era ng'ekire kyo kibeera nabo buli kiseera, era ng'obakulemberera mu mpagi ey'ekire emisana ne mu mpagi ey'omuliro ekiro. (Okubala 14:14)(Laba ne Nekkemiya 9:12, 19; Zabbuli 78:14; 105:39)

Songa ye, yabakulemberanga mu lugendo lwammwe lwonna, n'empagi ey'omuliro ekiro, n'ekire mu budde obw'emisana, n'okubalaganga ekifo we munaasiisiranga. (Ekyamateeka 1:33)

GUTUKUZA N'OKUZZA OBUGGYA:

Mu biseera by'Endagaano Enkadde, omuliro gwakozesebwanga okusaanyaawo ekintu kyonna ekitali kitukuvu:

-Ekintu kyonna ekyakosebwa ebigenge kyali kya kwokebwa mu muliro: Eby'Abaleevi 13:52

-Ebifaananyi byali bya kwokebwa mu muliro: Ekyamateeka 7:5;25; 9:21; 12:3; 1Ebyomumirembe 14:12; Isaaya 37:19; Yeremiya 43:13; Mikka 1:7

-Omunyago gw'omulabe gwali gwa kwokebwa: Ekyamateeka 13:16

-Omuliro gwa Katonda mu bulamu bw'omukkiriza nagwo gulongoosa, gwokya obutali butukuvu:

Laba nze natonda omuweesi, awujja amanda agaliko omuliron'aweesa ekyokulwanyisa olw'omugaso gwakyo. Era nze natonda abazikiriza abakozesa ekyokulwanyisa okumalawo obulamu. (Isaaya 54:16)

Ekitundu kino eky'ekimu ekyokusatu ndikireeta mu muliro,ne mbalongoosa ng'effeeza bw'erongosebwambagezese nga zaabu bw'egezesebwa.Balikoowoola erinnya lyangenange ndibaanukula. Ndigamba nti, Bantu bange,era nabo baliddamu nti, 'Mukama ye Katonda waffe. (Zakaliya 13:9)

Naye ani ayinza okugumiikiriza olunaku olw'okujja kwe, era ani aliyimirira ye bw'alirabika? Kubanga ali ng'omuliro gw'oyo alongoosa effeeza era nga sabbuuni ow'abayozza. (Malaki 3:2)

Bw'oba ogenda kukozesebwa Katonda, olina okuba n'obucaafu obwokebwa mu bulamu bwo. Bw'ogaanaenkola eno ey'okulongoosa, ojja kuba ng'effeeza egaanibwa etali nnungi:

Bonna bakyewaggulaabakanyakavu abagenda bawaayiriza,bikomo era kyuma,bonna boonoonefu.

Emivubo bagifukuta n'amaanyi,omuliro gumalawo essasi,naye balongoosereza bwereerekubanga ababi tebaggyibwamu.

Baliyitibwa masengere ga ffeeza,kubanga Mukama abalese. (Yeremiya 6:28-30)

GWAWULA:

Omuliro gukозeбwa mu nkola y'okwawula, mu nsi ey'obutonde n'ey'omwoyo:

N'ekirala kyonna ekigumira omuliro mukiyise mu muliro kiryoke kibeere ekirongoofu. Naye era kisaana okulongoosebwa n'amazzi agalongoosa. Ebyo byonna ebitaasobole kuyita mu muliro biyisibwe mu mazzi ago. (Okubala 31:23)

Kale ng'olulimi lw'omuliro bwe lwokya ekisagazi ekikalu,era ng'omuddo omukalu bwe guggweerera mu muliro,bwe gityo n'emirandira gyabwe bwe girivunda,era n'ebimuli byabwe bifuumuuke ng'enfuufu;kubanga baajeemera etteeka lya Mukama Katonda ow'Eggye,era ne banyooma ekigambo ky'Omukuku wa Isirayiri. (Isaaya 5:24)

Kaakano embazzi ya Katonda eteekeddwa ku buli kikolo kya muti, omuti ogutabala bibala birungi, gutemebwa gusuulibwe mu muliro.(Matayo 3:10) (Laba ne Matayo 7:19 ne 13:40-42)

Omuntu bw'atabeera mu nzeasuulibwa ebweru ng'ettabi erikaze. Amatabi ng'ago bagakuanya ne bagasuula ku muliro ne gaggya. (Yokaana 15:6)

Bwe mukungibwa mu mazima ku lwa Katonda, oyawulwa ku kibi n'ebintu by'ensi eno.Oteereddwawo olw'ebigendererwa bye n'emirimu gy'Obwakabaka.

GUGEZESA:

Omuliro gwa Katonda gugezes. Gugezes okukkiriza kwo mu Katonda:

Kubanga okugezesebwa kw'okukkiriza kwammwe, kwa muwendo mungi nnyo okusinga zaabu egezebwa mu muliro n'ekakasibwa, kulyoke kusaanire ettendo n'ekitiibwa n'okugumiikiriza ku lunaku luli Mukama waffe Yesu Kristo Iw'alirabikirako (1 Peetero 1:7)

Omuliro era gugezesu emirimu gyo mu Katonda:

Omulimu gwa buli omu gulirabibwa, Kubanga omuliro guligwolesa ku lunaku olwo, era omuliro ogwo gwe gulyoreka omulimu gwa buli omu nga bwe gul.

Omuntu kye yazimba ku musingi ogwo bwe kirisigalawo, aliweebwa empeera.

Naye omulimu gw'omuntu yenna bwe gulyokebwa omuliro, alifiirwa, kyokka ye yennyini alirokolebwa, naye ng'ayita mu muliro. (1 Abakolinso 3:13-15)

Emiti, essubi, oba ebisasiro (kungulu), byokebwa n'omuliro. Zaabu ne Ffeeza (munda) tebisobola kusaanyizibwawo na muliro. Byonna kintu kyonna ky'okola ekirabibwa, ngoyagala abantu bakulabe, kijja kusaanyizibwa n'omuliro gwa Katonda. Omulimu ogubeerera gw'egwo ogutalabibwa na kukungulizibwa muntu.

GWOLESA OKUKAKASIBWA:

Soma emboozu y'obujeemu bwa Kola mu Okubala 16. Omuliro bwewgawa, gwasaanyawo abantu abajeemu ne gukakasa abakulembeze ba Katonda abalonde. Mu 2 Bassekabaka 1:10-14, Eliya yakakasibwa ng'omusajja wa Katonda, omuliro bwe gwaka ne gusaanyawo abakulu n'abantu baabwe. Neewakubadde Katonda ayinza obutasindika muliro ogw'obutonde okwolesa obukakafu gy'oli, omuliro gwa Katonda ogw'omwoyo oguka mu bulamu bwo n'obuweereza gukkakasa.

GWOLESA AMAANYI GA KATONDA:

Ddamu osome emboozu ya Eliya ku lusozi Kalumeri mu 1 Bassekabaka 18. Amaanyi ga Katonda geeyolekera bulungi mu muliro ogulabibwako. Katonda ayinza obutalaga maanyi ge mu muliro ogulabibwako ng'oweereza, naye ajja kugwolesa mu mwoyo. Abantu webajulira ekigambo ky'amaanyi n'obubonero ngabugoberera, bajja kulaba oyo Katonda omu era omulamu.

KYAKULWANYISA KYA MWOYO:

Omuliro gwa Katonda kyakulwanyisa kya mwoyo:

Awo mu makya ennyo nga tebunnalaba, Mukama n'atunuulira egghe ly'Abamisiri ng'ali mu mpagi ey'ekire n'omuliro, n'atandika okulibonyaabonya. (Okuva 14:24)

Naye kitegeere leero nga Mukama Katonda wo y'akukulembera buli gy'oba olaga yonna, era ng'ali ng'omuliro ogusaanyaawo buli kintu. Ab'amaanyi abo agenda kubasiguukulula abazikirize nga naawe olaba. Noolwekyo ogenda kubagobamu obamalirewo ddala mu kaseera katono, nga Mukama bw'akusuubizza. (Ekyamateeka 9:3)

Y'akomya entalo mu nsi yonna;akutula emitego gy'obusaale, effumu alimenyaamenya;amagaali n'engabo abyokya omuliro. (Zabuli 46:9)

Katonda waffe ajja, naye tajja kasirise,omuliro ogusaanyaawo buli kintu gwe gumukulembera,n'omuyaga ogw'amaanyi ne gumwetooloola. (Zabuli 50:3)

Omulabe alina omuliro ogwokya ogusobola okusaanyaawo byonna ebirungi era ebirongoofu mu bulamu bwo (laba "Okwetylgeraokusoma" kw'essuula eno) Nga bw'olwanyisa omuliro n'omuliro" mu nsi ey'obutonde, bwosobola okulwanyisa omuliro gw'omulabe ng'okozesa omuliro gwa Katonda ogw'omwoyo:

Abo ababeera mu bibuga bya Isirayiri balifuluma ne bakozesa ebyokulwanyisa ng'enku era balibikumako omuliro, engabo entono n'engabo ennene, emitego n'obusaale n'ebiti ebinene n'amafumu. Balibikozesa ng'enku okumala emyaka musanvu.

Tekiribeetaagisa kutyaba nku ku ttale so tebalitema nku mu bibira, kubanga ebyokulwanyisa bye balikozesa ng'enku. Balinyaga abo abaabanyaga, ne babba abo abaababba, bw'ayogera Mukama Katonda. (Ezeekyeri 39:9-10)

Omuliro gwa Katonda guzikiza omuliro gw'omulabe:

Bankunjaanirako ne banneebungulula ng'enjuki;naye ne basirikka ng'amaggwa agakutte omuliro;mu linnya lya Mukama nabawangula. (Zabuli 118:12)

Amanda agaaka omuliro gabagwire;basuulibwe mu muliro,bakasukibwe mu bunnya obutakoma mwe bataliva emirembe gyonna. (Zabuli 140:10)

Kubanga oliba otuumma amanda g'omuliro ku mutwe gwe,era Mukama alikuwa empeera. (Engero 25:22)

Omuliro gumukulemberane gwokya abalabe be ku njuyi zonna.(Zabuli 97:3)

Omuliro ne gukoleera ne gukwata abagoberezi baabwe;ennimi z'omuliro ne zookya aboonoonyi. (Zabuli 106:18)

Ng'Omutume Paulo bwe yakola mu nsi ey'obutonde, mu by'omwuyo tulina okukankanya okulumba kw'omulabe mu muliro gwa Katonda:

Pawulo yali akujjaanyizza akaganda k'obuku, naye yali akassa ku muliro, omusota ogw'obutwa ennyo ne guva mu buku obwo ne gweripa ku mukono gwe. (Ebikolwa 28:3)

Kyagambibwa ku musajja n'abakazi ab'okukkiriza mu Abeggan 11 nti "Bazikiza effujjo ly'omuliro..." (Abaeggan 11:34).

ENGERI Y'OKUFUNA OMULIRO GWA KATONDA

Laba engeri gy'oyinza okufuna n'okukuma omuliro gwa Katonda obutasalako mu bulamu bwo:

OKUZAALIBWA OMULUNDI OGW'OKUBIRI:

Olw'okuba omuliro gwa Katonda muliro gwa mwoyo, olina okugufuna n'obulamu bwo obw'omwoyo. Kitegeesa nti olina okusooka okuzaalibwa omulundi ogwokubiri nga wenenyezza ebibi byo n'okkirizza Yesu Kristo ng'Omulokozi wo.

FUNA OKUBATIZIBWA KW'OMWOYO OMUTUKUVU:

Oyize nti omuliro gwa Katonda gukwatagana n'ebyo ebyabaawo mu Pentekooti eby'okubatizibwa mu Omwoyo Omutukuvu. Harvestime International Network erina omusomo ogutuumiddwa "Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu" oguja kukulungamya n'okufuna okubatizibwa kuno okw'Omwoyo Omutukuvu.

LEKA OMULIRO GUTUKUZE OBULAMU BWO:

Ng'omuliro ogw'obutonde bwe gwokya obucaafu obuli mu zaabu ne ffeeza, n'omuliro gwa Katonda gujja kwokyaobucaafu mu bulamu bwo obw'omwoyo. Okusobola okulaba omuliro gw'amaanyi ga Katonda obutasalako, olina okukkiriza omuliro gwa Katonda okukola omulimu guno ogw'okutukuza. Bw'oziyiza omuliro ogwokya obucaafu buno kiringa okuyiwa amazzi ku muliro ogw'obutonde. Ennimi z'omuliro zizikibwa.

KOLEEZA EMIRILO EMIRALA;

Mu nsi ey'obutonde, omuliro gweyongera amaanyi nga bwe gukuma omuliro omulala ogugwetoolodde. Bwe kityo bwe kiri ne mu nsi ey'ebi'omwoyo. Bw'oba oyagala okweyongera okulaba omuliro gwa Katonda, olina okuba omujjumbize mu kukuma omuliro mu bantu abalala abakwetoolodde. Kino okikola ng'otuukiriza omulimu omunene era n'okugabana Enjiri n'abalala. Omuliro gusikiriza abantu, nga kino kyeyolekera mu bantu abangi bulijo abakuungaana ng'ekintu kikutte omuliro. Leka omuliro gwa Katonda oguli mu ggwe gukoleeze abalala abakwetoolodde.

WEEYONGERE OKUKUMA MU MULIRO:

Mu nsi ey'obutonde, omuliro guzikira singa tegufukibwako mafuta buli kiseera. Kyekimu ne mu nsi ey'ebi'omwoyo. Olina okufukirira omuliro ogw'omwoyo obutasalako ng'osaba n'okusoma ekigambo kya Katonda. Ennimi z'omuliro ezinaatera okuzikira zisobola okuddamu okwaka.

OMULIRO, EKITIIBWA, N'OKUSINZA

Omuliro gwa Katonda gukwatagana n'ekitiibwa kya Katonda:

Nze ndiba bbugwe ow'omuliro, okukyebungulula enjuuyi zonna era nze ndiba ekitiibwa kyakyo mu kyo,' bw'ayogera Mukama.(Zakaliya 2:5)

Abaana ba Isirayiri bwe baatunuulira ekitiibwa kya Mukama, ne kibalabikira ng'omuliro ogw'amaanyi ennyo ku ntikko y'olusozi. (Okuva 24:17...Laba ne Ekyamateeka 5:24)

**Sawulo n'addamu nti, "Yatutegeeza nti endogoyi zaali zirabise." Naye n'atamubuulira Samwiri
bye yamugamba ku by'obwakabaka. (1 Samwiri 10:16)**

**Olwo Mukama Katonda atondewo ekire mu budde obw'emisana, n'omukka n'okumasaamasa
ng'omuliro ogwaka ekiro ku kifo kyonna eky'olusozi Sayuuni ne ku bantu bona
abakuŋjaaniddeko; kubanga ku byonna era wonna kunaaba kubikkiddwako ekitiibwa kya
Katonda. (Isaaya 4:5)**

**Noolwekyo abo abali mu buvanjuba mugulumize Mukama, mutendereze erinnya Iya Mukama
Katonda wa Isirayiri, mu bizinga eby'enyanja. (Isaaya 24:15)**

Omuliro n'ekitiibwa kya Katonda nabyo bikwatagana n'okusinza. Weetegereze nti omuliro, ekitiibwa,
n'okusinza bibaawo mu mutendera ogwo:

**Awo Sulemaani bwe yamaliriza esaala ye, omuliro ne guva mu ggulu ne gwokya ekiweebwayo
ekyokebwa ne ssaddaaka era n'ekitiibwa kya Mukama ne kijjula eyeekaalu.**

**Bakabona ne batayinza kuyingira mu yeekaalu ya Mukama kubanga ekitiibwa kya Mukama
kyajjula eyeekaalu ya Mukama.**

**Awo Abayisirayiri bona bwe baalaba omuliro nga gukka, n'ekitiibwa kya Mukama nga kiri ku
yeekaalu, ne bavuunama ku lubalaza ng'amaaso gaabwe gatunudde wansi ne basinza era ne
beebaza Mukama nga boogera nti,**

Mulungi, era okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna. (2 Ebyomumirembe 7:1-3)

Tetusobola kukungibwa ku mulimu gw'obuweereza nga tuyita mu kukozesa enneewulira eza layisi.
Guteekwa okuba nga gwe muliro gwa Katonda omulamu. Tetusobola kukungibwa na kitiiibwa kyaffe,
omuntu, oba ensi eno. Tulina kukungibwa na kitiiibwa kya Katonda. Tetusobola kusinza mu nkola
ennyinnyogovu. Okusinza kwaffe kulina okuba nga kujjude omuliro n'ekitiibwa kya Katonda.

Omuliro, ekitiibwa, n'okusinza... Mu nsengeka eyo.

Mu ssomo eriddako ojja kutandika okusoma kwo ku "Kitiibwa."

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Teesa ku bifaanagana okw'ebi'omwoyo ku mugaso gw'omuliro ogw'obutonde.

.....
.....
.....

3. Nnyonnyola "Omuliro gwa Katonda."

.....
.....
.....

4. Funza ekyo Baibuli ky'eyigiriza ku muliro ogwa Pentekooti.

.....
.....
.....

5. Laba ebigendererwa by'omuliro gwa Katonda.

.....
.....
.....

6. Nnyonnyola engeri gy'oyniza okufuna n'okukuma omuliro gwa Katonda mu bulamu bwo.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Olina okwegendereza obutatabula muliro gwa Katonda n'ogw'omulabe. Okugeza: Abaweezeza ba Yobu n badduka ne bamugamba nti:

Omuliro gubuubuuse nga guva mu ggulu ne gusaanyaawo endiga zonna n'abasumba baazo, nze nsigaddewo nzekka okukutegeeza bino. (Yobu 1:16)

Bw'osoma Yobu essuula 1 ne 2, ojja kukizuula nti omuliro guno tegwava eri Katonda. Zino z'ezimu ku ngeri z'omuliro gw'omulabe:

MULIRO OGUSAANYAWO:

Oluusi gumusuula mu muliro oluusi mu mazzi nga gwagala okumutta. Obanga olina ky'osobola okutukolera, tusaasire. (Makko 9:22)

GUKOLEEZEBWA NA KWAKA:

Omuntu ayinza okutwala omuliro mu kifuba engoye ze ne zitayokebwa? (Engero 6:27)

MULIRO GWA BUZIBU:

Soma emboozi y'abakkiriza abasatu Abebbulaniya mu Danyeri 3. Abakristaayo batera okuteekebwa mu omuliro ogw'obuzibu olw'abalabe ba Katonda.

MULIRO MUBI:

Ddala ekibi kyokya ng'omuliro;gumalawo emyeramannyo n'obusaana.Era gukoleeza eby'omu kibira,omukka ne gunyooka ne gutumbiira waggulu. (Isaaya 9:18)

GUKOSA OMULIMU GWO:

Omulabe ayagala okusaanyaawo omulimu gwo eri Katonda n'omuliro gwe. Bw'oba tomanyi kutiisatiisa, ojja kuba nga Yowaabu eyabuuza nti "ani akumye ennimiro yange omuliro?" (2 Samwiri 14:31)

GUTUNUULIDDE AB'OMAKA GO:

Dawudi yasanga omulabe ng'asaanyizzaawo Zikulagi n'omuliro n'atwala ab'omu maka ge mu buwambe n'abasajja be (1 Samwiri 30:1). Sitaani akyatunuulira amaka:

N'ayokya yeekaalu ya Mukama, n'olubiri lwa kabaka, n'ennyumba zonna na buli kizimbe ekikulu era nga kya muwendo mu Yerusaalemi. (II Bassekabaka 25:9) (Laba ne Yeremiya 15:13)

GUTUNUULIDDE EBIGO BYOEBY'OMWOYO:

Omulabe yakuma omuliro mu bigo bya Isiraeri: 2 Bassekabaka 8:12.

GWOKYA EKYO EKIRUNGI:

Omulabe yayokya embuga zonna mu Yerusaalemi: 2 Ebyomumirembe 36:19.

GUSAANYAWO EBY'OMWOYO EBIKUUMA:

Omulabe yayokya emiryango gyaa Yerusaalemi akabonero k'emiryango gyaffee egypt'omwoyo
egy'obukumi: Nekkemiya 1:3; 2:13, 17.

GUKOSA EBY'ENFUNA BYO:

Kyagambibwa ku muliro gw'omulabe nti...

**Ogwo gwandibadde muliro ogwokya okutuusa mu kuzikirira,ogwandyokezza ebyange byonna
bye nasimba. (Yobu 31:12)**

EKIKOZESEBWA LWE LULIMI LWO:

Enku bwe zibula omuliro guzikira,awatali lugambo ennyombo ziggwaawo. (Engero 26:20)

**N'olulimi bwe lutyo, newaakubadde nga kantu katono, Iwenyumiriza nnyo. Akaliro akatono
kasobola okukoleeza ekibira ekinene ne kiggya.**

**Olulimi nalwo muliro. Lujjudde obutali butuukirivu bungi okusinga ebitundu ebirala
eb'yomubiri gwaffe. Lwo omuliro luguggya mu ggeyeena, ne lulyoka lukoleeza omubiri
gw'omuntu gwonna ne gwaka ng'oluyiira okumutuusa mu kuzikirira. (Yakobo 3:5-6)**

**Omuntu omusirusiru ategeka okukola ebitali bya butuukirivu, era n'ebigambo bye, biri
ng'omuliro ogwokya ennyo. (Engero 16:27)**

MULIRO GWEWUNYISA:

abantu abamu bagamba nga boogera ku nsonga ez'omwoyo nti, "Nnandibadde n'omuliro ogw'omu
nsiko okusinga obutabeera na muliro yadde." Naye kino si kirungi. Omuliro ogutafugibwa gwa bulabe
mu butonde neensi ez'omwoyo:

**Awo olwatuuka, batabani ba Aloon, Nadabu ne Abiku ne beetwalira buli omu ekyoterezo kye,
ne bateekamu omuliro, ne bassaako obubaane, ne bawaayo eri Mukama Katonda omuliro
ogutali mutukuvu, ne basobya ekiragiyo kye.**

Omuliro ne guva eri Mukama ne gubookya, ne bafiira awo mu maaso ga Mukama Katonda.

**Awo Musa n'agamba Aloon nti, Kino Mukama Katonda kye yayogerako bwe yagamba
nti,Nzija kweyolekanga nga bwe ndi omutukuvueri abo abansemberera,era nassibwangamu
ekitiibwaabantu bona.Aloon n'asirika busiris. (Eby'Abaleevi 10:1-3)**

Naye nno Nadabu ne Abiku baatondokera mu maaso ga Mukama ne bafa, kubanga baayokya ekiweebwayo eri Mukama Katonda n'omuliro ogutakkirizibwa nga bali mu ddungu ly'e Sinaayi. Tebaalina baana; bwe batyo, Eriyazaali ne Isamaali ne basigala nga be bokka abaaweerezanga nga bakabona ebbanga lyonna kitaabwe Alooni lye yamala nga mulamu.
(Okubala 3:4)

Bookezza awatukuvu wo;ne bafaafaaganya ekifo kyo eky'Erinnya lyo. (Zabuli 74:7)

Osobola okulaba okuva mu kunoonyereza kuno okumpimpi nti omuliro gw'omulabe gwa maanyi nnyo. Naye tolina kutya muliro gw'omulabe kubanga Katonda yasuubiza;

Ddala etabaaza y'omukozi w'ebibi ezikidde,era n'omuliro gw'ekyoto kye tegukyayaka.(Yobu 18:5)

Waleka abantu ne batulinnyirira;ne tuyita mu muliro ne mu mazzi,n'otutuusa mu kifo eky'okwesiima. (Zabuli 66:12)

Bw'onooyitanga mu mazzi amawanvunnaabeeranga naawe,ne bw'onooyitanga mu miggategirkusaanyaawo;bw'onooyitanga mu mulirotegukwokyenga,ennimi z'omuliro tezirikwokya.(Isaaya 43:2)

2. Omuliro gwa Katonda nagwo muliro gwa musango. Soma ebijuliza bino wammanga:

Olubereberye 19:24; 22:6; Okuva 9:23-24; Eby'Abaleevi 10:2; 20:14; 21:9; Okubala 11:1-3; 26:10; Okukungubaga 2:3-4; 4:11; Ekyamateeka 32:22; Yoswa 6:24; 7:15, 16,25; 8:8,19; Zabbuli 11:6; 78:21; 89:46, Isaaya 30:27; 42:25; Ezeekyeri 15; Yeremiya15:14; 34:2; Okubikkulirwa 4:5; 8:5, 7-8; 9:17-18; Matayo 18:8-9; 25:41; Lukka 17:29; Okubikkulirwa 20:9-10,14-15; 21:8

Omuliro gwa Katonda ogw'omusango gwe:

-Okwesasuza: 2 Abasessalonika 1:8

-Okulwana: Amosi 7:4

-Okusaanyawo: Isaaya 29:6; 30:30; Yeremiya 17:27; Ezeekyeri 23:25; Amosi 1:14; Nakkumu 3:15; Zekkaliya 9:4; 11:1.

-Okuggyawo: Ezeekyeri 22:31

-Obuggyga: Zabbuli 79:5; Oluyimba Iwa Sulemaani 8:6; Ezeekyeri 36:5; 38:19; Zeffaniya 1:18; 3:8

-Obusungu: Isaaya 65:5

-Obusungu: Ezeekyeri 21:31; 38:19; Zabbuli 21:9

-Okusaanuuka: Ezeekyeri 22:20

-Okunenya: Isaaya 66:15

-Ekitazikira: Yeremiya 4:4; 17:27

-Obusungu: Nakumu 1:6

-Emirembe gyonna: Yuda 1:7

Omuliro gw'omusango gwa Katonda guja kufukibwa ku nkomerero y'ebiseera nga bwe tumanyi:

-Eggulu n'ensi bijja kusalirwa omusango era bizikirizibwa omuliro gwa Katonda: 2 Peetero 3:7-12

-Gyeena kifo kya musango ogw'olubeerera n'omuliro: Makko 9:44-48

-Enkomerero ya Sitaani esembayo gwe muliro: Okubikkulirwa 20:10

-Enkomerero esembayo ey'okufa ne geyena gwe muliro: Okubikkulirwa 20:14

-Buli atali mu kitabo ky'obulamu alisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro: Okubikkulirwa 20:15 ne 21:8

Bino by'ebirala ebikwata ku muliro gw'omusango gwa Katonda:

-Toyinza kwekweka muliro gwa musango. Tewali bukumi bwonna: Nakmu 3:13

-Tosobola kwenunula:

**Ekitundu ky'olubaawo akyokya mu muliro, ekitundu ekirala akyokesa ennyaman'agirya
n'akutta. Ayotako n'abuguma nga bw'agamba nti, Mbugumye, omuliro ngutegedde (Isaaya
44:16)**

-Osobola okugudduka: Okuyita mu kwenenya osobola okunyagibwa" ng'ekisiki" okuva mu omuliro:
Zekkaliya 3:2.

-Osobola okuziyiza omuliro gw'okusala omusango:

**Munoonye Mukama munaabanga balamualeme okubuubuuka ng'omuliro ku nnyumba ya
Yusufu; guligyokyanga tewali wa kuguzikiza mu Beseri. (Amosi 5:6)**

-Oweereddwa omulimu gw'okutaasa abalala okuva mu muliro gw'omusango gwa Katonda:

**N'abalala mufubenga okubawonya nga mubakwakkula mu nnimi z'omuliro, n'abalala
mubatuuse eri Mukama nga muyita mu kubalaga ekisa ng'aboonoonyi, wabula mukyawe
ekyambalo, ekijjudde amabala agakiteekeddwako omubiri gwabwe. (Yuda 1:23)**

3. Soma ku muliro ogw'omutume Peetero ogw'emirundi essatu:

-Yokaana 18:18: Okwetoloola omuliro gw'omulabe; yabugumizibwa era n'agenda mu bujeemu.

-Yokaana 21:9: Omuliro ogw'okwewaayo: Yesu yamuyita okuliisa endiga ze n'okufa kw'omujulizi.

-Ebikolwa 2:3: Omuliro gw'Omwoyo Omutukuvu.

4. Bw'oba tonnafuna kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, olina okufuna Omusomo gwa Harvestime International Institute ogutuumiddwa "Obuveereza Bw'Omwoyo Omutukuvu." Gunnyonnyola engeri y'okujjula "omuliro gwa Pentekooti."

ESSUULA EY'OKUNA

EKITIIBWA KYA KATONDA

EBIGENDERERWA:

Bw'omalirizza essuula eno ojja kusobola

- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'ozija mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "Ekitiibwa.
- Okuzuula ensibuko y'ekitiibwa.
- Okufunza embala z'ekitiibwa kya Katonda.
- Okukubaganya ebirowoozo wa Katonda walagira ekitiibwa kye.
- Okufuna "ekitiibwa" ng'ekirabo okuva eri Katonda.

ENNYIRIRI ENKULU:

Yimuka, oyake, kubanga ekitangaala kyo kizze kyaseera ekitiibwa kya Mukama kikwakirako.

Kubanga laba ensi eribikkiba ekizikizaera n'ekizikiza ekikutte ennyo kibikke abantu baamawanga gonna,naye ggwe Mukama alikwakirakoera ekitiibwa kye kikulabikeko. (Isaaya 60:1-2)

ENNYANJULA

Ku ntandikwa y'emisomo gino eg'yomuddiring'anwa, twannyonnyola nti omuliro gwa Katonda, ekitiibwa kye, n'okusinza mu mazima maanyi ga mwoyo agakunga n'okuzimbaabantu ba Katonda okusobola okukola (2 Ebyomumirembe 7:1-3). Mu ssuula eyasembayo wasoma ku muliro gwa Katonda n'obukulu bwagwo mu kukungakul'omulimu gw'obuweereza nga olaga okubeerawo kwa Katonda, amaanyi ge, n'okusiiimbwa, okusobozesa obuweereza bwo, okulongoosa, n'okutukuza, okwawula, okugezaako, n'okulungamya. Era wayize ku mugaso gwagwo ng'ekyokulwanyisa eky'omwoyo ekiyinza okukozesebwa ku mulabe wo, Sitaani.

Essuula eno y'esoose ku masomo ana agakwata ku kitiiibwa kya Katonda. Essomo lino lyanjula amazima amakulu agakwata ku kitiiibwa kye. Mu Ssuula ey'okutaano ojja kusoma "Ebigendererwa By'ekitiibwa kya Katonda" ne mu SsuulaMukaaga ojja kuyiga "Engeri Y'okugulumiza Katonda." Mu Ssuula ey'Omusanvu n'Omunaana ojja kuyiga engeriekitiibwa kya Katonda gy'ekisobola okuzzibwawo nga kibuze.

Oyinza okuba nga waggwaamu amaanyi era nga waggwaamu essuubi era ng'oli munnyogovu era nga tolina bulamu mu by'omwoyo. Naye Ekigambo kya Mukama gy'oli kiri...

Yimuka, oyake, kubanga ekitangaala kyo kizze kyaseera ekitiibwa kya Mukama kikwakirako.

Kubanga laba ensi eribikkibwa ekizikizaera n'ekizikiza ekikutte ennyo kibikke abantu baamawanga gonna,naye ggwe Mukama alikwakirakoera ekitiibwa kye kikulabikeko. (Isaaya 60:1-2)

Ennyiriri zino kitundu kya bunnabbi obukwata ku Isiraeri, eggwanga ekifaananyi ky'Ekkansa. Oli kitundu kya Kkanisa, era bwekyito olunyiriri luno lulaga nti ekitiibwa kya Katonda kiri ku GGWE (Ng'omuntu) nga kwotadde ne GWE (obungi...Ekkansa). Mukama era yasuubiza nti:

Ekitiibwa kya Mukama kiribikkulwa,ne bona abalina omubiri balikirabira wamu,kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde. (Isaaya 40:5)

Olunyiriri luno lulaga nti "bonna abalina omubiri" bajja kulaba ekitiibwa kya Mukama. "Omubiri" kiringa eekitasobola kwenyigira mu kitibwa kya Katonda, naye kino kisuubizo kya Katonda! Bw'oba ogenda kulaba ekitiibwa kirina okubikkuliba munda mu ggwe, olwo olina okutegeera kye kiri, ebigendererwa byakyo, n'engeri y'okugulumizaKatonda.

OKUNNYONNYOLA EKITIIBWA

"Ekitiibwa" kye kimu ku bigambo ebisinga obugagga mu lulimi Oluganda. Tewali kigambo kimu kiyinza kukinnyonnyola naye wano waliwo ebigambo ebimu ebitegeeza "ekitiibwa"

Ekitiibwa, ettendo, okumasamasa, amaanyi, okugulumizibwa, okusaanira, okufaanagana, obulungi, ettutumu, eddaala.

Ekigambo "ekitiibwa" bwe kikozesebwka ku Katonda kiba kyoleka obwakatonda bwe. Ekitiibwa kya Katonda ye bulungi bwe obwolesebwa, obulungi bwe, obukulu bwe, amaanyi ge, n'obutuukirivu bwe obw'obulamu bwe bwonna. Jjukira...ekitiibwa kino ekyewuunyisa kiri ku GGWE.

ENSIBUKO Y'EKITIIBWA

Katonda y'ensibuko y'ekitiibwa kye twogerako. Ayitibwa "Katonda ow'ekitiibwa" (Ebikolwa 7:2). Katonda y'awa abantu ekitiibwa. Nabbi Danyeri yagamba Kabaka...

Ggwe, ayi kabaka, ggwe kabaka wa bakabaka, Katonda ow'eggulu gwe yawa obwakabaka, n'obuyinza, n'amaanyi, n'ekitiibwa. (Danyeri 2:37)

EMBALA Y'EKITIIBWA KYA KATONDA

Bino by'ebimu ku bikwata ku kitibwa kya Katonda:

KYALUBEERERA:

Ekitiibwa kya Katonda kibeerengawo emirembe gyonna;era Mukama asanyukirenga ebyo bye yakola. (Zabuli 104:31)

Kabaka ow'olubeerera, atafa era atalabika, Katonda omu yekka, agulumizibwenga, emirembe n'emirembe. Amiina. (1 Timoseewo 1:17)

**Ekitiibwa n'amaanyi bibeerenga gy'ali emirembe n'emirembe. Amiina. (1 Peetero 5:11)
(Laba ne 2 Timoseewo 2:10; 1 Peetero 5:10; Abaggalatiya 1:5; n'Abaebbulaniya 13:21)**

KIKWATAGANA N'OBUYINZA:

Nnaatendanga obukulu n'obulungi bw'ekitiibwa kyo,era nnaafumiitirizanga ku bikolwa byo ebyewuunyisa. (Zabuli 145:5)

"Ekitiibwa ky'obukulu bwe" kyogerwako mu Isaaya 2:10,19, ne 21.

KIKWATAGANA N'EDDOBOZI LYE:

Mukama alireetera eddoboozi lye ery'ekitiibwa okuwulikika. (1 Samwiri 30:30)

KIKWATAGANA N'AMAASO GWE:

Isaaya ayogera ku "maaso g'ekitiibwa kye" (Isaaya 3:8).

KYA KYAWULO:

Ekitiibwa kya Katonda tekirina kuweebwa mulala:

Nze Mukama,eryo lye linnya lyange, n'ekitiibwa kyange sirikiwa mulala,newaakubadde ettendo lyange okukiwa bakatonda abalala. (Isaaya 42:8)

Ku lwange nze,ku lwange nze ndikikola. Erinnya lyange nga livumiddwa.Ekitiibwa kyange sirikiwa mulala. (Isaaya 48:11)

KIKWATAGANA N'OBUTUKUVU BWE:

Ani akufaanana, Ayi Mukama,mu bakatonda bona?Ani akufaanana, ggwe,Omutukuvu Oweekitiibwa,atiibwa era atenderezebwa,akola ebyamagero?(Okuva 15:11)

Eggulu lirangirira obutuukirivu bwe;n'abantu bona ne balaba ekitiibwa kye. (Zabuli 97:6)

KIKWATAGANA N'ERINNYA LYE:

**Kitange gulumiza erinnya lyo."Awo eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti,
"Ndigulumizizza era ndyongera okuligulumiza. (Yokaana 12:28)**

Bw'otoogonderenga na bwegendereza ebigambo byonna ebiri mu mateeka gano, ebiwandiikiddwa mu kitabo kino, n'ototya era n'otossaamu kitiibwa erinnya lino ery'ettendo era ery'entiisa, eriyitibwa: Mukama Katonda wo. (Ekyamateeka 28:58)

KIRI WAGGULU W'EGGULU:

Ayi Mukama, Mukama waffe,erinnya lyo nga ddungi era kkulu nnyo mu nsi yonna!Ekitiibwa kyo kitenderezebwaokutuuka waggulu mu ggulu. (Zabuli 8:1)

Mukama agulumizibwa okusinga amawanga gonna,era n'ekitiibwa kye kisinga eggulu.(Zabuli 113:4)

KIRI WAGGULU W'ENSI:

Ogulumizibwenga, Ayi Katonda, okuyisa eggulu;n'ekitiibwa kyo kibune ensi yonna. (Zabuli 108:5 ne 57:5)

KIKWATAGANA N'OBWAKABAKA BWE:

Obwakabaka bwa Katonda bwa kitiibwa:

Baliyogera ku kitiibwa ky'Obwakabaka bwo, era boogera ku maanyi go.(Zabuli 145:11)

Olunyiriri 12 era lwogera ku kitiibwa ky'Obwakabaka bwe (laba ne Danyeri 7:14).

KIKWATAGANA N'ENTEBE YE:

Entebe ya Katonda eyitibwa "entebe ey'ekitiibwa" (1 Samwiri 2:8; Yeremiya 14:21; 17:12).

KIKWATAGANA KU MIRIMU GYE:

Baibuli erangirira nti omulimu gwa Katonda gwa kitiibwa (Zabuli 111:3).

KIKWATAGANA N'AMAANYI GE:

Ekigambo kyogera ku kitiibwa ky'amaanyi ge (2 Abasessalonika 1:9).

KYA MAANYI:

Banaatenderezanga ebikolwa byo Ayi Mukama;kubanga ekitiibwa kya Mukama kinene. (Zabuli 138:5)

Ebitundu bino biraga nti Katonda amanyiddwa na kitiibwa, akiikirira ekitiibwa, era nga yeetooloddwa kitiibwa. Ekitiibwa kabonero ka butonde bwe. Okumanya Katonda obulungi kwe kumumanya mu kitiibwa kye.

KATONDA WALAGIRA EKITIIBWA KYE

Ng'oggyeeko okunnyonnyola amazima amakulu agawkata ku kitiiibwa kya Katonda, Baibuli eraga Katonda w'abikkulira ekitiibwa kye:

MU KUTONDA:

Engeri Katonda gye yasooka okulaga omuntu ekitiibwa kye yali mu kutonda eggulu n'ensi:

Eggulu litegeeza ekitiibwa kya Katonda, ebbanga ne litegeeza emirimu gy'emikono gye. (Zabuli 19:1)

Yobu awa essuula eziwerako eziraga engeri Katonda gye yeeyolekamu mu kutonda (laba Yobu 38-41). Ne mu bintu ebikulu ng'okubwatuka n'amazzi, ekitiibwa kya Katonda kyeyoleka (Zabuli 29:3).

Sitaani alwanyisa amazima g'obutonzi obw'obwakatonda n'obulimba "bw'enfuma z'obuvvo" kubanga amanyi nti Katonda abikkuliddwa mu kutondebwa:

Kubanga okuviiira ddala ku kutondebwa kw'ensi, ebantu bye ebitalabika, bwe buyinza bwe obutaggwaawo n'obwa Katonda bwe, bitegeerwa ne birabikira ddala mu by'obutonde bwe, abantu balyoke baleme kubaako na kya kwewolereza. (Abaruumi 1:20)

MU GGULU N'ENSI:

Ekitiibwa kya Katonda kyolesebwa mu ggulu ne mu nsi, ng'abakkiriza bwe bamubikkula nga bayita mukutendereza, okusinza, n'okubuulira abalala Enjiri:

Ogulumizibwenga, Ayi Katonda, okusinga eggulu; n'ekitiibwa kyo kibune ensi yonna. (Zabuli 57:11)

Erinnya lye ekkulu ligulumizibwenga emirembe n'emirembe! Ensi yonna ejjule ekitiibwa kye. Amiina era Amiina! (Zabuli 72:19)

Katonda yajja ng'ava e Temani, Omotukuvu oyo ng'ava ku lusozi Palani. Ekitiibwa kye kyatimbibwa ku ggulu, ensi n'eryoka ejjula ettendo lye. (Kaabakuuku 3:3)

Kubanga ensi erijjula okumanya ekitiibwa kya Mukama, ng'amazzi bwe ganjaala ku nnyanja. (Kaabakuuku 2:14)

Awo Musa n'agamba Alooni nti, Kino Mukama Katonda kye yayogerako bwe yagamba nti, Nzija kweyolekanga nga bwe ndi omutukuvueri abo abansemberera, era nassibwangamu ekitiibwaabantu bona. Alooni n'asirika busiris. (Eby'Abaleevi 10:3)

Naye nno mu mazima ddala nga bwe ndi omulamu, era ng'ekitiibwa kya Mukama Katonda bwe kijjuza ensi yonna. (Okubala 14:21)

Mubuulire ekitiibwa kye mu mawanga, n'ebikolwa bye ebyamagero mu bantu bona. (1 Ebyomumirembe 16:24)

Buli omu yali ng'ayogera ne munne n'eddoboozi ery'omwanguka nti,Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama Katonda Ayinzabyonna:ensi yonna ejjudde ekitiibwa kye. (Isaaya 6:3)

Naye Suteefano ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu, n'atunuulira eggulu enkaliriza, n'alaba ekitiibwa kya Katonda, ne Yesu ng'ayimiridde ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo. (Ebikolwa 7:55)

OLW'EBIKOLWA BYE:

Ebikolwa bya Katonda byoleka ekitiibwa kye:

Byonna bye watonda binaakutenderezanga, Ayi Mukama;n'abatukuvu bo banaakugulumizanga.

Banaayogeranga ku kitiiibwa ky'obwakabaka bwo,era banaatendanga amaanyi go.

Balyoke bategeeze abantu bona ebikolwa byo eby'amaanyi,n'ekitiibwa ky'obukulu obw'obwakabaka bwo.

Obwakabaka bwo, bwakabaka bwa lubeerera,n'obufuzi bwo bwa mirembe na mirembe.Mukama by'ayogera byonna bya bwesigwa,n'ebikolwa bye bijjudde okusaasira. (Zabuli 145:10-13)

MU YESU:

Ekitiibwa kya Katonda kyeyolekera mu Yesu, eyalina ekitiibwa kya Katonda nga tannatandika:

Kale kaakano, Kitange, ngulumiza wamu naawe mu kitiiibwa ekyo kye nnali nakyo ng'ensi tennabeerawo. (Yokaana 17:5)

Katonda ye yali ensibuko y'ekitiibwa kye. Yesu teyanoonya kitiiibwa kye. Yagulumiza Katonda (Yokaana 8:50). Yesu teyeegulumiza. Katonda yamugulumiza (Abaebbulaniya 5:5).

...Yesu n'agamba nti, "Kaakano Omwana w'Omuntu agulumizibbwaa ne Katonda agulumizibbwaa mu ye.

Era obanga Katonda agulumizibbwaa mu ye, Katonda yeegulumiza ye yennyini, era amangwago ajja kumugulumiza. (Yokaana 13:31-32) (Laba ne Yokaana 17:1)

Kubanga Katonda Kitaffe yamuwa ekitiibwa n'ettendo, eddoboozi bwe lyawulikika okuva mu ggulu mu kitiiibwa ekingi ekimasamasa nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo. (2 Peetero 1:17)

Wano Ebyawandiikibwa bye biyigiriza ku kitiiibwa kya Katonda nga bwe kibikkulirwa mu Yesu:

-Abayigirizwa baagamba ku Yesu nti, "twalaba ekitiibwa kye:" Yokaana 1:14

- Emirimu nya Yesu gyayoleka ekitiibwa kye: Yokaana 2:11
- Yazuukizibwa mu bafu mu kitiiibwa: 1 Peetero 1:21; 1 Peetero 1:11
- Yakkirizibwa mu kitiiibwa: 1 Timoseewo 3:16
- Alijja mu kitiiibwa: Matayo 16:27; 24:30; 25:31; Makko 8:38; 13:26; Lukka 9:26; 21:27; Tito 2:13
- Alituula ku ntebe ey'ekitiibwa: Matayo 19:28; 25:31; Makko 10:37
- Alitikkibwa engule ey'ekitiibwa: Abebbulaniya 2:9
- Ayitibwa "Mukama ow'ekitiibwa:" Yakobo 2:1
- Ekitiibwa kirina okuweebwa ye nga bwe kiri eri Katonda: 2 Peetero 3:18
- Okuyita mu kubonaabona, Yesu yatuleeta mu kitiiibwa: Abebbulaniya 2:10
- Okuyita mu kufa kwe n'okuzuukira kwe, Yesu yayingira mu mbeera ye ey'ekitiibwa esembayo: Yokaana 12:23; Lukka 24:26; Yokaana 7:39; 12:16
- Katonda abikkula ebisuubizo bye n'ekitiibwa kye mu Yesu: 2 Abakkolinso 1:20
- Tuwa Katonda ekitiibwa nga tuyita mu Yesu: Abeefeso 3:21; Abaruumi 16:27

MU BULOKOZI:

Ekitiibwa kya Katonda kyeyolekera mu nteekateeka y'obulokozi:

Ekitiibwa kye kinene mu bulokozi bwo... (Zabuli 21:5)

EBIFO EBIMU:

Katonda abikkudde ekitiibwa kye mu bifo ebitongole. Mu biseera eby'emabega, yakibikkula mu ngeri ey'enjawulo ebifo eby'ensi. Yabikkula ekitiibwa kye mu weema ne yeekalu mu ndagaano enkadde. Katondabayabikkula ekitiibwa kye mu Isiraeri, era kati akibikkula mu Kkanisa ne mu bakkiriza sekinnoomu:

1. Ebifo eby'Ensi:

Katonda yagamba Ezeekyeri agende (mu lusenyi) era ajja kubikkula ekitiibwa kye, nga bwe yali akoze ku mugga Kebali:

Ne nsituka ne ndaga ku ttale. Ekitiibwa kya Mukama kyaliwo, nga kifaanana ekitiibwa kye nalaba ku Mugga Kebali; ne neeyala wansi. (Ezeekyeri 3:23)

Era awo we waali ekitiibwa kya Katonda wa Isirayiri, ng'okwolesebwa kwe nalaba mu kyererezi. (Ezeekyeri 8:4)

Musa yagambibwa okuyimirira ku lwazi era awo Katonda yandibikkulidde ekitiibwa kye (Okuva 33:22).

2. Mu Weema:

Era awo we nnaasisinkana abaana ba Isirayiri, ekifo ekyo ne kitukuzibwa nga kijjudde ekitiibwa kyange. (Okuva 29:43)

Awo ekire ne kibuutikira Eweema ya Mukama ey'Okukunjaanirangamu, yonna n'ejjula ekitiibwa kya Mukama. (Okuva 40:34)

Awo ekire ne kibuutikira Eweema ya Mukama ey'Okukunjaanirangamu, yonna n'ejjula ekitiibwa kya Mukama.

Musa n'atasobola kuyingira mu Weema ya Mukama ey'Okukunjaanirangamu, kubanga ekire kyagibuutikira, n'ekitiibwa kya Mukama ne kijijula. (Okuva 40:34-35)

Naye abantu bona mu kibiina ne bateesa okubakuba mayinja. Awo ekitiibwa kya Mukama Katonda ne kirabikira eri abaana ba Isirayiri bona mu Weema ya Mukama ey'Okukunjaanirangamu. (Okubala 14:10)

3. Yeekaalu:

Katonda yabikkula ekitiibwa kye mu Yeekaalu mu biseera by'endagaano enkadde:

Omwoyo n'ansitula, n'andeeta mu luggya olw'omunda, n'ekitiibwa kya Mukama ne kijjula yeekaalu. (Ezeekyeri 43:5)

Awo omusajja n'ankulembera ne tuyita mu kkubo ery'omulyango ogw'Obukiikkono n'antwala mu maaso ga yeekaalu. Ne ntunula ne ndaba ekitiibwa kya Mukama nga kijjudde yeekaalu ya Mukama, ne nvuunama.(Ezeekyeri 44:4)

Mwambuke mu nsozi muleeteyo embaawo muzimbe ennyumba ngisanyukire, ngulumizibwe," bw'ayogera Mukama. (Kaggayi 1:8)

...Nja kuijzuza ennyumba eno ekitiibwa... (Kaggayi 2:7)

bakabona n'okuyinza ne batayinza kuweereza olw'ekire, kubanga ekitiibwa kya Mukama kyali kibunye mu yeekaalu. (1 Bassekabaka 8:11)

Awo Sulemaani bwe yamaliriza esaala ye, omuliro ne guva mu ggulu ne gwokya ekiweebwayo ekyokebwa ne ssaddaaka era n'ekitiibwa kya Mukama ne kijjula eyeekaalu.

Bakabona ne batayinza kuyingira mu yeekaalu ya Mukama kubanga ekitiibwa kya Mukama kyajjula eyeekaalu ya Mukama.

Awo Abayisirayiri bona bwe baalaba omuliro nga gukka, n'ekitiibwa kya Mukama nga kiri ku yeekaalu, ne bavuunama ku lubalaza ng'amaaso gaabwe gatunudde wansi ne basinza era ne beebaza Mukama nga boogera nti, Mulungi, era okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna. (2 Ebyomumirembe 7:1-3) (Laba era n'Okuva 40:34;14:4, 17; 16:10; Ezeekyeri 1:28; 8:4; 10:30-34 10:30-34; 11:22-23; 2Ebyomumirembe 5:13-14; 7:1-3)

4. Mu Yisirayiri:

Yisirayiri yalondebwa nti....

...balyoke babeere abantu bange, bagulumize erinnya lyange n'ettendo; naye bo ne batawulira.' (Yeremiya 13:11)

Kyagambibwa nti Katonda yali " kitibwa ky'abantu bo Isiraeri" (Lukka 2:32). Katonda yagamba Isirayiri...

...Ggwe muweereza wange, Isirayiri, mu ggwe mwe ndiweerwa ekitiibwa. (Isaaya 49:3)

...Mukama anunudde Yakoboera yeegulumiriza mu Isirayiri. (Isaaya 44:23)

Naye Isiraeri yalemererwa okuleka ekitiibwa kya Katonda okubikkulirwa mu bo mu bujuvu bwakyo;

Waali wabaddewo eggwanga erikusa bakatonda baalyo, wadde nga si bakatonda, naye nga bitaliimu? Naye abantu bange baawaanyisa ekitiibwa kyabwe n'ebitagasa. (Yeremiya 2:11)

5. Mu Kkanisa:

Mu biseera by'Endagaano Empya, Katonda yatandika okulaga ekitiibwa kye mu kibinja ky'abantu ekipya era ng'ayita mu Kkanisa:

Be Bayisirayiri, abantu ba Katonda abalonde. Katonda yabalaga ekitiibwa kye, n'akola nabo endagaano, n'abawa n'amateeka ge. Yeekaalu yagibawa, n'abawa n'ebyasuubizibwa.
(Abaruumi 9:4)

Noolwekyo temukyali baamawanga oba abagwira, wabula muli ba kika kimu n'abatukuvu, abantu ba Katonda, era muli ba mu nnyumba ya Katonda.

Mwazimbibwa ku musingi ogw'abatume ne bannabbi, nga Kristo Yesu ly'ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.

Mu oyo ffenna tuzimbibwa wamu ne tugattibwa wamu ne tubeera essinzizo ettukuvu mu Mukama waffe.

Era nammwe mwazimbibwa wamu mu kizimbe ekyo Kristo ky'azimbye okubeeranga ekifo Omwoyo wa Katonda mwabeera. (Abaefeso 2:19-22)

Katonda ayagala Ekkanisa ey'ekitiibwa, ejjudde ekitiibwa kye:

Alyoke yeefunire Ekkanisa ey'ekitiibwa, eteriiko bbala wadde akamogo oba ekintu kyonna ekikyamu, wabula ebeere entukuvu, etuukiridde. (Abaefeso 5:27)

6. Mu Bakkiriza ssekinnoomu:

Ekkanisa erimu abakkiriza ssekinnoomu. Ekitiibwa kya Katonda okusobola okubikkulwa mu kibiina ky'Ekkanisa, kiteekwa okubikkulwa mu buli mukkiriza kinnoomu:

Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakkolinso 3:16)

Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye Yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'emibir gyammwe si gyammwe ku bwammwe?

Kubanga mwagulibwa na muwendo, noolwekyo emibri gyammwe gigulumizenga Katonda. (1 Abakkolinso 6:19-20)

Yimirirako kati mu kusoma kwo osome Kaggayi 2:3-9. Kiri mu "nnyumba ey'oluvannyuma" (emibri gyaffe nga yeekaalu) nti ekitiibwa kya Mukama ekisinga obunene kiribikkulwa;

Naye kaakano tulina ekyobugagga kino mu bibya eby'ebbumba, okulaga nti obuyinza bwonna bwa Katonda, so si bwaffe. (2 Abakkolinso 4:7)

Ekitiibwa (eky'obugagga) kiri mu bibya eby'ebbumba; singa kyali mu bibya eby zaabu, abantu bandibadde bafaayo nnyo ku kibya mu kifo ky'ekiri mu kibya:

Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitibwa okutuuka mu kitibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo. (2 Abakkolinso 3:18)

Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitiba ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi.

Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa mu kifaananyi ky'Omwana we, ye abeerenga omubereberye mu booluganda abangi.

Abo be yalonda, n'okubayita yabayita, n'abo be yayita, yabawa obutuukirivu, n'abo be yawa obutuukirivu yabagulumiza. (Abaruumi 8:28-30)

EKITIIBWA KYA KRISTO

Oyize engeri ekitiibwa kya Katonda gye kibikkulwa mu Yesu, naye okimanyi nti gwe era olina okuba ekitiibwa kya Kristo? Soma ennyiriri zino wammanga:

...Akugulumiza. (Isaaya 55:5)

Buli muntu yenna ayitibwa erinnya lyange,gwe natonda olw'ekitiibwa kyange,gwe nakola gwe natonda." (Isaaya 43:7)

Tulina okutambula nga tusaanira eri Katonda "ng'abo bayise mu bwakabaka bwe n'ekitiibwa kye" (1 Abasessaloniika 2:12).

Tuli babaka b'Ekkanisa n'ekitiibwa kya Kristo (2 Abakkolino 8:23). Katonda yayagala dda nti tubeere tubeere ettendoery'ekitiibwa kye (Abaefeso 1:12).

Olibeera ngule etemagana mu mikono gya Mukama,enkuufiira y'obwakabaka mu mukono gwa Katonda wo. (Isaaya 62:3)

Ekyo yakikola alyoke amanyise obugagga bw'ekitiibwa kye, eri abo bona be yeerondera okugabanira awamu ekitiibwa kye. (Abaruumi 9:23)

Noolwekyo mwanirizaganenga, nga Kristo bwe yabaaniriza olw'ekitiibwa kya Katonda.(Abaruumi 15:7)

Nga tubabuulirira era nga tubagumya mu mwoyo era nga tubaweerako obujulirwa, ne tubakuutira okutambulanga nga musaanira mu maaso ga Katonda, oyo abayita okuyingira mu bwakabaka bwe ye ne mu kitibwa kye.(1 Abasessaloniika 2:12)

Tuyitibwa "okuyitibwa mu kitibwa kye eky'olubeerera mu Kristo Yesu" (I Peetero 5:10).

Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo atenderezebwe. Olw'okusaasira kwe okungi twazaalibwa mu bulamu obulina essuubi omulundi ogwokubiri, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bafu. (2 Peetero 1:3)

Wabula twogera eby'amagezi ga Katonda, agatamanyiddwa era agakisibwa, Katonda bye yateekateeka edda n'edda olw'ekitiibwa kyaffe; (1 Abakkolino 2:7)

Erinnya lya Mukama waffe Yesu liryoke ligulumizibwe mu mmwe, nammwe muweebwe ekitiibwa mu ye, ng'ekisa kya Katonda waffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bwe kiri. (2 Abasessaloniika 1:12)

ge yabayitira ng'ayita mu Njiri yaffe mulyoke mufune ekitiibwa kya Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Abasessaloniika 2:14)

Tulina okubeera "ettendo ly'ekitiibwa kye" (Abaefeso 1:12)

...Nditeeka ekitiibwa mu nsi y'abalamu. (Ezeekyeri 26:20)

Katonda ayagala tumanye obugagga obw'ekitiibwa kye (Abakkolosaayi 1:27).

Tulina okuba ababaka b'ekitiibwa. Abakkiriza abaasooka baali bayitibwa "ababaka ba... amakanisa n'ekitiibwa kya Kristo" (2 Abakkolino 8:23).

**Mubuulire ekitiibwa kye mu mawanga,n'ebikolwa bye ebyamagero mu bantu bonna. (1
Ebyomumirembe 16:24)**

Mu kiseera kino okitegedde nti olina okwoleka ekitiibwa kya Katonda, naye oynza okuba ng'obuuza nti,
“Wa era nsobola ntya okufuna ekitiibwa kino?”

EKIRABO KY'EKITIIBWA

Ekitiibwa kino eky'ekitalo ekya Katonda kikuterekeddwa ng'ekirabo. Yesu yagamba nti:

Ekitiibwa ky'ompadde, nze nkibawadde. (Yokaana 17:22)

Mukama ky'ayagala mufune ekitiibwa kye kimu kye yagulumizibwa Kitaffe.Kye kirabo. Ky'olina okukola
kwe kukyeyatulirako:

**Kubanga Mukama Katonda ye njuba yaffe era ye ngabo yaffe;atuwa emikisa gye awamu
n'ekitiibwa;tewaliwo kirungi na kimu ky'ataawaabo abatambulira mu makubo ge nga
tebaliko kyakunenyezebwa. (Zabuli 84:11)**

Nga bw'okyusibwa Ekigambo kya Katonda, okusaba, n'ebyo by'oyitamu mu bulamu by'osanga, .
oli mu nteekateeka y'okufuna ekitiibwa kino:

**Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu
ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitiiwa
okutuuka mu kitiiwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo. (2 Abakkolinso 3:18)**

Ekitiibwa kyeyolekera okuva mu ndabirwamu (Ekigambo) okutuuka mu bulamu bwo. Katonda ayagala
kufuula awo awatali kitiiwa akifuule ekibya mwasobola okulagira ekitiibwa kye.

Olina okuba ng'ova mu"kitiiwa okudda mu kitiiwa," so si kuwangulwa okudda mu kuwangulwa.
Ekitiibwa kya Katonda kye kirina okuba amaanyi g'okukunga agali ku ggwe. Abantu bagamba leero nga
bwe kitabangawo nti, “Twandirabye Yesu.” Katondakkiriza...

**Enjuba si yeenekumulisizanga emisana,oba omwezi okukumulisizanga ekiro.Kubanga Mukama
y'anaabeeranga ekitangaala kyo eky'emirembe n'emirembe,era Katonda wo y'anaabeeranga
ekitiibwa kyo.(Isaaya 60:19)**

**Kubanga Katonda oyo ye yagamba nti, “Omusana gwake mu kizikiza,” ye yayaka mu mitima
gyaffe, okuleetera abantu ekitangaala eky'okumanya ekitiibwa kya Katonda ekirabikira mu
Yesu Kristo. (2 Abakkolinso 4:6)**

Okukaaba kwo kubeere ng'okwo kwa Musa:

...Nkwegayirira, ondage ekitiibwa kyo. (Okuva 33:18)

Era ka kibeere nga ekya Dawudi, eyali yeegomba...

...okulaba amaanyi go n'ekitiibwa kyo.... (Zabuli 63:2)

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonnyola "Ekitiibwa."

.....
.....
.....

3. Ensibuko y'ekitiibwa y'ani?

.....
.....
.....

4. Funza embala z'ekitiibwa kya Katonda.

.....
.....
.....

5. Wa Katonda wabikkulira ekitiibwa kye?

.....
.....
.....

6. Ssentensi eno nkyamu oba ntuufu: Olina okukola ebikolwa ebirungi okufuna ekitiibwa okuva eri Katonda. Si kirabo. Ssentensi eno.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Mu ssuula eno mwayize ku kitiiibwa kya Katonda. Bayibuli eyogera ku kitiiibwa ekirala eyitibwa "ekitiibwa ekitaliimu." Ekitiibwa eky'ekika kino kiba...

EKITIIBWA KY'OMUNTU:

Abantu bonna banoonya ekitiibwa eky'engeri emu. Bwe kiba nga si kitiiibwa kya Katonda, olwo kiba kitiiibwa ekitaliimu. Abamu baagala nnyoekitiibwa ky'abantu okusinga ekitiibwa kya Katonda;

Noolwekyo, bw'okola esadaaka yo, tofuuwa ekkondeere mu maaso go;nga bannanfuusi bwe bakola mu makuŋjaaniro ne mu nguudo, balyoke bafune ekitiibwa ky'abantu. Ddala ddala mbagamba nti Balina empeera yaabwe.(Matayo 6:2)

Buli ky'okola okufuna ekitiibwa okuva mu bantu, okutendereza kwabwe y'empeera yo. Pawulo ayogera "ab'enyumiriza mu ndabika" naye si mu mutima (2 Abakkolinso 5:12). Ekitiibwa ky'omuntutekiwangaala:

Kubanga omubiri gwonna guli ng'omuddo, n'ekitiibwa kyonna eky'omuntu ng'ekimuli ky'omuddo. Omuddo gukala, n'ekimuli kyagwo ne kigwa. (1 Peetero 1:24-25)

Tolina kwegomba kitibwa kya muntu:

Kubanga newakubadde nga njagala okwenyimiriza, sijja kuba musirusiru; kubanga nandibadde njogera amazima naye saagala muntu yenna andowozeko nti ndi wa waggulu nnyo okusinga we yandintadde ng'asinziira ku ebyo by'andabamu oba by'ampulirako.(2 Abakkolinso 12:6)

Nfuuse musirusiru mu kwenyimiriza...noolwekyo mmwe musaana okunjogerako kubanga abatume abakulu abawagulu tebalina na kimu kye basinza, newaakubadde nga nze siri kintu. (2 Abakkolinso 12:11)

N'olwekyo, tewali muntu yenna yenyumiriza mu bantu. Kubanga byonna bibyo. (1 Abakkolinso 3:21)

Pawulo yagamba nti "Tetwanoonyanga kitiiibwa mu bantu..." (1 Abasessalonika 2:6)

Ekitiibwa kyonna ky'ofuna kisaana okukidda eri Katonda. Pawulo yagamba nti:

Ne bagulumiza Katonda mu nze. (Abaggalatiya 1:24)

EKITIIBWA KYA NZE:

Era oyinza okuba n'omusango gw'ekitiibwa ekitaliimu nga weegulumiza:

**Si kirungi okulya omubisi gw'enjuki omungi; kale abantu okwekenneenya ekitiibwa kyabwe si bwe kiri
ekitiibwa. (Engero 25:27)**

Okwenyimiriza kwammwe si kulungi. Temumanyi nti ekizimbulukusa ekitono kizimbulukusa ekitole kyonna? (1 Abakkolinso 5:6)

Oyo eyeyogerako, anoonya ekitiibwa kye; naye oyo anoonya ebibyeekitiibwa ekyamutuma, kye kimu kya mazima, so tewali butuukirivu buli mu ye. (Yokaana7:18)

Bangi beenyimiriza mu mubiri (2 Abakkolinso 12:6). Waliwo abo "abeenyimiriza muensonyi" oba ekibi (Abafiripi 3:19). Enkomerero yaabwe kuzikirizibwa! Yakobo 3:14 egamba bwe tubatulina obuggyga obukaawa n'okuyomba mu mitima gyaffe, tetulina kwenyimiriza nga "twerimba eri amazima."

Kubanga newakubadde nga mbuuilira Enjiri, sirina kye nnyinza kwenyimirizaamu: kubanga mpalirizibwa okujibuulira; weewaawo, zisanze nze singa sibuulira Njiri(1 Abakkolinso 9:16)

Naye Katonda alonze eby'ensi eby'obusirusiru okuswaza abagezi;era Katonda alonze ebintu ebinafu eby'ensi okutabula ebintu ebirina amaanyi. Era n'alonda abakopi ab'ensi n'abo abanyoomebwa, era n'ebitaliiwo alyoke aggyewo ebiriwo, waleme kubaawo muntu n'omu yeenyimiriza mu maaso ga Katonda. (1 Abakolinso 1:27-29)

Nga Dawudi, okukaaba kwo kulina okuba nti:

Si ffe, Ayi Mukama, si ffe, naye erinnya lyo liwe ekitiibwa, ku lwookusaasira, n'olw'amazima go. (Zabuli 115:1)

"Obulamu obw'ekitiibwa" bwe bulamu obutaliimu kwefaaako:

Sinoonya kitibwa kyange...Kitange yangulumiza. (Yokaana 8:50)

Okwenyimiriza kwonna kw'okola tekulina kubeera mu ggwe kennyini, wabula mu Mukama waffe.

Nga bwe kyawandiikibwa nti eyenyimiriza yeenyimiriza mu Mukama waffe. (1 Abakkolinso 1:31 ne II Abakkolinso 10:17)

Era osobola okwenyimiriza mu bintu ebikwata ku Mukama waffe:

Kale nnina kye nnyinza okwenyimiriza mu Yesu Kristo mu bintu ebyo ebikwata ku Katonda. (Abaruumi 15:17)

Osobola n'okwenyimiriza mu musaalaba ne byonna bye gukiikirira:

Naye nze sigenda kwenyimiriza mu kintu kyonna, okuggyako mu musaalaba gwa Mukama waffe Yesu Kristo, ensi eyakomererwa ku musaalaba gye ndi, nange eri ensi. (Abaggalatiya 6:14)

EKITIIBWA KY'ENSI N'OBWAKABAKA BWAYO:

Ekika ekirala ekya "ekitiibwa ekitaliimu" kye kitiiibwa ky'ensi eno n'obwakabaka bwayo:

Ate Setaanin'amutwala ku lusozi oluwanvu ennyo, eran'amulaga obwakabaka bwonna obw'ensi,n'ekitiibwa kyabwo...(Matayo 4:8. Laba ne Lukka 4:6)

Totya omuntu bw'agaggawala, ekitiibwa ky'ennyumba ye bwe kyeyongera;Kubanga bw'alifa talitwala kintu kyonna; ekitiibwa kye tekirigenda naye. (Zabuli 49:16-17)

Bakabaka ne banaabakyala b'amawanga baafirwa "engule y'ekitiibwa kyabwe" (Isaaya 8:7; Yeremiyah 13:18; 48:18; Danyeri 4:346; 5:18-20).

(Ennyiriri endala ezikwata ku kitiiibwa ky'ensi: Danyeri 11:39; Koseya 9:11; 10:5; Mikka 2:9; Kaabakuuku 2:16; Zekkaliya 11:3)

Amawanga galina okwenyimiriza mu Mukama okusinga amaanyi gaabwe oba amaanyi gaago;

...Mukama mulamu, mu mazima, mu musango, ne mu butuukirivu; era nga amawanga galiweebwa omukisa mu Ye, era mu Ye mwe galigulumizibwa. (Yeremiyah 4:2)

(Laba ne 1 Samwiri 35:2; Isaaya 24:23; 25:3; 26:15; 41:16; 60:9; Zabbuli 86:9; 102:15-16)

2. Baibuli etuwa okulabula kuno ku kitiiibwa ekitaliimu:

Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Omugezi teyeenyimiriza mu magezi ge, so n'owamaanyi aleme kwenyimiriza mu maanyi ge, omugagga aleme kwenyimiriza mu bugagga bwe.

Naye oyo eyeenyimiriza yeenyimirwe mu kino, kubanga ategeera era amanyinze, nti nze Mukama akola ekisa, omusango, eraobutuukirivu, mu nsi: kubanga ebyo bye nsanyukira, bw'ayogera Mukama. (Yeremiyah 9:23-24)

Tuleme kwegomba kitiiibwa kitaliimu, nga tunyiizagana, nga tukwatirwa obuggyaa abalala. (Abaggalatiya 5:26)

Nga tewali kintu kyonna kikolebwa mu kuyomba oba mu kitiiibwa ekitaliimu; naye mu buwombeefu buli omu asse ekitiibwa mu balala okusinga bo bennyini. (Abafiripi 2:3)

3. Baibuli eraga ebiva mu kitiiibwa ekitaliimu mu kiseera kino:

Mukama w'eggye yakiteekateeka, amuggyemu amalala n'ekitiibwa kyonna, n'okukakanya abantu bona ab'ekitiibwa ab'ensi. (Isaaya 23:9)

Ekitiibwa ky'ensi kiri nga "ekimuli ekireeta ebibala eby'amangu nga kyeya tekinnatuuka (bivunda)"... (Isaaya 28:1,4)

Era kiraga ebinaava mu kitiiibwa ekitaliimu mu biseera eby'omu maaso:

Geyena kyeyava yeegaziye, n'eyasamya akamwa kaayo ebweruokupima; n'ekitiibwa kyabwe, n'obungi bwabwe, n'ekitiibwa kyabwe, n'oyoasanyuka, alikka mu kyo. (Isaaya 5:14)

Ku nkomerero, ekitiibwa kyonna eky'amawanga kijja kufuuka kye...

N'amawanga g'abo abalokoka galitambulira mu musana gwayo; era ngabakabaka b'ensi baleeta ekitiibwa kyabwe n'ekitiibwa kyabwe mu yo. Era balireeta ekitiibwa n'ekitiibwa ky'amawanga mu kyo. (Okubikkulirwa 21:24,26)

4. Bino by'ebisingawo ebikwata ku kitiiibwa kya Katonda. Weeyongere okusoma kwo ng'okuyiga ku...

OKULABIKA KW'EKITIIBWA KYA KATONDA EKYASOOKA:

Ekitiibwa kya Katonda okulabikira Ibulayimu bwe yali mu Mesopotamiya: Ebikolwa 7:2.

OKULABIKA KW'EKIGAMBO OKWASOOKA:

Ekitiibwa kya Mukama nga kirabika mu kire: Okuva 16:10.

Ekyewuunyisa, okulabika kuno kwali kwanukula kwakwemulugunya kwa Isiraeri.

OMULUNDI OGWASOOKA EKITIIBWA OKUWEEBWA KATONDA:

Omulundi ogwasooka okuweebwa Katonda ekitiibwa kyali mu luyimba lwa Miriam oluvannyuma lwa Isiraeri okuyita m nnyanja Emmyufu okuva e Misiri:

Ani akufaanana, Ayi Mukama, mu bakatonda? Ani alinga ggwe, ow'ekitiibwa mu obutukuvu, akola ebyewuuny...Awangudde mu kitiiibwa (eddiinjanwa emirundi mingi)... (Okuva 15:1-21)

ENGERI EKITIIBWA KYA KATONDA GYE KYALABIKA MU KUBIKKULIRWA OKWEDDA

Baibuli ewandiika engeri ekitiibwa kya Katonda gye kyalabika bwe kyabikkulwa mu ngeri erabika mu biseera eby'emabega.

Okufaanananako nga musoke:

Ekitiibwa ekyamwetooloolanga kyafaanana nga musoke mu bire ku lunaku olw'enkuba. Ekyo kye kyali ekifaananyi eky'ekitiibwa kya Mukama. Bwe nakiraba, ne nvuunama, ne mpulira eddoboozi ly'oyo eyali ayogera. (Ezekyeri 1:28)

Okuyimirira:

Ne nsituka ne ndaga ku ttale. Ekitiibwa kya Mukama kyaliwo, nga kifaanana ekitiibwa kye nalaba ku Mugga Kebali; ne neeyala wansi. (Ezeekyeri 3:23)

Okuva ebuvanjuba, okwaka, n'eddoboozi ery'amaanyi:

Laba, ekitiibwa kya Katonda wa Isiraeri ne kiva mu kkubo ery'ebuvanjuba.n'eddoboozi lye lyali ng'eddoboozi ery'amazzi amangi; n'ensi n'eyaka n'ekitiibwa. (Ezeekyeri 43:2)

Nga ekitangaala ekimasamasa:

Pawulo ayogera ku "kumasamasa kw'ekitiibwa " mu Abebbulaniya 1:3. Yesu n'agamba nti, "Nze kitangaala ky'ensi." Pawulo yagamba nti, "Saasobola kulaba olw'ekitiibwa ky'ekitangaala ekkyo (Ebikolwa 22:11). Yerusaalemi empya eyogerwako ng'erina ekitiibwa kya Katonda ng'ekitangaala kyakyo:

Era ekibuga tekyetaaga njuba wadde omwezi okukyakira; ku lwaekitiibwa kya Katonda kye kikimulisa, n'Omwana gw'endiga ye ttabaaza yaakyo. (Okubikkulirwa 21:23)

N'amawanga g'abo abalokoka galitambulira mu musana gwayo; era ngabakabaka b'ensi baleeta ekitiibwa kyabwe n'ekitiibwa kyabwe mu yo.Era balireeta ekitiibwa n'ekitiibwa ky'amawanga mu kyo.

(Okubikkulirwa 21:23,24,26)

Katonda abeera mu kitangaala omuntu yenna ky'atayinza kusemberera (1 Timoseewo 6:15-16).

Omukka:

Yeekaalu n'ejjula omukka oguva mu kituibwa kya Katonda n'ekye amaanyi; era tewali n'omu yasobola kuyingira mu yeekaalu okutuusa ebibonyoobonyo omusanvu lwe byagwawoku bamalayika omusanvu we byatuukirira. (Okubikkulirwa 15:8)

Era awali omukka, wabaawo omuliro... Omuliro ogutayinza kuzikizibwa:

N'okulaba ekitiibwa kya Mukama ne kufaanana ng'omuliro ogwokya waggulu kulusozi mu maaso g'abaana ba Isiraeri. (Okuva 24:17)

Awo abaana ba Isiraeri bona bwe baalaba omuliro nga gukka, n'ekitiibwa kya Mukama ku nnyumba, ne bavuunama ku lubalaza ng'amaaso gaabwegatunudde wansi ne basinza era ne beebaza Mukama, nga bagamba nti:Kubanga Mulungi; kubanga okusaasira kwe kubeerawo emirembe gyonna. (2 Ebyomumirembe 7:3)

Ne mugamba nti Laba, Mukama Katonda waffe atulaze ekitiibwa kye n'obukulu bwe , era tuwulidde eddoboozi lye nga liva wakati mu muliro. (Ekyamateeka 5:24)

Mu era ng'ekire:

Awo olwatuuka Aloonni bwe yali ayogera eri ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, ne batunula mu ddungu, ne balabaekitiibwa kya Mukama ne kirabika mu kire. (Okuva 16:10)

Ekitiibwa kya Mukama ne kibeera ku lusozi Sinaayi, ekire ne kikibikka ennaku mukaaga... (Okuva 24:16)

Awo ekire ne kibikka eweema y'okusisinkanirangamu, n'ekitiibwa kya Mukamanekijuza weema. Musa n'atasobola kuyingira mu weema yaekibiina, kubanga ekire kyabeerangako, n'ekitiibwa kya Mukama ngakijuza weema. (Okuva 40:34-35)

Awo olwatuuka...ne batunula mu weema y'ekibiina: era, laba, ekire ne kikibikka, n'ekitiibwa kya Mukama ne kirabika. (Okubala 16:42)

ESSUULA EY'OKUTAANO

EBIRUUBIRIRWA BY'EKITIIBWA KYA KATONDA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okufunza ebiruubirirwa by'ekitiibwa kya Katonda.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Era ekitiibwa kya Mukama kiribikkulwa, na bona abalina omubiri balikiraba wamu. Kubanga akamwa ka Mukama kakyogedde. (Isaaya 40:5)

ENNYANJULA

Mu ssomo eryasemyeyo wayize ensonga enkulu ezikwata ku kitiiibwa kya Katonda, kiki kye kiri, wa Katonda gy'abikkula ekitiibwa kye, era oweereddwu ekirabo eky'ekitiibwa. Ekirabo kino eky'ekitiibwa eky'ekitalo kirinaebiruubirirwabingi mu bulamu bwo, byonna bikuzimba n'okukukunga okutuukiriza ekitundu kyo eky'enjawulo mu nteekateeka ya Katonda.

EBIRUUBIRIRWA BY'EKITIIBWA KYA KATONDA

Enfundu n'enfundu mu Byawandiikibwa Katonda yagamba nti abikkula ekitiibwa kye amawanga gasobole okumumanya:

Kubanga mmanyi ebikolwa byabwe n'ebirowoozo byabwe: kirija, ndikuŋjaanya amawanga gonna n'ennumi zonna; era balija balabe ekitiibwa kyange. (Isaaya 60:21)

Bino by'ebiruubirirwa ebirala bingi eby'ekitiibwa kya Katonda, ng'ebisinga bikwata ku ggwe sekinnoomu. Ekitiibwa kiweebwa ku lwa:

OBUGABIRIZI:

Bwe mukungibwa okukolera Katonda omulimu, ojja kuba n'ebjetaago eby'obutonde n'eb'omwuyo. Ekitiibwa kya Katonda kikuwa ebyetaago byo eby'obutonde:

Naye Katonda wange alibawa ebyetaago byammwe byonna ng'obugagga bwe bwe buli mu kitiibwa mu Kristo Yesu. (Abafiripi 4:19)

Ekitiibwa kya Katonda era kikuwa ebyetaago byo eby'omwoyo:

Nsaba Katonda oyo akola eby'ekitalo era agulumizibwa, agumyenga era anywezenga omuntu wammwe ow'omunda, olw'Omwoyo we. (Abaefeso 3:16)

AMAANYI:

Ekitiibwa kya Katonda kikuwa amaanyi okuweereza:

Kubanga ggwe kitiiibwa ky'amaanyi gaabwe...(Zabuli 89:17)

...banywezebw n'amaanyi gonna, okusinziira ku maanyi ge ag'ekitiibwa...(Abakkolosaayi 1:11)

ESSANYU:

Ekitiibwa kya Katonda kikuwa essanyu nga muweereza:

Abatukuvu basanyuke mu kitiiibwa: bayimbe mu ddoboozi ery'omwanguka ku bitanda byabwe. (Zabuli 149:5)

...Mukama agulumizibwe; naye alilabika eri essanyu lyammwe, era nabo (omulabe) ajja kuswala. (Isaaya 66:5)

Gwe mutualaba, mu mwagala; mu oyo, newakubadde nga kaakano temumulaba, n'okutuusa katinga mukkiriza, musanyuka n'essanyu eritayogerwa era nga mujjudde ekitiibwa. (1 Peetero 1:8)

Mugulumize mu linnya lye ettukuvu; omutima gw'abo abanoonya Mukama gusanyuke. (1 Ebyomumirembe 16:10)

EDDEMBE:

Ekitiibwa kya Mukama kye kivunaanyizibwa okukununula okuva mu buddu okutuuuka mu ddembe. Ekyo kyajja okukola eri abo b'oweereza;

Golokoka, yaka, kubanga ekitangaala kyo kituuse, n'ekitiibwa kya Mukama kikwakidde... (Isaaya 60:1)

Kubanga ebitonde birinunulibwa okuva mu buddu bw'okuvunda okutuuka mu ddembe ery'ekitiibwa ery'abaana ba Katonda. (Abaruumi 8:21)

OKUWUMMULA:

Nga bwe mufuba n'okukoowa, Katonda akuwa ekiwummulo eky'ekitiibwa:

Ku lunaku olwo walibaawo ekikolo kya Yesu, ekinaayimirira nga bendera eri bantu; oyo ab'amawanga kye balinoonya; n'okuwummula kwe kujja kuba kwa kitiiibwa.(Isaaya 11:10)

OKUTUKUZA

Ekitiibwa kikutukuza ne kikufuula ekibya ekitukuvu, ekyetegefu okukoze sebwa Katonda:

Era eyo gye ndisisinkanira abaana ba Isiraeri, era weema gye nnaabeerangaokutukuzibwa olw'ekitiibwa kyange. (Okuva 29:43)

(Ensonga Iwaki tulaba ekibi ekingi ennyo mu Kkanisa kwe kuba nti ekitiibwa kya Katonda tekiriyo!)

OBUMU:

Ekitiibwa kya Katonda kireeta obumu, kikulu ng'Ekkanisa ekungiddwa ng'Omubiri gumu eri okutuukiriza Ekiragiro Ekinene:

Era ekitiibwa kye wampa nkibawadde; balyoke babeere bumu, nga ffe bwe tuli obumu. (Yokaana 17:22)

OKULUNGAMYA:

Katonda akulembera na kitiiibwa kye:

Ekyo kyabakulembera ku mukono ogwa ddyo ogwa Musa n'omukono gwe ogw'ekitiibwa, ng'agabanyaamuamazzi mu maaso gaabwe, okwefunira erinnya eritaggwaawo. (Isaaya 63:12)

...Bw'otyo bwe wakulembera abantu bo, okwefunira erinnya ery'ekitiibwa.(Isaaya 63:14)

AMAGEZI:

Amagezi ge weetaaga okusobola okuweereza obulungi gava mu kitiiibwa kya Katonda:

Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'ekitiibwa alyoke abawe omwoyo ogw'amagezi n'okubikkulirwa mu kumumanya Ye:

Amaaso g'emmitima gyammwe gamulisibwenga, mulyoke mumanye essuubi essuubi ly'okuyitibwa kwammwe, n'obugagga obungi bwe mulina mu ye mmwe awamu n'abantu ba Katonda bona. (Abaefeso 1:17-18)

OKUBIKULIRWA:

Omwovo Omutukuvu agulumiza Katonda nga bw'akubikkulira ebintu bya Katonda:

Ye (Omwovo Omutukuvu) ajja kungulumiza; kubanga agenda kubategeeza bye nnaamubuuliranga. (Yokaana 16:14)

OKUGULUMIZA EKIGAMBO KYE:

Okubikkulirwa bulijo kugulumiza Ekigambo kya Katonda. Bwe kyabikkulwa nti obulokozi era bwali bwakujja eri bannaamawanga....

...Abamawanga bwe baawulira ebyo, ne basanyuka, ne bagulumiza ekigambo kyaMukama...
(Ebikolwa 12:23)

Ekigambo kya Katonda kigulumizibwa nga bw'okikkiriza okukola mu bulamu bwo:

Ekisembayo ab'oluganda, tusabire, Ekigambo kya Mukama kibeere n'eddembemugume, era mugulumizibwe, nga bwe kiri nammwe. (2 Abasessalonika 3:1)

OKUZUUKIRA:

Ojja "zuukizibwa mu bafu" olw'ekitiibwa kya Mukama. Katonda ali mu nteekateeka y'okukyusa omubiri gwo ogufa gufuuke ogw'ekitiibwa (Abafiripi 3:21). Kristo bw'alirabika, ojja kulabika naye "mu kitiiuba" (Abakkolosaayi 3:4. Laba ne 1 Abakkolinso 15:43).

OLUTALO LW'OMWOYO:

Omulabe ayagala kubba kitiiuba kyo:

Ne bawaayo amaanyi ge mu buwambe, n'ekitiibwa kye mu mikono gy'omulabe. (Zabuli 78:61)

Ensonga lwaki omulabe ayagala okubba ekitiibwa kyo kwe kuba nti ategeera ebigendererwa byakyo ebikulu mu kukunga olw'omulimu gwa Mukama. Ate era akimanyi nti ekitiibwa kya Katonda kikola ng'ekyokulwanyisa eky'entalo ez'omwoyo:

...Mukama agulumizibwe; naye alilabika eri essanyu lyammwe, era nabo (omulabe) ajja kuswala. (Isaaya 66:5)

Mu Katonda mwe muli obulokozi bwange n'ekitiibwa kyange; olwazi olw'amaanyi gange, n'ekiddukiro kyange. (Zabuli 62:7)

Naye ggwe, Ayi Mukama oli ngabo gye ndi; ekitiibwa kyange, era gw'onzizaamu amaanyi. (Zabuli 3:3)

Awo omusana gwo guliyaka ng'emambya y'okumakya, n'obulamu bwo bwe bulikubukaokugenda mu maaso mu bwangu; n'obutuukirivu bwo bulikusooka; ekitiibwa kya Mukama kirikuvaako emabega. (Isaaya 58:8)

Omukono gwo ogwa ddyo, Ayi Mukama, gufuuse gwa kitiiibwa mu maanyi; omukono gwo ogwa ddyo, Ayi Mukama, gusazeeko omulabe...Muyimbire Mukama, kubanga awangudde mu kitiiibwa, embalaasi n'omuvuzi waayo azisudde mu nnyanja! (Okuva 15:6,21)

Era Mukama alitonda ku buli kifo eky'okubeeramu eky'olusozi Sayuuni, ne kuenkuŋjaana ze, ekire n'omukka emisana, n'okumasamasa kw'omuliro ogwakaekiro; kubanga ku kitiiibwa kyonna kiriba eky'okwerinda. (Isaaya 4:5)

Kubanga nze, bw'ayogera Mukama, ndiba gy'ali bbugwe ow'omuliro okwetooloola, era ndibaekitiibwa ekiri wakati mu ye. (Zakaliya 2:5)

Bwe batyo bwe balitya erinnya lya mukama okuva mu maserengeta, n'ekitiibwa kye okuva ebuvanjuba: Kubanga alijja ng'omugga ogukulukuta n'amaanyi, ogutwalibwa n'omukka gwa Mukama. (Isaaya 59:19)

Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye (Lino lye linnya lya Katonda eri olutalo olw'omwoyo): Oluvannyuma lw'ekitiibwa kye yansindika eri amawanga agaabanya; kubanga yeakukwatako akwata ku mmunye ya liiso lye. (Zakaliya 2:8)

Ekitiibwa kya Katonda kitundu ku byambalo byo eby'okwekuuma, era waliwo enzirukanya ebaawo ng'okozesaekitiibwa ekyo mu ntalo. Ekitiibwa bwe bukumi bwo, era nga bwe mununulibwa, mulina okuwa ekitiibwa. Nga bwe muwa ekitiibwa, mufuna ekitiibwa ekisingawo;

Era mugambe nti Tulokole, Ayi Katonda w'obulokozi bwaffe, otukunjaanye wamu, eratuwonye okuva mu mawanga, tulyoke twebaze erinnya lyo ettukuvu, eraekitiibwa mu kutendereza kwo. (1 Ebyomumirembe 16:35)

Era mukoowoole ku lunaku olw'okubonaabona; Ndikuwonya, naawe ojja kukununula era ongulumize. (Zabuli 50:15)

Tuyambe, ai Katonda obulokozi bwaffe, olw'ekitiibwa ky'erinnya lyo; era otuwonye, era otuwonye ebibi byaffe, ku lw'erinnya lyo. Era ekitiibwa kya Mukama kiribikkulwa, n'omubiri gwonna gulikiraba wamu. kubanga akamwa ka Mukama kakyogedde. (Isaaya 40:5)

Kati nga bw'otegedde ebigendererwa ebikulu eby'ekitiibwa kya Katonda mu kukunga olw'omulimu gw'obuwereza, olina okumanya engeri y'okulabamu ekitiibwa kya Katonda. Kino kyojja okuyiga mu ssuula eddako.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Funza by'oyize mu ssomo lino ebikwata ku biruubirirwa by'ekitiibwa kya Katonda.

.....
.....
.....
.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Okubikkulirwa kw'ekitiibwa kya Katonda tekwesigama ku bantu abeesanyiza. Soma ebikwata ku basajja abaagoberera Katonda be yabikkulira ekitiibwa kye:

Ibulayimu: Omusajja eyalimba.

Okubikkulirwa kw'ekitiibwa kwamuleetera okuleka byonna emabega ku kiragiro kya Katonda.
(Olubereberye 12:1-4) Baibuli egamba nti "Yali wa maanyi mu kukkiriza, ng'awa Katonda ekitiibwa."
(Abaruumi 4:20)

Musa: Omusumba ananaagira.

Yakulembera eggwanga okuva mu buddu olw'okubikkulirwa kw'ekitiibwa. (Okuva 34:29)

Yakobo: Omulimba adduka.

...Naye Katonda yabikkula ekitiibwa kye mu kwolesebwa era n'afuula Yakobo
ow'amaanyi. (Olubereberye 28:10-15)

Isaaya: Omuvubuka ow'emimwa egitaali mirongoofu.

Okwolesebwa kwa Isaaya okw'ekitiibwa kya Katonda kwavaamu obuweereza obw'obunnabbi
obw'amaanyi. (Isaaya 6)

Sawulo (Pawulo): Mu kusooka yali ayigganya era ng'atemula abantu ba Katonda.

Okubikkulirwa kw'ekitiibwa kya Katonda kwakyusa obulamu bwe. (Ebikolwa 9)

Katonda tasosola mu bantu. Bwaba yabikkulira ekitiibwa kye eri bano abalabika ng'abatasana,
ajja kukubikkulira ekitiibwa kye.

**Eri abo abagumiikiriza mu kukola ebirungi nga banoonya ekitiibwa n'obulamu
obutaggwaawo...**

**Naye ekitiibwa, n'ettendo n'emirembe biweebwe buli muntu akola ebituufu, eri Omuyudaaya
okusooka, era n'eri ab'amawanga;**

Kubanga Katonda tasosola mu bantu. (Abaruumi 2:7, 10-11)

2. Laba Yokaana essuula 17 ng'osoma ebiruubirirwa by'ekitiibwa kya Katonda mu bulamu bwa Yesu: Yesu bwe yagamba nti "ekitiibwa Katonda kye yamuwa, ky'atuwa"...Ekitiibwa ekyo kyali kizingiramuk? (Weetegereze ennyiriri I ne 22). Ekitiibwa kya Katonda kyawa Yesu...

-Amaanyi okukulembera abalala mu kumanya Katonda ow'amazima: 3

-Obusobozi okumaliriza obulungi omulimu gwa Katonda: 4

-Abasajja abeegatta ku buweereza: 6,9,11, 12

-Ekigambo ky'amazima: 8, 14

-Obubaka bwe: 8,18,23, 25

-Ekkanisa ("abo b'ompadde"): 2, 24

-Taata Yennyini: 23

-Okwagala: 23,24, 26

-Obumu: 21-22

-Essanyu: 13

3. Emabegako wayiga engeri omuliro gwa Katonda gye gukwataganamu n'omusango gwe. Ekitiibwa kya Katondaera kibikkulwa mu musango. Soma Okubala 16. Koola n'ekibinja kye eky'abajeemu bwe bakuŋjaana mu maaso g'eweema, "ekitiibwa kya Mukama ne kirabika" mu musango.

Katonda yagamba nti:

Era nditeeka ekitiibwa kyange mu mawanga, n'amawanga gonna galiraba omusango gwe nkoze, n'omukono gwange gwe nabateekako. (Ezeekyeri 39:21)

Soma Abarumi 2:5-10: Empeera ya Katonda esinga obunene kwe kumuwa ekitiibwa ekitaggwaawo. Omuomusango ogw'enkomerero ogusinga okuba ogw'amaanyi gulina okuggyibwa mu kitibwa kino:

Oyo alibonerezebwa n'okuzikirizibwa okutaggwaawo nga baawukanyiziddwa ne Mukama waffe, n'ekitiibwa ky'amaanyi ge. (2 Abasesalonika 1:9)

ESSUULA EY'OMUKAAGA

ENGERI Y'OKUGULUMIZA KATONDA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola engeri y'okugulumiza Katonda.
- Okuteesa ku nsengekera egenda mu maaso ey'okugaba n'okufuna ekitiibwa.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Yesu n'amugamba nti, Ssakugambye nti, bw'okkiriza ojja kulaba ekitiibwa kya Katonda?
(Yokaana 11:40)

ENNYANJULA

Mu ssuula ebbiri eziyise wasomye ku kitiiwa kya Katonda n'ebiruubirirwa byakyo. Wayize nti watondebwa kumugulumiza Katonda era n'ekitiibwa kye kyeyolekere mu bulamu bwo n'obuweereza.

Bw'oba oyagala okulaba ekitiibwa kya Katonda n'okukulembera abalala okukifuna, olwo olina okumanya engeri y'okumugulumiza. Nga bw'ogulumiza Katonda ayongera okukubikkulira ekitiibwa kye. Musa yalaba ekitiibwa kya Katonda era n'aleetera abalala okukilaba:

Musa n'agamba nti, "Kino kye kigambo Mukama kye yabalagira okukola: era ekitiibwa kya Mukama kiribalabikira..."

Musa ne Alooni ne bayingira mu Weema ey'Okukunjaanirangamu, nenavaayo, n'awa abantu omukisa; ekitiibwa kya Mukama ne kirabika eriabantu bonne. (Eby'Abaleevi 9:6,23)

Musa yakulembera abalala okulaba ekitiibwa kya Katonda era naawe osobola okukola mu ngeri y'emu. Essomo lino lyanjula ennono za Baibuli ezinnyonnyola engeri y'okugulumiza Katonda.

ENGERI Y'OKUGULUMIZA KATONDA

Okusinziira ku Byawandiikibwa, osobola okugulumiza Katonda mu ngeri zino wammanga:

OLW'OKUKKIRIZA:

Ekitiibwa kya Katonda kyeyoleka nga bwe mukungiddwa okukkiriza n'okukola mu kukkiriza:

Yesu n'amugamba nti, Ssakugambye nti, bw'okkiriza ojja kulaba ekitiibwa kya Katonda?
(Yokaana 11:40)

Ekigambo kigamba ku Ibulayimu nti:

Teyawuguka ku kisuubizo kya Katonda okuyita mu butakkiriza; naye yali wa maanyi mu okukkiriza, ng'awa Katonda ekitiibwa. (Abaruumi 4:20)

MU KUNUNULIBWA:

Katonda agulumizibwa olw'okununulibwa kwo okuva mu kibi. Okugulumizibwa kwennyini kuyitibwa obulokozi n'okutuukiriza:

Abo be yalonda, n'okubayita yabayita, n'abo be yayita, yabawa obutuukirivu, abo be yawa obutuukirivu yabagulumiza. (Abaruumi 8:30)

MU KWENENNYA:

Katonda agulumizibwa olw'okwenenya kwo okwasooka n'okukyuka okuva mu kibi n'okugenda mu maaso okwenenya buli lwoyonona:

Yoswa n'agamba Akani nti, "Mwana wange, nkwegayiridde, muwe Mukama ekitiibwa." Katonda wa Isiraeri, era oyatule gy'ali; era mbuulira kaakano kiki ky'okoze; tokikweka. (Yoswa 7:19)

Okwenenya kuzingiramu okwetukuza okuva mu ndowooza n'ebikolwa eby'ekibi. Kino kireeta ekitiibwa eri Katonda:

Abatuukirivu balisanyukira Mukama, era balimwesiga; abo bona abalina omutima omulongoofu bamutenderezenga. (Zabuli 64:10)

Asobole okugyeyanjula gy'ali Ekkanisa ey'ekitiibwa, etaliiko bbala, oba olufunyiro, oba ekintu kyonna ng'ekyo; naye nga kibeere kitukuvu era nga tekirina kamogo.(Abaefeso 5:27)

MU KWATULA:

Katonda agulumizibwa olw'okwatula kwo nti Yesu ye Mukama waffe.

Era buli lulimi Iwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.(Abafiripi 2:11)

NGA KWETOWAAZA:

Katonda agulumizibwa bwe weetoowaza:

Awo Musa ne Aloonie bava mu maaso g'ekibiina ky'abantu ne balaga ku mulyango gwa Weema ya Mukama ey'Okukunjaanirangamu, ne bavuunama wansi. Ekitiibwa kya Mukama Katonda ne kibalabikira.(Okubala 20:6)

Okwetoowaza mulimu okusiiba n'okusaba:

Awo omusana gwo gulyoke guveeyo gwake ng'emmambya esala, era okuwonyezebwa kwo kujje mangi; obutuukirivu bwo bukukulembere, era ekitiibwa kya Katonda kikuveeko emabega.(Isaaya 58:8)

Nga weetoowaza n'okusaba, Katonda addamu essaala zo era kino kyongera ekitiibwa eri Katonda:

Era buli kye munaasabanga mu linnya Lyange nnaakibakoleranga, Kitange alyoke agulumizibwe mu Mwana. (Yokaana 14:13)

Okwetoowaza kitegeesa nti owaayo omubiri gwo nga ssaddaaka ennamu:

Kubanga mwagulibwa na muwendo, noolwekyo emibirgyammwe gigulumizenga Katonda. (I Abakkolinso 6:20)

NGA TUBEERA MU MAASO GYE:

Owa Katonda ekitiibwa bwe mubeera (obeera mulamu bulijo) mu maaso ge:

Ekitiibwa n'obukulu biri mu maaso ge,

Amaanyi n'essanyu biri wamu naye. (I Ebyomumirembe 16:27)

Mubeera mu maaso ga Katonda nga muleka Kristo okubeera mu mmwe;

Ng'ebintu byonna bwe biri ebyange ate era nga bibyo, era ne bibyo nga byange, bampeesa ekitiibwa. (Yokaana 17:10)

Obeera mu maaso ge ng'okkiriza Katonda okubeera mu ggwe n'okukola ng'ayita mu ggwe:

Awo Sawulo bwe yalaba eggye ery'Abafirisuuti, n'aty, emmeeme n'emutyemuka. (I Samwiri 28:5)

MU KUBONOONA:

Bw'ofuna ebizibu, ebigezo, n'okubonaabona mu bulamu, Katonda agulumizibwa bw'oddamu bulungi:

Kale nga bwe tuli abaana, tuli basika ba Katonda, era tulisikira wamu ne Kristo, bwe tubonaabonera awamu naye, tulyoke tuweerwe wamu naye ekitiibwa.

Okubonaabona kwe tubonaabona kaakano kutono nnyo bwe kugeraageranyizibwa n'ekitiibwa ekiritubikulirwa. (Abaruumi 8:17-18)

Tekyagwanira Kristo okubonaabona mu bintu byonna n'olvannyuma alyoke ayingire mu kitiiibwa kye? (Lukka 24:26)

Pawulo yagamba nti:

Tetukoma ku ekyo kyokka, naye twenyumiririza ne mu kubonaabona, nga tumanyi ng'okubonaabona kutuyigiriza okugumiikiriza.

Era okugumiikiriza kututuusa ku mbala ennungi, n'embala ennungi ne zitutuusa ku ssuubi.

Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajuza emitima gyaffe okwagala kwe.

Bwe twali tukyali banafu wakati mu bibi, Kristo yatufiirira ffe aboonoonyi. (Abaruumi 5:3-6)

Kubanga byonna biri bwe bityo ku bwammwe, okusiimibwa okwo bwe kweyongera okuyita mu bangi, n'okwebaza ne kulyoka kweyongera, Katonda n'agulumizibwa.

Kubanga okubonaabona kwaffe okutono okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okututeekerateekera ekitiibwa eky'amaanyi eky'emirembe n'emirembe.(2 Abakkolinso 4:15,17 okwongerako 16)

Naye obanga kinjwanidde okwenyimiriza, ka neenyumirize olw'ebyo ebiraga obunafu bwange! (II Abakkolinso 11:30)

Ku bw'omuntu oyo nzija kwenyimiriza naye ku bwange siryenyimiriza, okuggyako mu bunafu bwange (II Abakkolinso 12:5)

Buli mulundi ng'aŋjamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe. (2 Abakkolinso 12:9)

Kyenva mbeegayirira muleme kuterebuka olw'okubonaabona kwange ku lwammwe, kubanga ekyo kibaleetera kitiiibwa. (Abaefeso 3:13)

Kubanga okugezesebwa kw'okukkiriza kwammwe, kwa muwendo mungi nnyo okusinga zaabu egezebwu mu muliro n'ekakasibwa, kulyoke kusaanire ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa ku lunaku luli Mukama waffe Yesu Kristo lw'alirabikirako. (I Peetero 1:7)

Kale kitiiibwa ki kye mufuna bwe mugumiikiriza mu kubonaabona olw'okukola ekibi? Naye Katonda abasiima bwe mugumiikiriza nga mubonyaabonyezebwa olw'okukola obulungi. (I Peetero 2:20)

Ayogera, ayogerenga ng'atumiddwa Katonda; ayamba, akikolenga n'amaanyi gonna Katonda g'amuwadde; mu byonna Katonda alyoke agulumizibwenga mu Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina.

Okubonyaabonyezebwa olw'Okuba Omukristaaayo

Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijo. Kyokka musanyuke kubanga mugabanye ku kubonaabona kwa Kristo, mulyoke mujjule essanyu, ng'ekitiibwa kye kirabise. Mulina omukisa bwe muvumibwa olw'erinnya lya Kristo kubanga Omwoyo ow'ekitiibwa owa Katonda ali ku mmwe. Mu mmwe temusaana kubaamu mutemu, oba mubb, oba omukozi w'ebibi, wadde eyeyingiza mu by'abalala. Kubanga buli abonyaabonyezebwa olw'ebyo taliiko ky'agasibwa. Naye bw'abonyaabonyezebwa olw'okuba Omukristaaayo aleme kukwatibwa nsonyi, wabula yeebazenga Katonda olw'okuba owa Kristo. (I Peetero 4:11-16)

1 Peetero 5:1 ne 4 ziraga nti nga bwetuli ekimu ku kubonaabona kwe, bwe mutyo bwe muli ku kitiiibwa kye. N'obulwadde busobola okukozesebwa olw'ekitiibwa kya Katonda ng'okuwona kivaamu:

Naye Yesu bwe yakitegeera n'agamba nti, "Ekigendereddwa mu bulwadde buno si kufa, wabula kulaga kitiiibwa kya Katonda, era n'okuweesa Omwana wa Katonda ekitiibwa. (Yokaana 11:4)

Okukyusibwa kwa Yesu kwaliwo olw'okubonaabona kwe yalina okwolekagana nakwo. Okulaba ekitiibwa kukyusa ekigezo

NG'OTUUKIRIZA OBUWEEREZA BWO:

Katonda agulumizibwa bw'otuukiriza obuweereza bwe wayitibwa:

Ayogera, ayogerenga ng'atumiddwa Katonda; ayamba, akikolenga n'amaanyi gonna Katonda g'amuwadde; mu byonna Katonda alyoke agulumizibwenga mu Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina. (1 Peetero 4:11)

Kyetuva tubasabira bulijjo, Katonda waffe abasaanyize okuyitibwa kwammwe. Abawe amaanyi mutuukirize ebirungi byonna bye mukola, na buli mulimu ogw'okukkiriza mu maanyi, erinnya lya Mukama waffe Yesu liryoke ligulumizibwe mu mmwe, nammwe muweebwe ekitiibwa mu ye, ng'ekisa kya Katonda waffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bwe kiri. (2 Abasesaloniika 1:11-12)

Obuweereza bwo buzingiramu emirimu emirungi era Katonda agulumizibwa bw'okola emirimu gino:

Naye ekitiibwa n'ettendo n'emirembe biriba ku buli akola ebituufu, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga. (Abaruumi 2:10)

Kale nammwe ebikolwa byammwe ebirungi byakirenga abantu bona, babirabenga, bagulumize Kitammwe ali mu ggulu.(Matayo 5:16)

Emirimu emirungi era gizingiramu enneeyisa yo n'embeera zo. II Peetero 2:12 eraga nti Katonda aija kugulumizibwa singa enneeyisa yo n'embeera zo biba bituufu. Omulimu gwa Katonda guzingiramu okubala ebibala eby'omwoyo.

Kino nakyo kireeta ekitiibwa eri Katonda:

Bwe mubala ebibala ebingi, muba bayigirizwa bange, ne Kitange, agulumizibwa. (Yokaana 15:8)

Ebibala eby'obutuukirivu bireeta ekitiibwa eri Katonda;

Nga mujjudde ekibala eky'obutuukirivu ku bwa Yesu Kristo, olw'okuweesa Katonda ekitiibwa n'okumutendereza. (Abafiripi 1:11)

Omulimu gwa Katonda mulimu okugabana obubaka bw'Enjiri obubikkula ekitiibwa kye eri amawanga:

Yimuka, oyake, kubanga ekitangaala kyo kizze kyase era ekitiibwa kya Mukama kikwakirako.

Kubanga laba ensi eribikkiba ekizikiza era n'ekizikiza ekikutte ennyo kibikke abantu baamawanga gonna, naye ggwe Mukama alikwakirako era ekitiibwa kye kikulabikeko. (Isaaya 60:1-2)

Zabbuli 96:3 egamba nti "okulangirira ekitiibwa kye mu mawanga."

Banaayogeranga ku kitiiibwa ky'obwakabaka bwo, era banaatendanga amaanyi go. (Zabuli 145:11)

Obubaka bwe tubuulira buyitibwa "Enjiri ey'ekitiibwa" (laba 1 Timoseewo 1:11; 2 Abakkolinso 3:7 okutuuka ku 4:6; ne Abakkolosaayi 1:27). Enjiri bw'ebuulirwa era n'ekkirizibwa, eba n'ekkubo ery'ekitiibwa (II Abasesaloniika 3:1). Abantu bwe bafuna Enjiri, Katonda agulumizibwa (II Abasesaloniika 1:12). Abo abawulira era abakkiriza bawa Katonda ekitiibwa (Ebikolwa 13:48). Abo

abatambula n'okubuulira Enjiri bakikola olw'ekitiibwa kya Katonda (II Abakkolinso 8:9). N'obugagga obw'ekitiibwa bubwo okuyita mu Enjiri (Abaefeso 1:16; Abakkolosaayi 1:11).

Nga bw'oweereza Katonda alaga amaanyi ge era abantu bamugulumiza:

Awo Olukiiko bwe Iwamala okwongera okubatiisatiisa ne lubaleka ne bagenda, kubanga baabulwa kwe banaasinziira okubabonereza ne batasasamaza bantu. Kubanga abantu bona baali bagulumiza Katonda olw'ekyo ekyabaawo. (Ebikolwa 4:21)

(Soma engeri Katonda gye yagulumizibwamu okuyitira mu kwolesebwa kw'amaanyi: Matayo 9:8; 15:31; Makko 2:12; Lukka 2:20; 5:25-26; 7:16; 13:13; 17:15; 18:43; 19:38; 23:47)

Mugulumiza Katonda nga mumaliriza omulimu gwe muyitiddwa.

Nkugulumizizza ku nsi, omulimu gwe wantuma okukola, ngumalirizza. (Yokaana 17:4)

Osobola okugulumiza Katonda mu byonna by'okola:

Kubanga buli kye mukola, oba kulya oba kunywa, mukikole nga mugenderera kugulumiza Katonda. (1 Abakkolinso 10:31)

Ayogera, ayogerenga ng'atumiddwa Katonda; ayamba, akikolenga n'amaanyi gonna Katonda g'amuwadde; mu byonna Katonda alyoke agulumizibwenga mu Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina. (I Peetero 4:11)

Omuwendo n'ekika ky'omulimu gw'okola oluusi biyinza okuba ebya bulijo, naye gufuuka eky'enjawulo bwe kikolebwa olw'ekitiibwa kya Katonda.

NGA TUBEERA MU KIGAMBO KYE:

Ekitiibwa kya Katonda kyeyolekera mu bigambo bye:

Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitibwa okutuuka mu kitibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo. (2 Abakkolinso 3:18)

Ebigambo byo bwe binnyonnyolwa bireeta ekitangaala, (Zabuli 119:130)...kijjukire ekyo "ekitangaala" kikwatagana n'ekitiibwa kye.

Musa bwe yamenya ebigambo bya Katonda ebyawandiikibwa ku bipande by'amayinja, amaaso ge ne gafirwa ekitiibwa. Katonda awa ekitiibwa kye eri abantu abakuumma ebigambo bye. Yesu YE Kigambo.

OKUYITA MU KUTENDEREZA N'OKUSINDA:

Omuntu, ng'afunye ekitiibwa kya Katonda, amuddiza ekitiibwa n'ettendo:

Oyo awaayo ssaddaaka ey'okwebaza angulumiza, era atekateeka ekkubo ndyoke mulage obulokozi bwa Katonda." (Zabuli 50:23)

Ensonga y'okusinza esinga obukulu mu Ndagaano Empya ebaawo ng'ekitonde kyeyoleka mukugulumiza Katonda. Ekitiibwa kirina okuba:

1. Kiweebwa Katonda: 1 Samwiri 6:5; 1 Ebyomumirembe 16:29
2. Kigambibwa ku Katonda: Zabbuli 29:1-1. Matayo 6:13 egamba nti "Ekitiibwa kyo emirembe gyonna."
3. Kiweebwe eri Katonda: Malaki 2:2
4. Yasobzeseddwa Ekitiibwa Kye Mu Ffe: Zabbuli 57:8; 108:1, 30:12
5. Kikolebwa Mu Bumu: Abaruumi 15:6

Okugulumiza Katonda tekukolebwa mu bwereere. Olina okuwa Katonda ekitiibwa kubanga...

1. Kyalagibwa:

Muyimusize Mukama ekitiibwa ekigwanira erinnya lye; muleete ekiweebwayo, mujje mu maasoge; musinze Mukama mu kitiiibwa ky'obutukuvu bwe. (1 Ebyomumirembe 16:29)

Leka Mukama bamuwe ekitiibwa era balangirire ettendo lye mu bizinga. (Isaaya 42:12)

Mutende ekitiibwa kye mu mawanga gonna, eby'amagero bye mubimanyise abantu bona.(Zabuli 96:3)

Eddoboozi lya Mukama linyoolanyoola emivule, n'emiti mu bibira ne gitasigalako makoola. Mu Yeekaalu ye, abantu bona boogerera waggulu nti, "Ekitiibwa kibe eri Mukama!" (Zabuli 29:9)

(Ebitundu bino wammanga byonna bikwata ku kuwa Katonda ekitiibwa: Nekkemiya 9:5; 1 Samwiri 6:5; 1 Ebyomumirembe 16:10, 28-29,35; 29:11, 13; Yeremiya 13:16; Okubikkulirwa 1:6; 4:9; 4:11; 5:12-13; 7:12, 14:7; 19:1; Zabbuli 22:23; 29:1-2; 66:2; 96:7-8;).

2. Ki kye:

Mutendereze Mukama n'ekitiibwa ekisaanira erinnya lye; musinze Mukama mu kitiiibwa eky'obutukuvu bwe. (Zabuli 29:2)

3. Ku Butonde Bwe:

Ani ataakutye Ayi Mukama, n'atagulumiza linnya lyo? Ggwe wekka gwe Mutukuvu, amawanga gonna galija ne gasinziza mu maaso go, Kubanga ebikolwa byo eby'obutuukirivu birabise." (Okubikkulirwa 15:4)

Ab'amawanga bagulumize Katonda olw'okusaasira kwe... (Abaruumi 15:9)

4. Olw'erinnya lye:

Ndikutendereza, Ayi Mukama Katonda wange, n'omutima gwange gwonna; era ndikugulumiza erinnya ery'emirembe gyonna. (Zabuli 86:12)

...Erinnya lyo liwe ekitiibwa... (Zabuli 115:1)

Bitendereze erinnya lya Mukama, kubanga erinnya lye lyokka lye ligulumizibwa; ekitiibwa kye kisinga byonna eby'omu nsi n'eby'omu ggulu. (Zabuli 148:13)

5. Yatonda Ebantu Byonna:

Mukama waffe era Katonda waffe, osaanidde okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza, kubanga gwe watonda ebantu byonna era byonna byatondebwa ku lulwo era gwe wasiima okubiteekawo."(Okubikkulirwa 4:11 Laba ne Okubikkulirwa 14:7)

6. Ayimirizaawo Ebantu Byonna:

Kubanga byonna biva gy'ali, era biyita mu ye era bidda gy'ali. Ekitiibwa kibe gy'ali emirembe gyonna. Amiina. (Abaruumi 11:36)

7. Olw'Obununuizi:

Bwe baawulira ebigambo ebyo ne basirika, ne bagulumiza Katonda! Ne bagamba nti, "Ddala, n'Abamawanga Katonda abawadde omukisa okwenenya bakyuke badde gy'ali abawe obulamu obutaggwaawo."(Ebikolwa 11:18)

Abo be yalonda, n'okubayita yabayita, n'abo be yayita, yabawa obutuukirivu, n'abo be yawa obutuukirivu yabagulumiza. (Abaruumi 8:30)

Sirekangayo kwebaza Katonda ku lwammwe. Mbajukira (Abaefeso 1:6)

8. Ku Lw'okusala omusango:

N'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Mutye Katonda era mwolese obukulu bwe, kubanga ekiseera kituuse alamule. Mumusinze oyo eyakola eggulu n'ensi, n'enyanja, n'ensulo z'amazzi zona." (Okubikkulirwa 14:7 Laba ne Okubikkulirwa 15:4)

9. Ku Busika Bwo Mu Ye:

Ndyoke neeyagalire wamu n'abalonde bo nga bafunye ebirungi, nsanyukire wamu n'eggwanga lyo, era ntendererezenga mu bantu bo. (Zabuli 106:5)

Oija kuyiga ebisingawo ku ngeri y'okugulumiza Katonda mu ssuula ey'omunaana n'omwenda ezikwata ku ssomo ly'okusinza.

ENGERI EGENDA MU MAASO

Mu ssomo lino oyize engeri y'okugulumiza Katonda. Nga bw'omugulumiza ng'ogoberera bino ebiragiro, Katonda abikkula ekitiibwa kye ekisingawo mu ggwe era ng'ayita mu ggwe. Nga bw'omuwa ekitiibwa olw'ebyo by'akukoledde, ofuna ekitiibwa okwongera okukukunga olw'obuweereza. Engeri eno egenda mu maaso tekoma, amaanyi agakuzimba okutuukiriza ekyo Katonda ky'akuyitidde okukola.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Nnyonnyola engeri y'okugulumiza Katonda.

.....
.....

3. Teesa ku ngeri egenda mu maaso ey'okuwa n'okufuna ekitiibwa.

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Isaaya essuula 60. Olunyiriri olusooka lusomooza:

Yimuka, oyake, kubanga ekitangaala kyo kizze kyase era ekitiibwa kya Mukama kikwakirako.
(Isaaya 60:1)

Ekitundu ekisigadde mu ssuula eno mu Isaaya kiraga ebivaamu kitiiibwa kya Katonda bwe kibeera ku ggwe:

Olunyiriri 2: Ekizikiza ne bwe kinaaba ku nsi, Mukama n'ekitiibwa kye bijja kuba ku ggwe. Tolina kukosebwa mbeera ezikwetoolodde.

Olunyiriri 3: Amawanga galituuka mu kumasamasa kw'ekitiibwa kye...n'abakulembeze b'ebiyobufuzi.

Olunyiriri 4: "Abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala" okuva ewala tekitegeeza maka go gokka, naye na bomwoyo, abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.

Ennyiriri 5-12: Eby'obugagga by'omulabe bijja kutekebwa mu nkola olw'obwakabaka. (Mu Olunyiriri 11 "amaanyi" kitegeeza obugagga).

Olunyiriri 13: Wajja kubaawo obumu ne mu abo mu ab'enjawulo ennyo.

Ennyiriri 14-19: Katonda alinunula ebyo ebyabbibwa omulabe;

Olunyiriri 14: Abo abaakubonyaabonya banaakugondera.

Olunyiriri 17: Lunnyonnyola enkyukakyuka mu bujuvu.

Olunyiriri 18: Entalo zikoma.

Olunyiriri 16: Omununuzi awangula.

Olunyiriri 19: "Katonda wo" afuuka "ekitiibwa kyo."

Olunyiriri 20: Okukungubaga kujja kuggwaawo.

Olunyiriri 21: Abatuukirivu balisikira ensi.

Olunyiriri 22: Ebitono bijja kufuuka binene era Katonda ajja kukola omulimu ogw'amangu.

Ennyonyola eno ku bivudde mu kitiiibwa kya Mukama egenda mu maaso mu Isaaya 61:

Ennyiriri l-3: Amafuta gajja kubeera ku ggwe. Ennyiriri 4-11: Ebifo ebyayonoonebwa okuddamu okuzimbibwa.

2. Kati soma Isaaya 43. Weetegereze olunyiriri 7: "Na buli muntu ayitibwa erinnya lyange; kubanga nze." namutonda olw'ekitiibwa kyange..." Kino "ne buli omu" kikwata ku ebyo ebibadde byogewa emabegako. Bino wammanga biweereddwa abo abalina ekitiibwa kya Katonda ku bbo:

-Okununulibwa: 1 -Okusumulula: 2 -Okukungula okw'omwoyo: 4-6

3. Soma Zabbuli 24. Kino kinnyonnyola engeri Kabaka w' Ekitiibwa gy'ayingiramu. Ajja ku abo

-Abalina emikono emiyonjo: 4

-Obalina omutima omulongoofu: 4

-Abatasitula mmeeme yaabwe eri ebikyamu: 4

-Tebalayidde mu bulimba: 4

-Abaggulawo emiryango gyabwe egy'omwoyo n'enziqi eri mu maaso ge: 7 ne 9

4. Weetegereze ekiyinza okubaawo nga togulumiza Katonda:

Bwe mutaakyuse ku mpisa zammwe n'engeri zammwe, bwe mutaafeeyo kuwa linnya lyange kitiiibwa," bw'ayogera Mukama ow'Eggye, "kale ndibasindikira ekikolimo era emikisa gyammwe girifuuka ekikolimo. Ate ddala mmaze okubakolimira kubanga ebikulu gye ndi temubitaddeeko mwoyo. (Malaki 2:2)

Obubaka Katonda bwe yawa Berukazzaali bwafaananako bwe butyo:

Awo Berusazza, yali ng'anywa omwenge, n'atumya ebikompe ebya zaabu n'ebya ffeeza, Nebukadduneeza kitaawe bye yaggya mu yeekaalu mu Yerusaalemi, ye n'abakungu be, n'abakyala be n'abazaana be babinyweremu. (Danyeri 5:23)

Mazima ddala Kerode yayiga eky'okuyiga ekizibu ku kuwa Katonda ekitiibwa. Malayika wa Mukama yamukuba kubanga teyawa Katonda kitiiibwa. Laba Ebikolwa 12:23.

ESSUULA EY'OMUSANVU

ESSANDUUKO EJJA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola lwaki ekitiibwa kya Katonda kiva ku bantu be.
- Funza ebyaliwo n'amakulu gaabyo mu by'omwoyo nga essanduuko eri mu bifo bino wammanga:

-Ebeneezeri

-Afeke

- Asidoodi

-Gaasi

-Ekuroni

-Besu-semesi

-Kiryati-Yeyarim

-Yerusaalemi

- Okulaga ebintu bina ebyetaagisa okusobola okuddamu ekitiibwa kya Katonda.

OLUNYIRIRI OLUKULU

**Awo Isirayiri yenna ne bambusa essanduuko ey'endagaano ya Mukama nga baleekaana
n'amaloboozi ag'essanyu, n'eddoboozi ery'eŋŋombe, ery'amakondeere, n'ebitaasa, era nga
bakuba nnyo entongooli n'ennanga. (1 Ebyomumirembe 15:28)**

ENNYANJULA

Katonda yagamba Musa nti, "Bw'onookola weema ng'ekyokulabirako, ekitiibwa kyange kiribeera omwo." (Okuva 25:9). Omuntu mu kusooka yatondebwa olw'ekitiibwa kya Katonda. Twatondebwa mu

kifaananyi kye n'atuteeka ku bikolwa by'emikono gye okumuleetera ekitiibwa (Abaebbulaniya 2:7). Omuntu bwe yayonoona, "enkola" eno yakyusibwa era ekitiibwa ne kituvaako:

Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)

Okufaananaako weema ya Musa, ggwe weema ya Katonda. Bw'ozimba obulamu bwo obw'omwoyo okusinziira ku nkola entuufu ekitiibwa kijja kubeera eyo. Bw'okyusa, ekitiibwa kikuvaako:

Kubanga newaakubadde nga Katonda bamumanyi, tebaamugulumiza nga Katonda wadde okumwebazanga, naye ne bagobereranga ebitaliimu mu mpaka zaabwe, omutima gwabwe omusirusiru ne gujuzibwa ekizikiza.

Beeyita ab'amagezi ne bafuuka abasirusiru.

Ne bawanyisa ekitiibwa kya Katonda ataggwaawo okukifaananyiriza ekifaananyi ky'omuntu aggwaawo, n'eky'ebinyonyi, n'eky'ebirina amagulu ana n'eky'ebewalula. (Abaruumi 1:21-23)

Ekitiibwa kya Katonda ne bakiwaanyisaamu ekibumbe ekifaanana ente erya omuddo. (Zabuli 106:20)

Okuyitira mu musango gwa Katonda, abamu bajja kwenenya era ekitiibwa kirikomezebwawo;

Abantu ne bookebwa omuliro ogwagivaamu ne bavoola erinnya lya Katonda Omuyinza w'ebibonyoobonyo ebyo, ne bateenenya okukyuka okuliwa ekitiibwa. (Okubikkulirwa 11:13)

Abamu tebajja kwenenya okuddamu okufuna ekitiibwa:

Abantu ne bookebwa omuliro ogwagivaamu ne bavoola erinnya lya Katonda Omuyinza w'ebibonyoobonyo ebyo, ne bateenenya okukyuka okuliwa ekitiibwa. (Okubikkulirwa 16:9)

Omwonoonyi talina kitiibwa. Kizzibwawo okuyita mu nkola y'okununulibwa:

Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi. Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa mu kifaananyi ky'Omwana we, ye abeerenga omubereberye mu booluganda abangi. Abo be yalonda, n'okubayita yabayita, n'abo be yayita, yabawa obutuukirivu, n'abo be yawa obutuukirivu yabagulumiza. (Abaruumi 8:28-30)

"Ekitiibwa" era kiva ku bantu ba Katonda ng'ekibi kibawudde ku kubeerawo kwe. Kiki ekiyinza okukolebwa ng'ekitiibwa kya Katonda kivuddewo olw'ekibi? Okusoma mu Ndagaano Enkadde ku Ssanduuko ya Katonda okuvaawo n'okudda mu Isirayiri kyefaananyiriza ku mazima amanene ag'omwoyo agaddamu ekibuuzo kino.

OKUVAAWO N'OKUDDA KWE SSANDUUKO

Essanduuko ya Katonda yali kabonero ka kitiiwba kya Katonda wakati mu bantu be. Essanduuko ye yasooka nga Isiraeri etambula mu ddungu. Yakulembera ekkubo nga basomoka Omugga Yoludaani mu Kanani. Yagenda mu maaso gaabwe mu lutalo ng'akabonero akalaga nti Katonda waali.

Mu I Samwiri essuula 4 okutuuka ku 7 waliwo embooz ey'ennaku ku ngeri Essanduuko eno, akabonero k'okubeerawo kwa Katonda mu bantu be, we kwabula. Soma essuula zino mu Baibuli yo nga tonnagenda mu maaso nabisigaddewo mu ssomo lino.

SILO OKUTUUKA EBENEZERI:

I Samwiri 4 eggulawo ng'eggwanga lya Isirayiri lilwana n'Abafirisuuti. Isiraeri asimbye enkambi mu kifo ekimu eyitibwa Ebeneeza era eggye ly'Abafirisuuti lisimbye weema zaabwe mu Afeki. Yisirayiri yali efiirwa olutalo olw'ekibi wakati waabwe, naddala mu bukulembeze bwabwe (laba I Samwiri essuula 3). We bafiirwa abasajja 4,000 mu lutalo, nebatandika okwebuuza nti "Lwaki Mukama atukubye?"

Mu kifo ky'okunoonya Mukama n'okukebera emitima gyabwe okuzuula ekizibu ekituufu, eggye lya Isirayiri baasalawo okutwala Essanduuko, akabonero akalaga nti Katonda waali, ne bagisindika mu maaso gaabwe mu lutalo. Mu entalo ezaaliwo emabega, ku kiragiyo kya Katonda, Essanduuko yali ekuleembedde eggye lya Isiraeri okugenda mu lutalo, naye bwe kyali akabonero k'okubeerawo kwa Katonda kwokka. Olw'ekibi, okubeerawo kwa Katonda tekwaali na bantu be mu lutalo luno kale akabonero k'okubeerawo kwe kaali tekalina makulu.

Oluvannyuma Iw'omutendera ogusooka ogw'okuwangula Kanani, weema yali emaze okuteekebwa mu kifo ekiyitibwa Siiro. Isiraeri yasindika e Siiro n'aleeta Essanduuko eri Ebenezeri. Essanduuko bwe yajja mu enkambi, Isirayiri yaleekaana nnyo olw'essanyu kubanga baali bakakafu nti kati baali bagenda kusobola okuwangula olutalo n'Abafirisuuti.

Naye akabonero akataliimu kubeerawo kwa Katonda kwennyini kaali tekalina makulu. Olutalo bwe Iwaddamu, Abaserikale ba Isirayiri 30,000 battibwa era Abafirisuuti ne bawamba essanduuko ya Katonda. Ne batabani ba Eri, kabona, battibwa.

Omubaka bwe yajja okubuulira Eli amawulire ago, yakwatibwa ensonyi nnyo n'agwa ku ntebe, n'amenyeka ensingo ye, n'afa. Muka mwana we eyali olubuto amangu ago n'agenda mu kuzaala n'azaala omwana. Omwana yamutuumma erinnya "Ikabodi" ekitegeeza "ekitiibwa kya Katonda kigenze":

N'ayogera nti, "Ekitiibwa kivudde ku Isirayiri kubanga essanduuko ya Katonda ewambiddwa."(I Samwiri 4:22)

Akabonero k'okubeerawo kwa Katonda kati kaali mu mikono gy'omulabe era Isirayiri n'ewangulwa mu lutalo. Bwe tufiirwa okubeerawo kwa Katonda, era tufuulibwa abanafu mu lutalo.

Mu bifio bingi leero, Ekkansa etuuse ku bubonero obulaga okubeerawo kwa Katonda. Tulina obubonero bw'emisaalaba n'amayiba, amasowaani amatukuvu ag'okussa ekimu, emimuli, n'ebizimbe

by'ekkanisa ebinene. Tuyinza n'okuba n'enueewulira ez'okuleekaana n'okutendereza Katonda, nga Isiraeri bwe yakola Essanduuko bwe yayingira enkambi.

Naye ddala okubeerawo kwa Katonda kuli naffe, oba twasenga ku bubonero n'emikolo? Olunaku lwonna tusenga ku kabonero, obulombolombo, n'ennono, okubeerawo kwa Katonda ne kuvaawo. Ekitiibwa kya Katonda tekiri na mulabe. Otuuse ku mikolo mu kifo ky'okubeerawo kwa Katonda okwa nnamaddala?

EBENEZEERI OKUTUUKA AFEKE:

Abafirisuuti bwe baakwata Essanduuko ya Katonda, ne basooka okugitwala mu kifo ekiyitibwa Afeke kitegeeza "amaanyi n'ekigo." Kino kye kimu ku bitundu Yisirayiri bye tesobola kuggyamu Abakanani bwe baawangula Kanani. I Samwiri 4:1 ne 29:1 kinnyonnyola nti kyatuuka ekiseera kifuuka ekifo we baasinziira okulumba Yisirayiri.

Mu Afeke, mu butuufu Abafirisuuti baasobya ku kabonero akalaga okubeerawo kwa Katonda nga bayonoona n'okukinyaga. Ekitundu kyonna eky'obulamu bwo ekirekeddwa nga tekiwanguddwa kifuuka ekigo kya Sitaani. Kijja kuba bwe kityo kikozesebwra omulabe okukulumbagana era ojja kufiirwa ekitiibwa kya Katonda. Sitaani aija kutwala ekyo eky'omuwendo akyonoone n'okutyoboola, n'okunyaga. Emikolo (Ebenezeeri) bulijjo kiviirako okusobezebwako (Afeke).

AFEKE OKUTUUKA KU ASUDODI:

Mu I Samwiri 5, Baibuli ewandiika nti Abafirisuuti baasengula Essanduuko mu kifo ekiyitibwa Asudod. Asudodi kye kimu ku bibuga ebitaano ebikulu eby'Abaferisuuti era nga we waali ekimu ku bibuga ebisinga obunene yeekaalu ezimanyiddwa ennyo eza katonda w'eggwanga, Dagoni wezabeera. E Asudodi, Abafirisuuti baagezaako okusimba Essanduuko nga balina ebifaananyi ebirala naye bakatonda baabwe ne basigala nga bagwa mu maaso era okukkakkana nga bamenyese.

Bw'oba ofiiriddwa ekitiibwa kya Katonda ng'oyita mu bulombolombo n'osobezebwako mu by'omwoyo omulabewo, ekiddako kwe kugezaako okusengejja ekifo kyo ng'oyita mu kwekiriranya. Okufaanananako Abafirisuuti, naawe okola kino nga ogezaako okuteeka ekitiibwa kya Katonda awamu n'ebifaananyi eby'ensi mu bulamu bwo. Bino biyinza okuba nga bya ddala ebifaananyi eby'omubiri eby'amayinja oba eby'ebbumba, oba biyinza okuba ebifaananyi eby'ebintu oba endowooza z'ensi era enneeyisa. Ogezaako okulaba obungi bw'ensi bw'osobola okukwata ekitiibwa kya Katonda ky'olina mu bulamu bwo.

Naye ebifaananyi ebirala byonna birina okugwa mu maaso g'ekitiibwa kya Katonda. Abafirisuuti bwe baategeera amaanyi ga Katonda, ne batya ne basindika essanduuko mu kibuga Gaasi.

ASUDODI OKUTUUKA KU GAASI:

Erinnya "Gaasi" litegeeza "essundiro ly'omwenge." Buli lwewekkiriranya n'okkiriza omulabe teekawo ebigo mu bulamu bwo (Afeke ne Asudodi byombi bitegeeza "ekigo") ojja kubisanga mu bbanga ttono ggwe kennyini mu "ssomo lye ery'omwenge." Ajja kukusika, okunyiga, n'okukusika okutuusa nga buli kintu kyonna ekirungi kivudde mu bulamu bwo.

E Gaasi, Katonda yasalira omusango ku Bafirisuuti mu "bifo byabwe eby'ekyama" (ebitundu by'omubiri eby'ekyama). Wano we wava ebiva mu kitibwa ekyabula ne bitandika okweyleka n'omusango gwa Katonda ne gutandika okugwa.

Katonda tajja kwemalira ku mikolo egy'omwoyo. Tajja kukiriza kubeerawo kwe kusobezebwako mu bulamu bwaffe n'amakanisa. Tajja kugumiikiriza kwekiriranya nga tanasindika kulamula kwe.

GAASI OKUTUUKA E EKURONI:

Ekuroni kitegeeza okumalibwawo ekitegeeza "okufa." Okuzikirizibwa okutta kwaja ku kibuga kino nga omusango okuva eri Katonda. Okumalawo okufa okw'omwoyo tekuli mabega wala nnyo n'ebivaamu Omusango gwa Katonda. Bwe tutawuliriza bubaka bwa Katonda, mu bbanga ttono tufuuka ng'Ekklesia y'e Saladi n'erinnya nti tuli balamu, naye nga tuli bafu (Okubikkulirwa 3:1).

3. Katonda yawa abo abaddamu n'okubeerawo kwe n'omwoyo gwe: Kaggayi 1:13-14
4. Ebintu eby'okukulembeza byateekebwa mu nsengeka entuufu: Kaggayi 1:14
5. Baaweebwa omukisa gwa Katonda: Geraageranya embeera eziri mu Kaggayi 2:15-17 n'ezo eziri mu 18-20. .

OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA SOLOMONI

EBY'OKUJULIZA:

2 Ebyomumirembe 6-7

EMBEERA EZIRIWO:

Yeekalu yali etegekedwa okuweesa Katonda ekitiibwa. "Yekaalu etegekedwa" esobola okukozesebwa mu by'omwoyo ku bulamu bwo. Bw'oteekateeka yeekalu yo, Katonda ajja kugiwa ekitiibwa.

EBYASISIMULA:

Okuwaayo kwa "yekaalu eyategekebwa" eri Katonda kwavaamu okuzzibwa obuggywa kuno. Mu 2 Ebyomumirembe 6

Sulemaani:

- Asinza Katonda.
- Addamu okwetegereza Katonda by'akoze emabega.
- Ajulira nga yesigamye ku kigambo kya Katonda.

EBY'AVAAMU:

Mu ssuula 7, Katonda addamu nti:

- Ekitiibwa bakabona abakulu bwe batyo bwe bataasobola kuweereza.
- Omwovo omuggya ogw'okusinza n'okuwaayo saddaaka.

-Okulonda: Okuzuukira kuyinza okugenda mu maaso oba okukoma, okusinziira ku ngeri omuntu gy'addamu eri Ekigambo kya Katonda.

-Okubikkulirwa ekisumuluzo ky'okuzzibwa obuggyga: 2 Ebyomumirembe 7:14

OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA YONA

EBY'OKUJULIZA:

Ekitabo kya Yona.

EMBEERA EZIRIWO:

1. Yona yali mujeemu era nga tayagala kutuukiriza kiragiro kya Katonda n'okukozesebwa ng'ekintu ekikozesebwa mu kuzzibwa obuggyga
2. Nineeva kyali kibuga kibi nnyo.

EBYASISIMULA:

1. Okuzzibwa obuggyga mu butuufu kwatandika mu balunyanja abakaafiiri (Yona 1:16) ne mu Yona mu lubuto lwe kyennyanja (Yona 2).
2. Okubuulira kwa Yona okw'obubaka obw'okwenenya mu Nineeva.

EBYAVAAMU:

1. Ekibuga kyonna ne kyenanya.
2. Kuno kwe kuzzibwa obuggyga kwokka okwawandiikibwa ku ttaka ery'amawanga amalala ne mu b'anamawanga. Ekitabo kya Yona kiraga nti Katonda teyali Katonda wa bika byokka eby'Abayudaaya, naye era wa mawanga gonna. Yona 2:9 eraga nti obulokozi bwa Mukama, so si bwa buwangwa, bwa kusoma, bwa mikolo, bwa ddiini.

OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA NEKKEMIYA

EBY'OKUJULIZA:

Nekkemiya 8-10

EMBEERA EZIRIWO:

Okuddamu okuzimba kwakulembera okuzzibwa obuggyga kuno. Soma Nekkemiya 1-6. Ebintu ebyaliwo bye bino: okufaanagana okw'obutonde okw'ebyo ebirina okubaawo mu by'omwoyo nga tetunnafunakuzzibwa buggyga:

-Okuggyawo kasasiro.

-Okuddamu okuzimba emisingi.

-Okwesigama ku ngeri y'okuwangula omulabe.

E BYASISIMULA:

1. Okuddamu okuzimba bbugwe (Nekkemiya) ne yeekaalu (Ezera).
2. Obuweereza bwa Ezera ne Nekkemiya bombi.

3. Obumu n'enkolagana y'abantu: Nekkemiya 3 ne 4:6

E BYAVAAMU:

Waaliwo ebintu mwenda ebyaliwo mu kuzzibwa obuggyga wansi wa Nekkemiya:

1. Okuddamu okussa essira ku Kigambo kya Katonda: Abantu baaleeta omuzingo eri abakulembeze era waaliwo:

-Okusoma Ekigambo: Nekkemiya 8:1-5,18

-Okusomesa n'okubuulira Ekigambo: Nekkemiya 8:8

-Okutegeera Ekigambo: Nekkemiya 8:12

-Okugondera Ekigambo: Nekkemiya 10:29

Okuzzibwa obuggyga kватандика н'окудда kw'abantu mu Kigambo. Abantu abazzibwa obuggyga bafuuka ebikozesebwaby'okutta obuggyga. Abantu ssekinnoomu abazzibwa obuggyga bavaamu okuzzibwa obugya okw'awamu.

Okuzzibwa obuggyga kuno kwali kwetaaga omukulembeze eyewaddeyo eri Ekigambo. Ensonga Iwaki Ezera yali asobola okukozesebwaby Katonda mu kini Iwakuba...

Omukono gwa Katonda omulungi gwamutuukako...Kubanga Ezera yali ategese omutima gwe okunoonya amateeka ga Mukama, okugakola, n'okuyigiriza mu Isiraeri ebragiyo n'omusango gwago.. (Ezera 7:9-10)

2. Okutegeera n'okukkiriza Katonda mu biseera eby'emabega n'ebi'omulembe guno: Nekkemiya 9
3. Okussaamu ekitiibwa: Nekkemiya 8:5
 - Obwa Katonda
 - Eky'Ekigambo kya Katonda
 - Ow'olunaku Iwa Mukama
4. Ddayo mu kusinza okw'amazima: Nekkemiya 8:6 ne byonna ebiri mu ssuula 9.
5. Okugaana ensi: Okwawukana, okudda mu mpisa: Nekkemiya 9:2,28; 10; 13:3
6. Okwewaayo okuggyga: Nekkemiya 9:38; 10:29
 - Ewa Katonda: Nekkemiya 10:39
 - Okutuuka ku buwanika: Nekkemiya 8:10; 10:37, 10:37; 13:11-12.
- Okusiiba: Nekkemiya 9:1
- Okusaba: Nekkemiya
7. Okuwa obuweereza obw'obwagazi:
 - Eri Katonda: Nekkemiya 11:1-2
 - Eri ab'oluganda ne bannyinaffe mu Mukama: Nekkemiya 8:10
8. Okuzzaawo obumu: Nekkemiya 8:1
9. Okutegeera obubi: 9:33
 - Okutegeera ekibi: Nekkemiya 9:33
 - Okwenenya n'okwatula: Nekkemiya 9:1-3

ESSUULA EY'EKKUMI N'ESSATU

ENNONO ZA BAIBULI EZ'OKUZZIBWA OBUGGYA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuwandiika ennono musanvu ez'okuzzibwa obuggyga ezalagiddwa mu biwandiiko by'Endagaano Enkadde.
- Okuwa eky'okujuliza kya Baibuli ekinnyonnyola enteekateeka ya Katonda ey'okuzzibwa obuggyga.
- Okuwandiika ebintu bina abakkiriza bye balina okukola bwe baba bagenda okufuna okuzzibwa obuggyga
- Okufunza ebintu bisatu Katonda by'anaakola ng'addamu.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga, ne basaba, ne banoonya amaaso gange, ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amakyamu, kale nnaawuliranga nga nsinziira mu ggulu ne nsongiwa ekibi kyabwe era ne mponya ensi yaabwe. (2 Ebyomumirembe 7:14)

ENNYANJULA

Mu ssuula esembayo wasoma ku kuzzibwa obuggyga mu ndagaano enkadde. Essuula eno efunza ebikwata ku nnono za Baibuli ez'okuzzibwa obuggyga ezogeddwa mu byokulabirako bino eby'Endagaano Enkadde.

ENNONO ZA BAYIBULI EZ'OKUZZIBWA OBUGGYA

Tewali kuzzibwa buggyga kwa mirundi ebiri kufaanagana, naye ennono gino wammanga gyeyolekera mu biwandiiko by'Endagaano Enkadde.

1. Okuzzibwa obuggyga kw'Endagaano Enkadde okusinga kwakulemberwa ekiseera eky'okukendeera okw'amaanyi okw'omwoyo n'okugwaamu amaanyi. Embeera bwe okukwetoolodde bweziba enzibu era n'okemebwa okuggwaamu essuubi, sanyuka busanyusi...Oyinza okuba ng'oli ku bbali w'okuzzibwa obuggyga!
2. Buli kuzzibwa obuggyga kwayandika mu mutima gw'omuntu omu, eyafuuka ekivuga Katonda kye yakozesanga okusendasenda abalala. Katonda bw'akwata ku mutima gwo n'omuliro gw'okuzuukira,

ojja kufuuwa ennimi z'omuliro ez'okuzzibwa obuggyga mu balala. Guno gwe mulimu omutuufu ogw'omukunzi.

3. Buli kuzuukira kw'Endagaano Enkadde kwasigala ku kulangirira okw'amaanyi okw'Ekigambo kya Katonda. Obubaka obw'okuzuukira bulina okussa essira ku kibi, Geyeena, n'omusango gwa Katonda so si maanyi gokka, okwagala, emirembe, n'okukulaakulana. Lowooza ku bubaka bwa Musa obw'okuzzibwa obuggyga:

Mulabe, ku lunaku lwa leero nteeka mu maaso gammwe omukisa n'ekikolimo. Omukisa, bwe munaagonderanga amateeka ga Mukama Katonda wammwe ge mbalagira leero; Ekikolimo, bwe mutaagonderenga mateeka ga Mukama Katonda wammwe, ne mukyamanga okuva mu kkubo lye mbalagira leero, ne mugobereranga bakatonda abalala be mwali mutamanyi. (Ekyamateeka 11:26-28)

Wulira ebigambo bya Samwiri:

Awo Samwiri n'agamba ennyumba ya Isirayiri yonna nti, "Obanga mudda eri Mukama n'omutima gumu, muggyewo bakatonda abagwira ne Baasutoleesi, mmweweeyo eri Mukama gwe muba muweerezanga yekka, era anaabalokola okuva mu mukono gw'Abafirisuuti." (1 Samwiri 7:3)

Weekenneenyebigambo bya Ezeekyeri:

Omwana w'omuntu, nkufudde omukuumi ow'ennyumba ya Isirayiri, Noolwekyo wulira kye nkugamba, obalabule. Bwe ɳjambanga omukozi w'ebibi nti, 'Ggwe omwonoonyi, mazima olifa,' n'otoyogera okumulabula okuleka ekkubo lye, omwonoonyi oyo alifa olw'ebibi bye, naye omusaayi gwe ndiguvunaana gwe. (Ezeekyeri 33:7-8)

Wulira eddoboozi lya Eriya:

Awo Eriya n'ayimirira mu maaso g'abantu n'ayogera nti, "Mulituusa wa okutta aganaaga? Obanga Mukama ye Katonda mumugoberere, naye obanga Baali ye Katonda mugoberere oyo." Naye abantu ne batamuddamu kigambo na kimu. (1 Bassekabaka 18:21)

4. Okwenenya okuva mu kibi bulijjo kwakulemberanga okuzzibwa obuggyga: Okwenenya kwalimu okuzikirizibwa kwa buli kifaananyi n'okwawukana ku nsi.
5. Waaliwo okudda ku bintu ebituufu bye baali bakulembeza. Mu bino mwalimu okufaayo ku balala, okukuma Ssabbiiti, okugaba, okusaba, n'Ekigambo kya Katonda.
6. Waaliwo okuddamu okusinza Katonda okwa nnamaddala. Okusinza kuno tekwaali kunnyogovu era nga kwa mukolo bukolo, naye okuddamu okusanyusa, okw'enneewulira kw'abantu eri Mukama waabwe.
7. Buli kuzzibwa buggyga kwagobererwa ekiseera eky'okubala ebibala, okukulaakulana, essanyu eringi.

ENTEEKATEEKA YA KATONDA EY'OKUZZIBWA OBUGGYA.

Buli kiziyiza ekinnyonnyoddwa kisobola okulekebwa okuyita mu kwegayirira, kubanga okuzzibwa obuggyga kuva mu ngeri gy'oddamu eri essaala.

Abantu bange abatuumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga, ne basaba, ne banoonya amaaso gange, ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amakyamu, kale nnaawuliranga nga nsinziira mu ggulu ne nsonyiwa ekibi kyabwe era ne mponya ensi yaabwe. (2 Ebyomumirembe 7:14)

Ennono ez'omugaso ezikwata ku kuzzibwa obuggyga nnyinji eziri mu lunyiriri luno. Ekisooka, kimanye nti Katonda ayongera n'abantu be ("Abantu bange bwe..."), yali tayogera eri ababi, ensi oba omuntu yenna okutwaliza awamu. Katonda ayogera n'abantu be "abaayitiba mu linnya lye." Bino abantu ba Katonda bye bateekeddwa okukola bwe baba baakufuna okuzzibwa obuggyga;

1. BEETOWAZE:

Kino kitegeeza okweteeka wansi mu maaso ga Katonda (soma Ebyabaleevi 26:40-41). Okwetowaza kuno kubaamu okukkakkana mu maaso ga Katonda (2 Ebyomumirembe 34:14-28) n'eri abantu be (2 Ebyomumirembe 34:29-33)

2. OKUSABA:

Olina okusaba essaala ez'etongodde eza; (1). Okunoonya Katonda, ne (2). Okuva mu makubo amabi. Tuteria okuba nga "tetulina" kubanga "tetusaba" oba nga tusaba bubi. Tulina okusaba Katonda atuzze obuggyga era tusabe n'essaala ezeetongodde ez'okwatula n'okwenenya okutegeka emitima gyaffe eri okutambula kw'omwoyo we.

3. OKUNOONYA OBWENYI BWA KATONDA.

Ekigambo "okunoonya Katonda" mu bitundu by'endagaano enkadde bino; Okuva 33:7, Ekyamateeka 4:29, Ezera 8:22, 2 Samwiri 12:16, 21:1, 1 Ebyomumirembe 16:10-11, 2 Ebyomumirembe 7:14, 11:16, 15:4, 20:4, Zabuli 105:3-4, 24:6, 27:8, 40:17, 69:7, 70:5, Engero 28:5, Isaaya 51:1, Jeremiah 29:13, 50:4, Koseya 3:5, 5:6-7, 15, 7:10, Danyeri 9:3, Zefaniya 1:6, Zakaliya 8:21, Malaki 3:1.

Bw'omala okusoma ebitundu ebyo, obikkulirwa nti okunoonya Mukama ku limu;

- Okwesalirawo n'okusalawo n'omutima gwo gwonna okudda eri Katonda.
- Endowooza ey'omunda ey'okwewaayo okuweereza Mukama.
- Okusalawo okuva mu kibi kyonna.
- Okusalawo okutuukiriza okwagala kwe.
- Okumalirira okumusaba obutakoowa.

Okunoonya Katonda y'engeri esinga okuba enkulu okumalawo ekibi (Amosi 5:4, 14). Kiraga okwetoowaza okutuufu (Zefaniya 2:3). Kwe weesigama okuwulira okubeerawo kwa Katonda (Koseya 5:15). Kuleeta obulamu (Amosi 5:4-6) era kuteekeddwa okukolebwa n'omutima gwonna (Yeremiyah 29:12-13)

4. "OKUVA MU MAKUBO GAABWE AMABI."

Okusaba n'okunoonya Katonda tebimala. Birina okuwereekerezebwa okwenenya ekitegeeza okukyusa ekkubo. Olina okukyusa amakubo go amabi n'odda eri Katonda. Okwenenya ge

mazima agakakasibwa mu kuzzibwa obuggyga okwa Baibuli. Kyeraga bulungi mu kuzzibwa obuggyga okw'endagaano enkadde. Ekkanisa yatandika na kuyita bantu eri okwenenya (Ebikolwa 2). Okuyitibwa okusembayo mu kitabo eky'okubikkulirwa kwe kwenenya (Okubikkulirwa 22:16). Okwenenya kirabo okuva eri Katonda ekikuyamba okukyusa ekkubo ly'obulamu bwo (Ebikolwa 5:29-31, 11:15-18, 2 Timoseewo 2:22-26). Abantu bona balagirwa okwenenya (Ebikolwa 17:30). Kwagala kwa Katonda bona okwenenya (2 Peetero 3:9) era Katonda akola n'ekisa osemebeza abantu eri okwenenya (Abaruumi 2:4). Awatali kwenenya ozikirira (Lukka 13:3, 5). Yesu yalagira nti okwenenya n'okuggibwako kw'ebibi kibuulirwe mu linnya lye eri amawanga gonna (Lukka 24:47).

Okwenenya kulimu okuva ku bibi by'okoze (ebintu by'otokola by'olina okukola); by'okola (ebintu ebikyamu by'okola) n'okwetwala (nga tonoonya kuwabulwa kuva eri Katonda oluvannyuma n'okola ensobi). Okwenenya era kubaamu okuva ku "bikolwa ebireetera okufa" (Abaebbulaniya 6:1-3). Ebikolwa ebireetera okufa by'ebyo ebikolwa eby'eddiini by'okola okwagalibwa Katonda mu maanyi ag'obuntu.

Ebikolwa ebireetera okufa bisobola okubaamu okusinza, okuwa ebimu eby'ekkumi, n'ebikolwa eby'ekisa. Okusinza kulina kuba mu mwoyo ne mu mazima. Okunyigiriza, okwekaalisa oba okuba ng'omaliiddwamu amaanyi olw'okulaba ekabbo ky'ebiweebwayo nga kikuyita mu maaso biba bikolwa ebireetera okufa. Ebikolwa eby'ekisa oba obuweereza bw'okola ng'omulimu ova mw'onoggya ekitiibwa nakyo kiba kikolwa ekireetera okufa.

Omulimu gwonna ogutalina busobozi bwa kufuulibwa mulamu na mwoyo wa Katonda guba kikolwa ekireetera okufa. Okugeza okubuulira enjiri buli kiseera mu buli kifo eri abantu bona awatali kulumirizibwa kwa mwoyo wa Katonda kuyinza okuba kusuulira mbizzi mayinja ag'omuwendo omungi (Matayo 7:6), n'oyo ananya omunyoomi amala budde (Engero 9:7-8). Omulimu gwonna ogukolebwa mu maanyi ag'omubiri so si amaanyi ag'omwoyo omutukuvu guba kikolwa ekireetera okufa.

Olina okweyerang'a okwekebera embeera yo ey'omwoyo, ebigendererwa byo, n'enkola z'obuweereza olwo weeneye olw'ebikolwa ebikyaamu, n'ensobi zo okumala gatwala ebintu n'ebikolwa ebireetera okufa.

OKUFUNZA:

Bino by'olina okukola nga weetegekera okuzzibwa obuggyga;

- Weetowaze.
- Saba.
- Noonya obwenyi bwa Katonda.
- Kyuka okuva mu makubo go amabi.

Bino Katonda by'ajja okukola ng'addamu;

- "AWULIRA okuva mu Ggulu": Addamu.

- “ASONIWA ekibi kyabwe”: Kuddihjana.
- “AWONYA ettaka lyabwe”: kukomyawo.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Wandiika ennono musanvu ez'okuzzibwa obuggyga egyptagiddwa mu biwandiiko by'Endagaano Enkadde.

.....
.....

3. Kiki ekijuliziddwa mu Baibuli ekinnyonnyola enteekateeka ya Katonda ey'okuzzibwa obuggyga?

.....
.....

4. Wandiika ebintu bina abakkiriza bye balina okukola bwe baba bagenda okufuna okuzzibwa obuggyga.

.....
.....

5. Funza ebintu bisatu Katonda by'anaakola ng'addamu.

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ebirimu mu bubaka bw'okuzuukira mu Ndagaano Empya. Lowooza ku bigambo bya...

Yokaana Omubatiza: Matayo 3:11

Yesu: Makko 1:14-15; Lukka 13:1-5

Peetero: Ebikolwa 2:22-24

2. Osobola okuzuula ennono endala ezaa Baibuli egy'okuzzibwa obuggyga mu biwandiiko by'Endagaano Enkadde? Bwe kiba bwe kityo, zigatte ku ebyo ebiweereddwa mu ssomo lino.
3. Katonda bw'atandika okutambula mu kuzzibwa obuggyga, Sitaani akola olulumba okukomya okutambula omwoyo gwa Katonda. Weekuumbe obulabe buno wammanga ng'ofuna okuzzibwa obuggyga:

-Abakulembeze basobola okuweebwa ekitiibwa era baweebwa ekitiibwa, naye ne batagulumizibwa. Okuzuukira essira ku Katonda.

-Okugezaako okukoppa n'okufuba kw'abantu ebiyinza okukolebwa Katonda yekka. Abantu bagezaako okukoppa Katonda by'akola awalala, nga basuubira okuviraamu ebifaananako bwe bityo.

-Essira lisse ku by'enjawulo oba ebiwuniikiriza. Kino kiggya essira ku Katonda. Essira teririna kuteekebwa ku bantu bangi, amaziga, okwatula, okukyuka, essanyu, okujjumbira, oba okwolesebwa okulala kwonna okw'engeri omuntu gye yeeyisaamu, naye ku Katonda yennyini.

-Okulagajjalira okubuulira n'okusomesa Ekigambo. Toleka Kigambo kukyusibwamu obujulizi bw'abaseeredde oba abapya abakyusiddwa. Toleka wadde enkuinjaana z'okusaba oba ebiseera eby'okusanyuka, nga bwe biri ebikulu, bikutte Ekigambo kya Katonda.

-Okulagajjalira okwewaayo okw'obwannannyini olw'obubaka bw'ofunye mu kuzzibwa obuggyga. Nga bakwatiddwa mu essanyu ly'okulaba Katonda ng'atambula mu bulamu obukwetoolodde, weegendereze oleme okulagajjalira obudde bwo ne Mukama.

-Okugulumizibwa kw'abakkiriza abaggya. Oluusi abakyufu abapya abaleetebwa olw'okuzzibwa obuggyga batenderezewa era n'akuzibwa mangu nnyo mu mulimu gw'obuweereza.

-Amalala n'obuggyga

ESSUULA EY'EKKUMI N'ENNYA

OMUKUNZI

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno oija kuba osobola:

Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

Okulaga ekyokulabirako ky'Endagaano Enkadde eky'omusajja Katonda gwe yakozesa okukunga abalala.

Okufunza embala ezetaagisa ku "Mukunzi"

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Naye baganda bange be nnali nabo ne baleteera emitima gy'abantu okuggwaamu amaanyi olw'okutya, wabula nze nagoberera Mukama Katonda wange n'omutima gwange gwonna (Yoswa 14:8)

ENNYANJULA

Essomo lino litandika essuula ennya ezissa essira ku ngeri Yoswa n'eggwanga lya Isiraeri we bakungibwa okuyingira muu nsi Katonda gye yali abasuubizza. Ekitabo kya Yoswa kirimu ennono nyangi egisobola okuteebwa mu nkola nga bwe mukungibwa okutwala ekyalo, ekibuga, n'eggwanga ku Iwa Katonda.

Essomo lino lissa essira ku kika ky'omuntu Katonda gw'akozesa okukunga abalala. Essuula ey'eckumi n'ettaano eraga okwetegeka okwetaagisa nga tebannakunga kibinja kya bantu. Essuula Ekkumi n'omukaaga erimu "Emisingi Gy'okuyingira." Essuula ey'eckumi n'omusanvu erimu ebiragiyo ku ngeri y'okukola ku kuwangulwa. Essuula ey'eckumi n'omunaana, eriko omutwe "Olugero lw'ebibuga ebibiri," etuwa ennono zaa Baibuli egy'okuwangula banagwano aby'omwoyo.

ENSI YA KANAANI

Kanani ye nsi Katonda gye yali asuubizza okuwa Isiraeri (Yoswa 1:2). Katonda yasuubiza nti tajja kubayiwa nga bwe bakungibwa ne bagenda mu maaso okutwala ettaka (Yoswa 1:5). Ye era yasuubiza okubeera nabo buli we bagenda (1:9). Gano gaali mazima ga kitalo okutwala.

Naye ebisuubizo bino tebyategeeza nti baali ba ddembe okutuula wansi nga tebalina kye bakola. Waaliwo omutendera gw'okukkiriza okukwata...era eddaala erisooka lyatuusa ddala ku mugga Yoludaani. Katonda yagamba abantu nti "Musituke mugende e Yoludaani. Omutendera ogwo ogusooka gulina okutandikibwawo abantu, so si Katonda. Isiraeri yali akimanyi nti baali bagenda kwolekagana n'ebanaggwano n'entalo mu nsi ya Kanani, naye Katonda yali asuubizza okubeera nabo.

Katonda eraasuubizza okubeera n'abo ababunyisa Enjiri mu mawanga g'ensi(Matayo 28:19-20). Asuubizza nti tajja kukulemererwa. Naye kino tekitegeeza nti olina kutuula butuuzi n'otobaako ky'okola.

Olinakukungibwa okutwala ekyalo kyo, ekibuga kyo, n'eggwanga lya ku lwa Katonda. Bw'oba oli mukulembeze, olwo era olina okukunga abalala. Kino kitegeeza nti olina okuzimba abo b'okulembera "okusomoka nabo" n'okutwala ensi, ne bwe kiba nti eddaala lya erisooka, nga erya Isiraeri, lirabika nga liyita mu "mu mugga Yoludaani"

OMUKUNZI

Katonda yagamba Yoswa asituke asomoke Yoludaani atwale ensi ensuubize. Era yamugamba okukunga n'okutwala n'eggwanga lya Isirayiri lyonna (Yoswa 1:2).

Musajja wa ngeri ki alonddebwa okukunga abantu ba Katonda n'okutwala ebyalo, ebibuga n'amawanga Katonda? Ggulawo Bayibuli yo mu kitabo kya Yoswa era ka twekenneenye engeri za Yoswa, omusajja eyakunga abantu obukadde obuwerako okukolera Katonda omulimu. (Kakasa nti buli kiwandiiko okisoma mu Baibuli yo).

Yoswa ekisooka yali mukkiriza. Erinnya lye litegeeza nti "Katonda ye bulokozi." Era yali musajja...

ASOBOLA OKUWULIRA OKUVA EWA KATONDA:

Katonda bwe yayogera, Yoswa yamanya eddoboozi lye. (Yoswa 1:1) .

ASOBOLA OKWERABIRA EBYAYITA:

Yoswa yali musajja eyali asobola okwerabira ebyaliwo. Katonda bwe yagamba nti, "Musa omuddu wange afudde," Yali agamba Yoswa yeerabire ebyayita agende mu maaso ku lwa Mukama.

Yoswa yali ayagala nnyo Musa. Yali aweerezza naye mu lutalo, n'atambula naye mu ddungu, n'asindikibwa okumuketta ensi ya Kanani. Yoswa yali alabye ebyamagero ebinene ku omukono gwa Musa era yali abadde naye ku lusozi Sinaayi nga Katonda abikkula ekitiibwa kye n'awa etteeka eri Isiraeri.

Yoswa butuuufu yali agenda kusubwa Musa! Naye kati nga Musa afudde, Yoswa alina okugenda mu maaso ku lwa Katonda. Ne bw'oba nga wafuirwa kinene kyenkana ki mu biseera eby'emabega, olina okuwulira Katonda ng'agamba leero nti, "Ekintu ekyo kifudde." Werabire eby'emabega ogende mu maaso mu bintu bya Katonda ebipyia!

Pawulo yagamba nti "yerabira ebintu ebyo emabega" (Abafiripi 3:13). Pawulo yalina ebintu bingi ebibi by'alina okukola okweerabira. Yali ayigganya Ekklesia era ng'alaba Siteefano ng'akubwa amayinja n'afa. Naye awo era byali bintu birungi mu biseera bye eby'emabega. Yali alabye ebyamagero ebinene ebikolebwa Mukama era ng'atambula mu mawanga ng'agabuulira Enjiri. Naye yali akimanyi nti okusobola "okugenda mu maaso" mu bintu ebipyia ebya Katonda, yali talina kubeera mu kuwangulwa okwayita.

YAMANYA EBINTU BYE:

Katonda yannyonnyola ebintu bya Isirayiri mu Yoswa 1:3-4. Yoswa yali amanyi bulungi ebintu bye mu Mukama.

Baibuli enyonyola ebintu bingi omukkiriza by'alina okuba nabyo. Obulokozi, ebirabo n'ebibala by'Omwoyo Omutukuvu, ebisuubizo bya Katonda byonna...bino byonna by'olina. Bw'oba ogenda kubisaba n'okukunga abalala okubisaba, olina okusooka okubimanya kye biri.

YALI WA MAANYI ERA MUUVVUMU:

Yoswa yali wa maanyi era nga muvvumu. Yali akikakasizza mu latalo emirundi mingi. Naye era ekyo yali akimanyi Katonda ye yali ensibuko y'amaanyi ge (Yoswa 1:5-6). Weetegereze mu nnyiriri zino nti Katonda awa amaanyi, okubeerawo, okugaba, n'obukuumi. Olina okuba n'endowooza entuufu ("amaanyi era obuvumu") n'ekikolwa ekituufu ("situka, kusomoka, otwale")

YAMANYA EKISUMULUZO KY'OBWANGUZI:

Yoswa yalina ekisumuluzo kimu kyokka eky'okutuuka ku buwanguzi: Ekigambo kya Katonda. Ekigambo y'embeera emu enkulu eya okuyita. Ye mukubiriza era omukunzi w'abantu ow'obwakatonda. Yoswa yali mukozi wa Kigambo, so si muwlizi. Yaweebwa ebiragiro okulung'amyia enneeyisa ye ng'asinziira ku Kigambo era yalina kifumiitirizaako buli kiseera.

Kati singa wabaawo omuntu yenna eyafuna ensonga olw'obutaba na budde bumala kufumiitiriza mu Kigambo, bwe kyali Yoswa. Yali akulembera ekibinja ky'abantu enkumi n'enkumi mu nsi gye yali tamanyi!

Bw'oba oyagala okubeera omukunzi w'abantu omuwanguzi, olina okumala ebiseera mu Kigambo kya Katonda era olungamye obulamu bwo n'obuweereza bwo ng'osinziira ku Kigambo.

YALINA OMWOYO WA KATONDA KU YE:

Yoswa yali musajja Omwoyo wa Katonda gwe yawummulirako:

Mukama Katonda n'agamba Musa nti, "Twala Yoswa mutabani wa Nuuni, omusajja alimu omwoyoa , omusseeko omukono gwo. (Okubala 27:18)

YALI YEESIGA KATONDA:

Yoswa yali musajja eyalina obwesige mu Katonda. Teyagambya nti "tujja kugezaako okuyita." Yagamba nti, "Mujja kusomoka" (Yoswa 1:11).

YALI MUSAJJA W'OKUKIRIZA:

Soma Okubala 13-14. Yoswa ne Kalebu be basajja bokka ababiri abaali bakkiriza nti Isiraeri asobola bawamba Kanani. Yoswa yali musajja wa kukkiriza era ng'azzaamu abalala amaanyi mu kukkiriza. Ekyo yali akimanyi nti okutya kusannyalaza ate okukkiriza ne kukunga.

YALINA OMUTIMA GW'OBUWEEREZA:

Wadde nga Yoswa yali mukulembeze munene, yalina omutima gw'omuweereza. Yali asoose okuyiga obuweereza nga omuvubuka mu weema (Okuva 33:11). Era yayitbwanga "omuweereza" oba "omuweereza wa Musa" (Yoswa 1:1).

YALI AJJUDE AMAGEZI:

Yoswa yali musajja eyajjula amagezi ga Katonda;

Yoswa, mutabani wa Nuuni, yali ajjudde omwoyo ogw'amagezi, kubanga Musa yali yamuteekako emikono gye. Abaana ba Isirayiri ne bamuwulira, ne bakola nga Mukama Katonda bwe yali alagidde Musa. (Ekyamateeka 34:9)

YALI MWANGU OKUSOMESA:

Yoswa yali musajja era nga mwangu okuyigirizibwa. Mu Kubala essuula 11, Yoswa yalaba abantu abalala nga balagula mu linnya lya Mukama. Olw'okuba yali akimanyi nti Musa ye nnabbi wa Katonda, Yoswa yabuuza obanga ye alina okulemesa abalala okulagula. Musa n'addamu nti:

Awo Yoswa mutabani wa Nuuni, omuweereza wa Musa gwe yali yeerondedde ng'akyali muvubuka n'agamba nti, "Mukama wange Musa, baziyize." (Okubala 11:28)

Yoswa teyanyiiga olw'okulagira kuno, naye yakiyigirako.

YALI MUKUBIRIZA W'ABANTU:

Bw'oba oyagala okukubiriza abalala, ggwe kennyini olina okusooka okwekubiriza. Kino Katonda kye yakolera Yoswa mu Yoswa 1:1-9. Olwo Yoswa n'asobola okukubiriza abakulembeze (Yoswa 1:10-15) era n'aba abantu (Yoswa 1:16-18).

YAGOBERERA MUKAMA MU BYONNA:

Yoswa yali musajja eyagobereranga Mukama waffe mu byonna; Yoswa 14:8

YALI AMANYI OKUYIMIRIRA YEKKA

Abasajja abatambulira mu kukkiriza batera okuwakanyizibwa abo abatambulira mu kulaba. Kino kye kyalivo Isiraeri bwe yasooka okutuuka ku nsalo y'ensi yaabwe ensuubize. Yoswa yali amanyi okuyimirira yekka ku lw'ekyali ekituufu, ne bwe kiba nti abalala tebakkiriziganya naye. Soma embooz eno mu Kubala 13-14.

YALINA OBUMANYIRIVU MU NTALO:

Yoswa yali musajja alina obumanyirivu mu ntalo. Omulundi ogusooka ayogerwako mu Byawandiikibwa alwana olutalo n'Abamaleki. (Laba Okuva 17:9-14). Yali yeetaaga obumanyirivu buno okusobola okuwangula abalabe abaali mu Kanani.

Bw'okunga abalala n'obakulembera mu bisuubizo bya Katonda, wajja kubaawo ebinene by'olina okwolekagana nabyo n'entalo ez'okulwana. Leero, Katonda ajja kutukozesa ng'abakunzi abo abalina obumanyirivu mu ntalo z'omwoyo.

YALINA ENSISINKANO EYANAMADDALA NE KATONDA:

Nga myaka gye egy'obuto, Yoswa yafuna ensisinkano ne Katonda:

Mu kiseera ekyo ne ndagira Yoswa, ne mmugamba nti, "Ebyo byonna Mukama Katonda wammwe byakoze bakabaka abo ababiri obyerabiddeko n'amaaso go gennyini. Bw'atyo Mukama bw'alikola obwakabaka bwonna obuli eyo gye mugenda. Temubatyanga; kubanga Mukama Katonda wammwe yennyini y'anaabalwaniriranga." (Ekyamateeka 3:21-22)

Tojja kusobola kwolekagana na mulabe n'okukunga abalala ku musingi gw'obumanyirivu bw'omulala mu by'omwoyo. Yoswa yalina okumanya nti Katonda yali naye nga bwe yali ne Musa.

YAFUKIBWAKO AMAFUTA KATONDA:

Ekyamateeka 34:9 eraga nti Musa yassa emikono gye ku Yoswa n'amufukako amafuta okukulembera eggwanga lya Isiraeri. Okubala 27:18 ne 22 biraga nti Musa yafuka amafuta era n'alagira Yoswa okuweereza Mukama.

Omusajja omukunzi w'abalala alina okusooka okufukibwako amafuta n'okulagirwa Katonda. Amafuta ago ge gakuzimba kulw'omulimu gw'obuweereza:

Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe (Lukka 4:18)

YALI ASISINKANYE EKITIIBWA KYA KATONDA:

Wayiga mu ssuula eziyise ku bukulu bw'ekitiibwa kya Katonda. Yoswa yali musajja eyali alabye ekitiibwa kya Katonda:

**Musa n'asituka, n'omuweereza we Yoswa...era Musa n'alinnya mu olusozi lwa Katonda.
N'ekitiibwa kya Mukama ne kibeera ku lusozi Sinaayi...N'okulaba... ekitiibwa kya Mukama
kyali ng'omuliro ogwokya...(Okuva 24:13 ne 17)**

ENJAWULO Y'OMUKUNZI

Obulamu bwa Yoswa bwakwata nnyo ku abo abaali bamuli okumpi ne kiba nti ne bwe yamala okufa, abakulembeze n'abantu be yatendeka beeyongera okuweereza Katonda:

**Abayisirayiri ne bawerezanga Mukama mu kiseera kyonna ekya Yoswa era ne mu kiseera
kyonna eky'abakulembeze abaawangaala okusinga Yoswa era abaalaba ebikolwa eby'amaanyi
Mukama bye yakolera Abayisirayiri. (Abalamuzi 2:7)**

Oyagala obulamu bwo bukole enjawulo ey'ekika ekyo? Kino kye kika ky'omuntu Katonda ky'akozesa ng'omukunzi w'abantu. Obulamu bwo bupima butya? Yoswa yali musajja eyali...

-Asobola okuwulira okuva eri Katonda

-Asobola okwerabira eby'emabega

-Yamanya ebintu bye

-Yali wa maanyi era nga muvumu

-Amanyia ekisumuluzo ky'obuwanguzi

-Yali alina Omwoyo wa Katonda ku ye

-Yali alina obwesige mu Katonda

-Yali musajja wa kukkiriza

-Yali omutima gw'obuwereza

-Yali ajjudde amagezi

-Yali mwangu okusomesa

-Yali mukubiriza w'abasajja

-Yagoberera ddala Mukama

-Yali amanyi okuyimirira yekka

-Yali alina obumanyirivu mu ntalo

-Yalina ensisinkano ne Katonda eyannamaddala.

-Yafukibwako amafuta Katonda

-Yali amanyi ekitiibwa kya Katonda

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Laba ekyokulabirako ky'Endagaano Enkadde eky'omusajja Katonda gwe yakozesa okukunga abalala.

.....
.....

3. Wandiika embala ezeetaagisa ku "Mukunzi"

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ekitabo kya Yoswa okumanya ebikwata ku nsonga eno n'enya eziddako.
2. Ojja kusanga omuntu omu omukulu mu kitabo kya Yoswa ye musajja ayitibwa Kalebu. Yali musajja akungiddwa obulungi. Yakubirizibwa okutwala olusozi ku lwa Katonda!

Kalebu yasooka kugenda e Kanani ng'akulemberwa Musa kyokka mu kiseera ekyo teyalina biragiro okutwala olusozi. Kalebu bwe yaddayo e Kanani ng'akulemberwa Yoswa, ye yali akimanyi nti ateequa okwesigama ku Katonda. Yali asengukira mu kitundu ky'atamanyi gye yali abadde omulundi gumu gwokka emyaka 45 emabega. Naye Kalebu yali yeetegese mu myaka egy'eddungu. Yali mwetegefu mu birowoozo era ne mu mubiri. Yagamba Yoswa nti yali mwetegefu ku myaka 85 nga bwe yali ku myaka 40.

Kalebu yali mwetegefu mu nneewulira. Okwegomba kw'omutima gwe kwali kwa musajja ow'emyaka 35. Yali ayagala olusozi olwo! Okumala emyaka 45, Kalebu yali asitudde ekirooto kye, okuyita mu bulwadde, okulumwa omutima n'okulwana okumala emyaka musanvu mu nsi ensuubize. Yali tafiiwangako bwagazi okutwala ebintu bye.

Kalebu yali mwetegefu mu by'omwoyo. Ebyawandiikibwa biraga nti yali "agoberera mu bujuvu" Mukama. Enteekateeka esinga obulungi ey'okukuma "olusozi" kwe kubeera omuwulize eri Katonda mu buli kitundu ky'obulamu.

Ate "olusozi" lwo olw'omwoyo? Kitundu ki ky'oyagala okutwala ku lwa Katonda? Kirooto ki ky'okutte mu mutima gwo? Kyandiba nti Katonda akulinze okwetegekera mu birowoozo, mu mubiri, mu nneewulira, ne mu by'omwoyo. Lowooza ku ngeri gy'oyinza okukolamu kino.

ESSUULA EY'EKKUMI N'ETTAANO

ABAKUNGIDDWA

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ebyokulabirako bina eby'obutonde eby'amazima ag'omwoyo ageetaagisa okukunga.
- Okuwandiika ensonga ssatu lwaki abakkiriza tebagenda mu maaso okuva ku "mata" okudda ku "nnymama" y'Ekigambo kya Katonda.
- Okunnyonnyola engeri omukkiriza gy'ayinza okuva ku "mata" n'adda mu "nnymama" y'Ekigambo kya Katonda.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebantu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu by'omwoyo.
Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa,
by'ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda.
(Abaebbulaniya 6:1)

ENNYANJULA

Mu ssuula esembayo wayiga ebisaanyizo by'omusajja alina okubeera omukunzi w'abantu ba Katonda. Si bona nti bayitibwa kubeera bakulembeze, naye buli omu ku ffe asobola okuba "Yoswa" mu mwoyo n'okwolesebwa embala ezifaanagana.

Buli mukulembeze alina okuba n'abagoberezi. Abantu ba Katonda balina okukungibwa okugoberera abakulembeze ba Katonda oba wajja kubaawo okutabulwa n'obutabanguko. Mu ssomo lino, ojja kuyiga engeri y'okukunga mu by'omwoyo abantu ku lwa Katonda. Mu Ssuula ey'ekkumi n'omwenda ey'omusomo guno, ojja kuyiga ebikwata ku kukunga abantu nga bw'osoma "Okukunga Okusinziira ku birabo."

ABANTU ABAKUNGIDDWA

Ebuntu bina eby'enjawulo byaliwo okukunga Isiraeri okuwangula Kanani. Ebuntu bino ebina, nga bino byokulabirako eby'obutonde eby'amazima ag'omwoyo, bijja kukukunga kinnoomu era bikusobozese okukunga abalala awamu. Bino olina okubifuna kinnoomu nga tonnatwala mulabe ng'awambye

ekitundu ky'obulamu bwo. Ekiina ky'ekkanisa kirina okulaba bino mu kitongole nga tebinnabaawo okukungibwa okutwala ebitundu omulabe bye yali awambye eby'ekyalo kyabwe, ekibuga kyabwe, oba eggwanga lyabwe. Sooka osome Yoswa essuula 5 nga tonneyongerayo.

OMUSAAYI:

**Awo Abayisirayiri bwe baali bakyasiisidde e Girugaali embaga ey'Okuyitako n'etuuka era ne bagirya akawungeezi ku lunaku olw'ekkumi n'enya olw'omwezi, mu lusenyi lw'e Yeriko.
(Yoswa 5:10)**

Isiraeri yakuzanga Embaga ey'Okuyitako okujjukira okununulibwa kwabwe okuva mu kibi. Okuyitako kwogera ku "omusaayi ogusiigibwa." Okusobola okukungibwa ku Iwa Katonda, olina okusooka okusiigibwa omusaayi mu bulamu bwo. Mu mwoyo, okusobola okulaba Embaga ey'Okuyitako olina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri okuyita mu kufa kwa Yesu ku musaalaba gwa Kalivariyo. Omusaayi gwe gulina okusiigibwa mu bulamu bwo okukununula okuva mu okufa kw'ekibi.

AKAMBE:

Weekenneenyne Yoswa 5:2-9 eyogera ku kintu ekirala ekyaliwo mu kukunga abantu ba Katonda. Ke akabonero akalaga "okukomolebwa." Abasajja bona aba Isiraeri baali ba kukomolebwa ng'akabonero akalaga endagaano wakati waabwe ne Katonda. Kino kyatandikibwawo mu kiseera kya Ibulayimu naye nga tekinnateekebwawo ekolebwa mu kiseera ky'okutaayaaya mu ddungu. Olw'ensonga eno omulembe omuggya ogw'Abaisiraeri baali tebaakomolebwanga era tebaatekebwako kabonero ka ndagaano. Isiraeri yali yeetegekera okulwana n'amawanga ga Kanani, naye mu kiseera kino, Katonda yalagira okukomolebwa. Olw'okukomola omubiri gwabwe, beelema mu maaso g'omulabe.

Abantu abagenda okukungibwa ku Iwa Katonda balina okwetikka obubonero bw'enkyukakyuka ku bulamu bwabwe. Ng'abakkiriza, tetukyakomola mubiri, naye tulina okukomolebwa mu mutima.

Mu ye mwakomolebwa, bwe mwaggibwako okwegomba kw'omubiri, naye si okukomolebwa okw'engalo z'abantu, wabula mu kukomolebwa okwa Kristo. (Abakkolosaayi 2:11)

Okukomolebwa kwaffe kwa mwoyo era kwa mutima mu kifo ky'omubiri. Naye bw'oba okomoleddwa mu mutima wajja kubaawo obubonero obw'ebweru nga Isiraeri bwe yakomolebwa mu mubiri. Ojja kweyisa, kwogera, n'okubeera mu bulamu obw'enjawulo. Obulamu bwo bujja kuba n'obubonero bw'enkyukakyuka obw'endagaano yo ne Katonda:

Okweyisa ng'Omuyudaaya ate nga wakomolebwa, tekikufuula Muyudaaya yennyini. Okuba Omuyudaaya yennyini otekwa okugondera amateeka. Okukomolebwa okutuufu kwe kukomolebwa okubaawo mu mutima, so si okw'omubiri. Omuntu ng'oyo atenderezebw Katonda, so si abantu. (Abaruumi 2:28-29)

Bw'oba ow'okukungiddwa ku lwa Katonda, obulamu bwo bulina okuba n'obubonero bw'enkyukakyuka. Totya "akambe" ak'Ekigambo kya Katonda nga bwe kassaako akabonero ku bulamu bwo. Okuvumibwa kwa Misiri (ekibi) kulina okuyiringisibwa. Mulina okuggyawo obucaafu bw'omubiri.

Nga bw'osiisira mu kisiikirize kyennyini eky'omulabe wo, olina okukimanya nti tosobola kulwana mu mubiri. Olina okulemesa omubiri gwo n'okwesiga amaanyi ga Katonda omuyinza w'ebintu byonna gokka. Ensi ejja kuyingirwa era efugibwa mu bunafu bw'omubiri bwokka ne mu maanyi g'omwoyo.

Okukomola kuno okw'omutima kwa mirundi ebiri. Katonda alina ekitundu mu kyo:

Mukama Katonda wo alikomola omutima gwo, n'omutima gwa bazzukulu bo, bw'otyo oyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, olyoke obeerenga omulamu. (Ekyamateeka 30:6)

Katonda akukyusa, naye era olina obuvunaanyizibwa mu kukomolebwa:

Mukoowoole Mukama, mweweeyo mutukuze emitima gyammwe mwe abantu ba Yuda ne Yerusaalemi, obusungu bwange buleme okubuubuuka ng'omuliro, olw'ebikolwa byammwe ebibi, ne wataba ayinza kubuzikiza." (Yeremiya 4:4)

Olina okwetukuza okuva mu bucaafu bw'omubiri. Kikulu okujjukira nti ggwe tayinza kukola kitundu kyo okutuusa ng'akoze ekitundu kye. Ekyo kyandibadde kugezaako kwetereeza. Nga tonnaba kukunganyizibwa kuweereza, olina okuba n'akabonero ka Katonda ku ggwe. Soma Okuva 4:24-26. Musa bwe yali akomawo okununula Isiraeri okuva e Misiri, malayika n'amuyimiriza. Teyali mwetegefu kununula bantu ba Katonda kubanga teyasitula bubonero bwa ndagaano obulamu bwe yennyini. Oluvannyuma lw'okukomolebwa, Musa yakunjaanyizibwa okukolera Katonda omulimu ogw'amaanyi. okuweereza abalala obulamu bwo bulina okusooka okubeera n'obubonero bw'enkyukakyuka.

EBIBAALA:

Soma Yoswa 5:9-12 . Emmaanu Isiraeri gye yalya mu ddungu yalekera awo okugwa n'abantu nebatandika okulya ku bibala bya Kanani. Emmaanu yasindikibwa okuva eri Katonda era yali nkulu mu kiseera kyayo. Yali egaba ebyetaago ebisookerwako era nga esaanira olugendo lw'eddungu, Naye kat kyalii kiseera kya kusenguka ku bibala by'ensi. "Ekibala" kino kyogera ku kukula mu by'omwoyo:

Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu by'omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda.
(Abaabbaniya 6:1)

Okusobola okukungibwa ng'eggye lya Katonda, abantu balina okugenda mu maaso okuva ku misingi gy'okutambula kw'Ekikristaayo mu kukula mu by'omwoyo. Balina okuva ku "mata" ne bagenda ku "nnyama" y'Ekigambo kya Katonda. Nga bwe kiri nti...

manna, "amata" g'Ekigambo kikulu:

Ng'abaana abaakazaalibwa bwe beegomba amata, nammwe mwegombenga amata ag'omwoyo, muganywenga mukule era mulokolebwe. (1 Peetero 2:2)

Naye abaana abato abaakazaalibwa tebakungibwa ne basindikibwa mangu okukola olutalo. Balina okugenda mu maaso eri "ennyama." Waliwo ensonga ssatu lwaki abakkiriza tebava ku "mata" ne bagenda ku "nnyama" ye Kigambo kya Katonda

Ekisooka, tebalina bukugu mu Kigambo kya Katonda:

Kubanga omuntu bw'aba ng'akyanywa mata, aba akyali mwana muto. Aba tannategeera kigambo kikwata ku by'obutuukirivu. (Abaebbulaniya 5:13)

Eky'okubiri, tebasa mu nkola ebyo ebibayigiriziddwa.

Newaakubadde nga kaakano mwandibadde musobola okuyigiriza abalala, kyetaaga okuddamu okubayigiriza, ebintu ebya bulijjo eby'amazima ebikwata ku kigambo kya Katonda. Mwetaaga mata so si mmere enkalubo ey'abakulu. (Abaebbulaniya 5:12)

Katonda tagenda kukuwa magezi mapya ku Kigambo kye okutuusa ng'okozesezza byewayiga edda.

Ekyokusatu, ba mubiri. Pawulo yagamba Ekkanisa y'e Kkolinso nti:

Nange abooluganda ssaasobola kwogera nammwe ng'ab'omwoyo, naye nayogera nammwe ng'ab'omubiri era ng'abaana abawere mu Kristo. Nabanywesa mata so si mmere enkalubo, kubanga mwali temunnagisobola. Naye era ne kaakano temunnagisobola, kubanga mukyafugibwa mubiri. Naye obanga mukyalimu obuggy a n'ennyombo, temufugibwa mubiri era temutambula ng'abalina empisa z'abantu obuntu? (1 Abakkolinso 3:1-3)

Oyinza otya okuva ku mata n'odda ku nnyama y'Ekigambo?

Okusooka, olina okwagala amata g'Ekigambo okukula (1 Peetero 2:2). Nga bw'oweetekamu empisa beera muwulize eri amata g'Ekigambo, ojja kusobola okufuna ennyama y'Ekigambo. (Jjukira nti Abakkolinso ab'omubiri tebaakozesa Kigambo era tebasobola kugenda ku "ennyama").

Ekiddako, olina okwewaayo okunoonya ennyama. Soma Engero 2:1-5. Bw'oba onoonya ennyama y'Ekigambo n'okwewaayo kwe kumu okwogerwako mu kitundu kino, ojja kukisanga. Empisa yo ku nkomerero kujja kuvaamu okusanyukira mu nnyama y'Ekigambo. Ebyawandiikibwa bijja kufuuka "ekisanyusa emmeeme yo" (Engero 2:10).

EKITALA:

Soma Yoswa 5:13-15. Essaawa y'okulwana gye yakoma okusemberera, Yoswa gye yakoma okuwulira obuvunaanyizibwa ku lutalo olugenda okubaawo. Yoswa bwe yalaba omusajja ng'akutte ekitala yabuuza nti, "Oli ku lwaffe oba ku lw'abalabe baffe?" Yoswa yalaba enjuyi bbiri zokka, oludda lwe n'olw'omulabe.

Omusalija oyo yeeyita omulangira w'eggye lya Katonda. Ekitala kye ekyali kisonze kyali kabonero akalaga ensonga eyo nti olutalo lwali lwa Mukama era nga lwandirwanibwa ku musingi gw'Ekigambo kye. Olutalo lwonna olwalwanibwa okutuukiriza ebisuubizo bya Katonda lutalo lwa Katonda era lulina okulwanibwa mu ngeri ye. Yoswa yali yagambibwa okuggyamu engatto kubanga yali ku ttaka ttukuvu. Nga bwe mukungibwa ku lwa Katonda, naawe ku ttaka ly'okununulibwa, naye nga bakyatunuulidde omulabe.

"Omulangira w'eggye lya Katonda" mukwano gwo oba mulabe wo? Okusobola okukungibwa mu mazima ku lwa Katonda olina okujja mu maaso ge nga Yoswa bwe yagamba nti, "Mukama wange ayogera ki eri omuddu we?" Eky'okuddamu kyo kijja kusangibwa mu "kitala ekisonseddwa" eky'Ekigambo kye.

EBINTU EBINA EBIRAGA OKUKUNGA

Yoswa 5 awandiika engeri abantu gye beetgekeramu okukolera Katonda omulimu. Bw'ossa mu nkola essomo lino mu by'omwoyo, okizuula nti abantu abakungiddwa balina okutukuzibwa omusaayi, okubeera n'obubonero bw'okukyuka mu bulamu bwabwe, okukyuka okuva mu maanu okudda mu kibala (amata okudda mu nnyama y'Ekigambo kya Katonda), era ne bayingira mu kitundu ky'omulabe nga basinziira ku kitala eky'Ekigambo kya Katonda

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Nnyonnyola ebyokulabirako bina eby'obutonde eby'amazima ag'omwoyo ageetaagisa okukunga.

.....
.....

3. Wandiika ensonga ssatu Iwaki abakkiriza tebagenda mu maaso okuva ku "mata" okutuuka ku "nnyama" y'Ekigambo kya Katonda.

.....
.....

4. Nnyonnyola engeri omukkiriza gy'ayinza okuva ku "mata" n'adda mu "nnyama" y'Ekigambo kya Katonda.

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Engero 2:1-5 eraga akakodyo k'okuzuula "ennyama" y'Ekigambo kya Katonda. Soma kino olunyiriri luno era ofunze akakodyo kano mu bigambo byo:

Kino oyinza otya okukikozesa mu bulamu bwo?

ESSUULA EY'EKKUMI NO MUKAAGA ENNONO Z'OKUYINGIRA

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okufunza ennono z'okuyingira mu ezawandiikibwa mu kitabo kya Yoswa.
- Okukunga abalala okussa mu nkola ennono zino.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Abantu nga 40,000 abaali beetegese okulwana ne bayita mu maaso ga Mukama okugenda mu lutalo, okutuukamu biwonvu eby'e Yeriko. (Yoswa 4:13)

ENNYANJULA

Abantu emitwalo amakumi ana baakungibwa Yoswa, omukunzi ow'amaanyi. Baayita ku mugga Yoludaani nga beetegekedde olutalo. Abasajja n'abakazi bano tebaakoma ku kuva kwabwe okuva e Misiri (kwe kugamba akabonero k'ekibi). Baasomoka ne bagenda mu nsi yaabwe ensuubize okutwala ebyo byonna ebyabwe.

Okuva mu kibi kitundu kyokka ku nteekateeka ya Katonda gy'oli. Era ayagala kukuleeta "mu" mu ensi esuubizibwa ey'emikisa gye n'ebisuubizo bye. Ayagala okukufuula Omukristaayo omuwanguzi, akukungiddwa okuwangula omulabe n'okutwala ebibuga n'amawanga ku lwa Mukama.

Mu bufunze Musa ku nteekateeka ya Katonda yali nti:

Era yatufulumya...alyoke atuyingiza. (Ekyamateeka 6:23)

Mu Okuva, Katonda yayawulamu amazzi g'ennyanja Emmyufu okuggyga abantu be mu nsi ey'obuddu mu Misiri. Mu Yoswa, Katonda yayawulamu amazzi g'omugga Yoludaani okuleeta abantu be mu Kanani, ensi ey'omukisa.

Ebintu Isirayiri bye yayitamu mu lutalo mu Kanani byakulabirako bya butonde ebiyinza okukozesebwa mu bulamu bwo obw'omwoyo:

Kubanga ebyawandiikibwa byonna edda, byawandiikibwa kutuyigiriza, tulyoke tugumiikirizenga era tuzzibwemu amaanyi, ate tube n'essuubi. (Abaruumi 15:4)

Mu ssomo lino ojja kusoma ennono z'okuyingira Isirayiri gye yakozesa okuwangula Kanani. Ennono zino ziyinga okukozesebwa okuyingira mu kyallo kyo, ekibuga kyo, oba eggwanga lyo ku lwa Katonda.

EKIFO W'OTADDIRA MABEGA

Isiraeri yali ebadde ku nsalo ya Kanani emabegako (laba Okubala 13 ne 14). Bw'otuuka ku ensalo ya Kanani, oba ojja kukungibwa ogende mu maaso oba ojja kudda mu eddungu ery'okutaayaaya mu by'omwoyo.

Yisirayiri bwe yajja ku nsalo ya Kanani omulundi ogwasooka, baagamba nti "tetusobola kutwala ettaka...omulabe atusinga amaanyi" (Okubala 13:31). Obutakkiriza bujja kukukuma nga totambula ku omusingi gw'ebisuubizo bya Katonda. Okufaananko Isiraeri, bw'otya era nga tokkiriza otandika:

-Okunakuwala: Okubala 14:1

-Okwemulugunya: Okubala 14:1

-Okutunula emabega: Okubala 14:2

-Okwebuuza ebibuuzo: Okubala 14:3

-Okujeema: Okubala 14:4

Obutakkiriza bwa Isiraeri bwaleeta okuggwaamu amaanyi, oluvannyuma okuggwaamu essuubi, oluvannyuma n'obujeemu nga ne baddayo mu ddungu.

Naye ku mulundi guno kyali kya njawulo. Abantu emitwalo amakumi ana abaali beetegerekera olutalo ne bayita ku Yoludaani. Obubaka eri Yoswa "situka ogende ku Yoludaani" bwaweebwa mu kiseera nga tekisoboka mu eby'obutonde. Kyali kiseera kya mataba, era amazzi gaali mawanvu nnyo era nga magazi. Naye Yoswa teyakola okwesikamu. Yatambuza Isiraeri okutuuka ku lubalama lw'Omugga.

Oyinza okwolekera "Omugga Yoludaani" mu bumanyirivu bwo obw'omwoyo. Kirabika nga kizito nnyo n'obugazi kigazi era tomanyi ngeri gy'onoosobola okusomoka n'okutwala ebisuubizo bya Katonda ku obulamu bwo n'obuweereza. Naye Katonda agamba nti "situka ogende."

Bw'ewekunga n'ogenda wala nga bw'osobola, Katonda aija kukola ebisigadde mu ngeri esukkulume ku butonde. Ggwe tojja kukoma ku kusomoka busomosi, naye osobola okutwala "abalala" nga Yoswa bwe yalagirwa okukola. Bulijjo jjukira nti Katonda tajja kukusaba kukola kintu kyonna nga tatumye

kubeerawo kwe mu maaso go. Essanduuko, eyali eraga okubeerawo kwa Katonda, yasomoka mu maaso ga Isiraeri.

Abaisiraeri beewaayo bwe baasomoka omugga Yoludaani ogwawulwamu ne bagutunuulira okumpi emabega waabwe. Baali mu kiseera ekitali kya kudda. Wano Katonda w'ayagala okukuyisaamu okuyita mu kusoma kwo ku kkoosi eno

ENNONO Z'OKUYINGIRA

Isiraeri bwe yamala okusomoka Yoludaani n'eyingira e Kanani, tusanga bbugwe w'ebibuga ng'agwa olw'okuleekaana kwabwe, amawanga nga gakankana olw'okubeerawo kwabwe, ne bakabaka abalabe wansi w'ebigere byabwe. Nnono ki ez'omwoyo ezakyusa ekibinja kino eky'abataayaaya, abantu bano abajeemu, abeemulugunya okufuuka abalwanyi ab'amaanyi eddoboozi lyabwe lyokka ne lisuula ekibuga ekinene?

Bwe baamala okutuuka e Kanani, Yoswa teyakola kakiiko kateesa ku nteekateeka z'olutalo. Abantu tebaakola kunoonyereza ku ndowooza ku bye balina okukola. Tebaalonda. Baali bayize essomo lyabwe omulundi ogwasooka nga bazze ku nsalo ya Kanani (laba Okuva 13 ne 14). Mu kifo ky'ekyo, Isirayiri yagenda mu maaso ku kiragiro kya Katonda ng'ekibinja ekujnjiddwa, n'atwala ettaka eri Katonda. Ennono z'olutalo ze baakozesa osobola okuzikozesa mu by'omwoyo mu bulamu bwo ne mu buweereza bwo.

Ennono zino wammanga ez'okuyingira mu giggiddwa mu ntalo ennene eziwandiikkidwa mu kitabo kya Yoswa. Mu bino mulimu...

-Kawefube ya wakati: 6:1-8:35

-Kawefube w'obugwanjuba: 9:1-10:43

-Kawefube w'obukiakkono: 11:1-15

WEETEGEKERE OLUTALO:

Ennono esooka kwe kwetegekera olutalo nga tonnayingira mu kitundu ky'omulabe. Wasoma dda ebikwata ku nteekateeka ya Yoswa n'abantu mu misomo 13 ne 14. Isiraeri yali ekunjiddwa era nga Katonda yalagira:

Nga bwe nasuubiza Musa, buli we munaalinnyanga ekigere, mbawaddewo. (Yoswa 1:3)

Katonda yali abawadde ettaka, naye nga balina ekitundu ekyo kyokka kye baali baatwala. Okusoma Yoswa 1:1-9. Abantu baategeera nti obuvunaanyizibwa bwabwe bwali bwa:

-Okuyimuka: 1:2

-Genda Ku:	12
-Okuba ab'amaanyi:	1:6-7,9
-Okubeera abavumu:	1:6-7,9
-Obutatya:	1:9
-Obutaggwaamu maanyi:	1:9
-Mugabanyaamu n'okutwala obusika bwabwe:	1:6
-Kozesa Ekigambo okusobola okutuuka ku buwanguzi:	
-Okukyeetegereza:	1:7-8
-Okukikola:	1:7-8
-Obutakivaako:	1:7
-Okukyogera:	1:8
-Okukyefumiitirizaako:	1:8
-Okukigondere mu bujjuvu:	1:8

(Weetegereze nti okusobola okwetegereza n'okukola okusinziira ku Kigambo kiva mu kwogera n'okufumiitiriza ku kyo.)

Obuvunaanyizibwa buno bwe bumu bubwo nga bwe wekungaanya okuyingira mu kitundu ku lwa Katonda Katonda. Isiraeri era yali okutegeera obulungi obuvunaanyizibwa bwa Katonda:

Yoswa Essuula 1:

-Yandibawadde ettaka:	1:2-4
-Tewali muntu yali asobola kubalemesa:	1:5
-Yandibadde nabo:	1:5
-Teyandibalekulidde:	1:5
-Teyandibalese:	1:5
-Yandibadde nabo buli wamu:	1:9
-Yandibagabidde mu kigambo kye:	1:7-8

Bino bye bisuubizo bya Katonda eri abo abakungiddwa era abeetegese okutwala amawanga gaabwe ku lwa Katonda.

MANYA OMULABE WO:

Mu Yoswa, omulabe yali Bakanani. Katonda yali alaze abalabe era n'awa obukodyo obutongole mu Eby'Abaleevi essuula 18 ne Ekyamateeka 12:31; essuula 7, era 20:16-18.

Ekigambo kya Katonda kiraga nti abalabe bo y'ensi, omubiri, ne Omulyolyomi. Baibuli erimu ebiragiro bingi ebitongole ebikwata ku ngeri y'okwangangamu amage gano ag'omulabe. Okubeera omuwanguzi mu kuyingira mu nsi, olina okumanya omulabe wo, Sitaani, n'engeri gy'oyinza okumukwatamu. Bw'oba nga tmanyi ntalo za mwoyo, funa omusomo gwa Harvestime International Institute ogulina omutwe "Enkola z'Omwoyo: Ekitabo Ky'olutalo Iw'omwoyo."

TEGEERA EKIFO KY'OMULABE:

Bw'oba ogenda okuzuula omulabe wo, oteekwa okuba ng'oyolekedde ye, so si kudduka mu kutya. Totya ku obunene bw'amage g'omulabe. Bw'otandika okugenda mu maaso mu kukkiriza, oija kusanga ng'omukono gwa Katonda guli ku luddwa lwo! Kino kye kitegeeza okukunga abantu.

Soma olutalo lwa Isiraeri n'omukago gwa bakabaka bataano mu Yoswa 10. Bakabaka ba Yerusaalemi, Kebbulooni, Yalumusi, Lakisi, ne Eguloni bona beegatta ku Isiraeri. Olutalo Iwennyini Iwe Iwogerwako mu Yoswa 10:6-11. Katonda yayingirawo n'akola ekyamagero ekinene eri Isiraeri. Osobola okusoma ku kyo mu Yoswa 10:12-15. Abakanani baasinzanga enjuba n'omwezi. Nga enjuba n'omwezi yayimirira ku lwa Isiraeri, ne bakitegeera nti Katonda wa Isirayiri yali mukulu okusinga bakatonda baabwe.

Bakabaka baabwe abataano, abaali beekwese mu mpuku, ne baggyibwayo era Yoswa n'agamba abasajja ba Isirayiri bateeke ebigure ku bulago bwabwe. Kino kyakozesewanga ng'ekyokulabirako eky'obutonde, ekirabika eky'ekifo ky'omukkiriza eri omulabe. Omutwe gwa Sitaani Yesu yagubetenta e Kalvario. Yesu ye mutwe gw'ekkanisa, ffe tuli mubiri gwe. Singa Sitaani ali wansi w'ekisinziiro kye, nga bwe kyasuubizibwa mu Olubereberye 2:14-15, olwo naye ali wansi ebigure byaffe. Bwe wabaawo abalabe b'ensi n'omubiri ebikwese mu bulamu bwo, bafulumye era obengange. Oluvannuma, mu kwogera mu by'omwoyo, teeka ebigure byo ku bulago bw'omulabe era omuwangule.

NOONYA OKUKAKASIBWA KW'OKUBEERAWO KWA KATONDA:

Essanduuko, akabonero k'okubeerawo kwa Katonda, yagenda mu maaso ga Isiraeri mu Mugga Yoludaani n'etambula mu maaso gaabwe mu latalo. Isiraeri bwe yayonoona, nga bwe baakola e Ayi (Yoswa 7), okubeerawo kwa Katonda kwavaawo ne bawangulwa omulabe. Bulijjo kakasa nga mukungiddwa n'okubeerawo kwa Katonda kugenda mu maaso gammwe. Bwe wabaawo ekibi mu bulamu bwo, kikoleko. Ekibi kyawukanya ku kubeerawo kwa Katonda.

KIMANYE NTI OLUTALO LWA KATONDA:

Enfundu n'enfundu, Katonda yagamba Yoswa ne Isiraeri nti "olutalo Iwa Mukama...Muleekaane kubanga Mukama abawadde ekibuga...ensi ngiwaddeyo mu mikono gyammwe." Gamba "abasajja bo ab'emmundu mu latalo" nti Katonda abawadde obuwanguzi okutuusa omwoyo gwa kino lwe guyingira mu baserikale abali mu kutuukiriza olutalo. Tebajja kutwala nsi nabitone byabwe, obusobozi bwabwe n'obukugu bwabwe. Olutalo Iwa Mukama!

TEWEESIGAMA KU NSONGA Z'ABUTONDE:

Singa Yoswa yali yeesigamye ku ndowooza ye ey'obutonde, teyandigezezzaako kuwamba Yeriko nga batambula okwetoloola, nga baleekaana, era nga bafuuwa amayembe. Nga bw'okunga eggye ly'omwoyo eri Katonda, ggwe olina okukimanya nti amakubo ge si makubo go. Embeera ne bw'erabika ng'ey'obusirusiru etya mu butonde, bulijo olina okwesiga Katonda:

Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammwe era n'amakubo gammwe si ge makubo gange, bw'ayogera Mukama. (Isaaya 55:8)

Kubanga obusirusiru bwa Katonda businga amagezi g'abantu, n'obunafu bwa Katonda businga abantu amaanyi.

Naye Katonda yalonda ebisirusiru eby'ensi, akwase abagezi ensonyi; era Katonda yalonda ebinafu eby'ensi, akwase ab'amaanyi ensonyi,

waleme kubaawo muntu n'omu eyeenyumiriza mu maaso ga Katonda. (1 Abakkolinso 1:25,27,29)

Buli Yoswa lwe yasinziiranga ku ndowooza ze ez'obutonde, yafunanga ebizibu. Soma emboozi y'omukago n'Abagibyon mu Yoswa 9:1-27 ekiraga ensonga eno. Mu mbeera eno, Yoswa yali alimbibwa olw'endabika. Gezesha buli kimu ekikujjira ova okuva mu bintu ebisukkulumye ku butonde ova ekifo eky'obutonde nga kyesigamiziddwa ku Kigambo kya Katonda, okusaba, n'obujulizi obw'omunda obw'emirembe.

Tojja kusobola kutegeera nsibuko ya buli kintu olw'endabika, kubanga obulimba bukozesebwaa mulabe. Yoswa yali mu bwangu bungi nnyo. Okukunga abantu tekitegeeza kufubutuka mu maaso awatali kulungamizibwa Katonda. Bw'oba obuusabuusa, lindako!

KOLA OKULUMBA OKUSINGA OKWEKUUMA:

Yoswa teyalinda mulabe kulumba. Yakola entalo ez'okulumba okusinga okwekuuma entalo. Abakkiriza bangi obulamu bwabwe bwonna babumala nga balwanagana n'obulumbaganyi bw'omulabe okusinga okulwana entalo ez'ebi'omwoyo ezirumya n'okutwala "ensi ensuubize" yaabwe.

BEERA MUTAMBUZE:

Omutambuze," aba atambula buli kiseera. Tateekebwa mu makubo ge, okwenyigira mu nsonga z'ensi, oba okubeera mu buwanguzi oba okuwangulwa okwayita. Ali ku mugendo lwa Katonda, buli kiseera ng'agamba nti alina ekitundu ekipya. Yoswa yali atambula mu ngeri ey'obukodyo mu Kanani. Yali buli kiseera nga atambula, ng'ayingira mu bitundu ebipyga, nga bakunga amagye, nga bakolera ku biragiro ebipyga okuva eri Katonda.

Baibuli ewandiika nti Ekkansa eyasooka yali etambula mu ngeri ey'obukodyo. Bammemba baayo baagenda buli wamu okubuulira Ekigambo. Okusobola okubeera omutambuze mu ngeri ey'obukodyo, olina okukulaakulanya "endowooza y'okukungula" era a "endowooza y'omujaasi."

Bw'oba n'endowooza y'okukungula," oba mwetegefu okusigala ng'okutambula ku kulungamizibwa kwa Katonda mu nsengeka okukungula amakungula. Tutuuse mu biseera eby'amakungula amangi ag'ebi'omwoyo mu mawanga agamu ag'ensi naye abakunguzi bakyali batono. Ekkansa erina okweyama okupya okugenda awali amakungula. Pawulo bwe yagaanibwa Abayudaaya mu Antiyokiya ye ne ttiimu ye ne bagenda mu maaso okutuuka e Ikoniya (Ebikolwa 13:51-52). Bwe baamala okuva mu kibuga ekimu, "beekubako enfuufu" okuva ku bigere byabwe ne bagenda amakungula ag'omwoyo wegaali gengedde.

Naawe weetaaga "endowooza y'omujaasi." Bwoba olina endowooza eno buli kiseera oba owuliriza ebiragiro ebipyga okuva eri Omuduumizi. Teebereza omujaasi ng'agaana okugoberera ebiragiro okuggyako ebyo ebyamuweebwa emyaka 20 oba 30 egiyise. Byaali biragiro birungi webyaali biweebwa, naye byakoma okubeera endowoozo y'omwoyo.

Yesu bwe yali ku nsi, yali atambula mu ngeri ey'obukodyo. Yagenda okuva ku kyalo okudda ku kyalo n'ekifo okudda mu kirala (Lukka 4:43). Bulijjo yali ayanukula ebiragiro bya Kitaffe. Bwe tuba nga bakukungula amakungula wa era ddi lwe geengedde, tulina okukola kye kimu.

LUMBA EBIKO EBILU EBY'AMAANYI:

Enkola ya Yoswa mu Kanani yali ya kulumba bibuga ebikulu eby'Abakanani (laba Yoswa 9 ne 10:28-43). Yoswa yalumba Kanani wakati, n'ayawula ebitundu by'eggwanga ebibiri nekifuula amagye agasigaddewo obutasobola kwegatta kulwanyisa maggye ga Isiraeri. Yalumba ebigo ebikulu eby'omulabe.

TEWEE SIGAMA KU MUBIRI:

Katonda yali tayagala Isirayiri kwesigama ku mbalaasi n'amagaali olw'obuwanguzi bwabwe bwe yawangula amagye g'Abakanani, Isiraeri yasala embalaasi ebinywa by'amagulu okufuula ebisolo obutaddamu kugenda mu lutalo. Mu ngeri eno Isiraeri teyakemebwa kwesiga embalaasi n'amagaali.

Obadde weesiga "embalaasi n'amagaali g'omulabe," ng'okola ebintu mu ngeri ng'ensi bw'ekola, ng'olwana entalo zo ez'omwoyo?

LUMBA ENSIBUKO SO SI BUBONERO OBULABIKA

Isiraeri "yasaanyaawo ddala" omulabe okutuusa "tewali n'omu eyasigalawo." Ettaka lino liyingirwamu ng'omulabe asaanyiziddwao ddala. Singa Isiraeri yali alese omulabe yenna mu nsi, "ekikolo" ky'ekibi kyabwe yandibadde kikula okuddamu okubatawaanya.

Tokoma ku ntalo za kungulu. Tomatira na buwanguzi bwa kitundu. Weeyongere okukunga amaanyi go ag'omwoyo oyingira mu nsi okutuusa ng'omulabe "azikirizibbwaa ddala."

GONDEREZE KATONDA:

Emu ku nnono enkulu ey'okuyingira kwe kugonda. Baibuli ewandiika nti...

Nga Mukama bwe yalagira omuddu we Musa, bw'atyo Musa bwe yalagira Yoswa era ne Yoswa bwe yakola; talina kye yaleka takoze ku byonna Mukama bye yalagira Musa. (Yoswa 11:15)

Obusobozi bwo okukunga n'okuyingira bukwatagana butereevu n'obuwulize bwo eri Katonda.

GUMIRA MU LUTALO:

Obuwanguzi bwonna Yoswa bwe yafuna tebwawangulwa mangu ng'olutalo lw'e Yeriko. Soma Yoswa 11. Yoswa yalwana ne bakabaka b'ensi okumala emyaka mukaaga (Yoswa 11:18). Obutawanika (okusigala nga mwesigwa mu lutalo) kyetaagisa nnyo mu kuwamba ebigo, okugoba omulabe, n'okubeera n'ebintu byonna Katonda by'akusuubiza.

ESSIIRA LITEKE KU MUWANGUZI MU KIFO KY'OBWANGUZI:

Yoswa yakulembera Isiraeri mu kusinza Katonda oluvannyuma lw'obuwanguzi bwabwe mu magye (laba Yoswa 8:29-31). Oluusi tukola ensobi okussa essira ku lutalo n'ekitundu kyaffe mu kuluwangula, nga essira tulitadde ku buwanguzi mu kifo ky'Omuwanguzi, Mukama w'Eggye.

YIGA ENGERI Y'OKUFUULA OKUWAGULWA OKUFUUKA OBWANGUZI:

Isiraeri yawangulwa nnyo mu kabuga akatono akayitibwa Ayi. Osobola okusoma ku nsonga eyo mu Yoswa 7-8. Olw'obukulu bw'omusingi guno ogw'okufuula okuwangulwa obuwanguzi, essuula eweereddwa ku nsonga eno. Ojja kuyiga eky'okukola "Oluvanyuma kwa Akoli" mu Ssuula ey'Ekkumi n'Omusanvu.

ETTAKA ERISIGALAWO

Soma Yoswa 13:1-7. Yoswa bwe yali aseemberera okufa waali wakyaliwo ettaka ddene okutwalibwa Yisirayiri. Isiraeri yalina okumaliriza ekyo Yoswa kye yabakulembera okutandika.

Ekibinja ky'abantu abakungiddwa mu butuufu kijja kusigala nga kiyengira mu ttaka ly'omulabe newekiba ng'omukulembeze aggyiddwawo. Okukunga ekibinja ky'abantu mu butuufu olina okubaggya ku

kwesigama ku ggwe. Yoswa bwe yafa, buli kika kyalina okweyongera okulwana n'okugoba abalabe baabwe okuva mu nsi. Ekyo ekiyigibwa awamu nakyo kirina okukozesebwa kinnoomu.

Katonda yasuubiza Isiraeri nti ajja kumalawo abalabe baabwe mpolampola (Okuva 23:29-30). Ggwe togoba balabe bo ab'omwoyo mu ntalo ntono zokka. Katonda agoba amagye g'omulabe mu bulamu bwo mpolampola nga bw'oyolekedde n'okuwangula embeera z'obulamu. Kino kyetaagisa buli kiseera okwesigama ku Ye.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....

.....

2. Funza ennono z'okuyingira mu ezawandiikibwa mu kitabo kya Yoswa.

.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Mu butuufu ekitabo kya Yoswa kitabo ekikwata ku ngeri y'okutambuzaamu entalo ez'ebi'omwoyo.
Soma Yoswa ng'akozesa enteekateeka eno wammanga:

-Okutegeka: Essuula I-2, 5

-Okuteekateeka Omuntu: Yoswa

-Okuteekateeka Abantu: Yisirayiri

-Okuyingira: Essuula 3-12

-Okutwala: Essuula 13-24

2. Soma Yoswa 12:7-24. Ekitundu kino kiraga obuwanguzi 31 Yoswa bwe yawangula omulabe.
Buwanguzi bwa mirundi emeka bw'ofunye omwaka guno? Owangudde otya omulabe?

3. Okukungaanya n'okuyingira kwa Kanani okwawandiikiba mu kitabo kya Yoswa kugoberera...
enteekateeka y'ensoma y'ekitongole ekya Harvestime International Institute. Ddamu oyige ekitabo
kyo Yoswa mu nsonga z'oku...

-Okulaba mu birowoozo: 1:1-6

-Okumyuka: 1:7-9

-Okubisaamu: 1:10,16-17

-Okutegeka: 1:11

-Okukunga: Essuula 3; 4:13

-Okubuulira enjiri: Isiraeri yalina okuba ekyokulabirako eri amawanga ageetoolodde Kanani. Nga bwe tukola mu pulogulaamu ya Harvestime, abakulembeze (Yoswa 23) n'abagoberezi batendekebwa (Yoswa 24).

4. Yoswa yali wa "kuleetera Isiraeri okusikira Kanani" (laba Ekyamateeka 1:38 ne 3:28). Oyitibwa okukunga abakwetoolodde okusikira ebisuubizo bya Katonda.
5. Ddamu osome ekitabo kya Yoswa. Osobola okuzuula ennono endala ez'okuyingira ezitayogeddako mu ssuula eno? Bwe kiba bwe kityo, gattako ku biwandiiko by'okuyiga eby'omusomo guno.
6. Erinnya ery'awamu eryaweebwa abaali babeera mu Kanani baali "Bakanani" kubanga baali balamu mu nsi ya Kanani. Mu butuufu Abakanani baali ba bika by'abantu ebiwerako abaalina ebifaanagana bino wammanga:

-Baasinza Katonda ow'obulimba ayitibwa Baali. Asulesi, mukazi wa Bbaali, ye yali katonda waabwe omukazi. "Babaali," mu bungi bwa Baali, byali bifaananyi byabwe ebya Baali.

-Ba Kabona baabwe abakazi mu yekala mu butuufu baali bamalaaya. Abasodomu baali basajja bamalaaya.

-Baasinza Baali mu "bifo ebya waggulu," nga bakkiriza nti bajja kumusemberera. Bino ebifo ebigulumivu byazimbibwa ku misingi egypti ebibya nga mulimu ebisigalira by'abaana abato abaali baweededwa nga ssaddaaka eri Bbaali.

-Baali beenyigira mu bikolwa eby'obugwenyufu, okulagula, okusinza ebifaananyi, n'okusinza enjuba, omwezi, ennyanja, ne bakatonda b'omuyaga. Era baasinzanga ne Diana.

-Okwegomba kwabwe okw'ebintu kwavaamu obugagga obw'okungulu n'obubi obw'omunda.

-Amawanga omusanvu aga Kanani gaali Abakanani, Abakiiti, Abakivi, Abaperezi, Abagirugasi, Abamoli, n'Abayebusi.

-Ensonga y'okuzikiriza Abakanani eweereddwa mu Eby'Abaleevi 18 ne Ekyamateeka 12:31; essuula 7; ne 20:16-18.

ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUSAANVU

OLUVANNYUMA LWA AKOLI

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okulaga ensonga nnya eziviirako okuwangulwa mu by'omwoyo.
- Okufunza ebiva mu kuwangulwa mu by'omwoyo.
- Okunnyonnyola emitendera ena egypt'okuwonyezebwawa.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Ne bava mu mutego gwa Setaani gwe baguddemu abakozese by'ayagala, ne badda engulu mu kutegeera kwabwe. (2 Timoseewo 2:26)

ENNYANJULA

Mu ssuula eziyise mwayiga engeri Katonda gye yateekateekamu omukunzi (Yoswa) n'okukunga abantu be (Isiraeri) okutwala ensi ya Kanani. Era wasoma ennono z'okuyingira ze baakozesa ezsobola okukozesebwawa mu bulamu bwo ne mu buweereza bwo.

Mu ssomo lino ojja kuyiga engeri Isiraeri gye yakwatamu okuwangulwa. Buli lwe mukungibwa ku lwa Katonda n'otandike okutwala ekitundu mu linnya lye, ojja kusisinkana ebizibu bingi. Oluusi oyinza okusisinkana okuwangulwa. Mu ssomo lino ojja kuyiga eky'okukola "Oluvannyuma lwa Akoli."

OLUTALO LWA YERIKO

Olutalo olunene olwasooka Isirayiri lwe yasisinkana oluvannyuma lw'okusomoka omugga Yoludaani Iwali mu kibuga Yeriko. Osobola okusoma emboozzi ya Yeriko mu Yoswa essuula 6. Katonda yawa Isiraeri akakodyo ak'enjawulo olw'okutwala ekibuga kino. Baali balina okutambula okwetooloola ekibuga nga basirise okumala ennaku mukaaga. Ku lunaku olw'omusanvu baali bagenda okwetooloola emirundi musanvu, olwo bakabona ne bafuuwa amakondeere gaabwe era abantu baalina okuleekaana kubanga "Mukama yali abawadde ekibuga" (Yoswa 6:16).

Buli lw'osala "omugga Yoludani" mu by'omwoyo mu bulamu bwo n'otandika okutwala ekitundu ekipya olwa Katonda, awatali kubuusabuusa ojja kusisinkana "Yeriko." "Yeriko" yo k'ebeere ki, Katonda ajja kukuwa enkola entongole ey'olutalo.

Oluusi enteekateeka ya Katonda eyinza okulabika ng'ey'obusirusiru ng'eyo eyaweebwa Yoswa olwa Yeriko ye. Naye singa ogoberera bulungi obulagirizi bwa Katonda era otambule mu maaso ge mu butukuvu, obuwanguzi bwo bukakasibwa. Naye tetugenda kubeera ku Yeriko mu ssomo lino. Totera kuba na buzibu ku obuwanguzi mu bulamu. Kisanyusa okutambilira mu buwanguzi bwa "Yeriko" waffe.

We tusingira okubeera n'ebizibu byaffe wewo wetusisinkira okuwangulwa. Tugenda kugenda mu maaso ne Yoswa essuula 7 ne 8 eziwandiika okuwangulwa okw'amaanyi abantu ba Katonda kwe bayitamu. Twala obudde okusoma essuula zino nga tonnagenda mu maaso na ssomo lino.

EKIWONVU KYA AKOLI

Ekigambo "AKoli" kitegeeza "obuzibu," era ekkyo kyennyni Isiraeri kye yayolekagana nabyo we basinziira okulumba akabuga akatono aka Ayi. Emboozzi ya Ayi n'ekiwonvu kya Akoli etandikira mu Yoswa 7:1 n'ekigambo ekikulu "Naye." Mu Yoswa 6 Isiraeri yali etambilira mu buwanguzi, "naye" essuula 8 ebasinga mu ennaku.

Tujja kwenneenyenya ensonga Iwaki Isiraeri yawangulwa, ebyavaamu, n'eddagala eriwonya ekizibu kyabwe. Ojja kusanga ensonga, ebivaamu, n'eddagala ly'ekizibu kyabwe nga bikwata ku kuwangulwa kwo.

ENSONGA:

Bw'owangulwa ng'oyingira n'okutwala ekitundu ku lwa Mukama, bulijo wabaawo ensonga. Mu mboozi ya Akoli, waaliwo ensonga nnya ezaaviirako okuwangulwa, nga zonna za bulijo mu kuwangulwa kwe tuyitamu:

1. Ennono:

Okumenya ennono za Katonda (ekibi) bulijo kivaamu okuwangulwa. Katonda yagamba Isirayiri obutatwala n'ogumu ku munyago gwa Yeriko. Zaali za kwewaayo eri Mukama nga bwe zaali "ebibala ebisooka"e by'olutalo. Balabuddwa obutatwala "kintu ekikolimiddwa mu mmwe":

Naye mmwe mwekuume ebyo ebiweereddwayo eri Mukama okuzikirizibwa muleme kubitwala kubanga kiyinza okuleetera Abayisirayiri bona ekikolimo n'okuzikirira. Kyokka ffeeza ne zaabu n'ebintu byonna eby'ekikomo n'eb'yekyuma bitukuvu eri Mukama era byakutereka mu ggwanika lya Mukama." (Yoswa 6:18-19)

Yoswa 7:1 ewandiika engeri omusajja ayitibwa Akani gye yatwalamu "ekintu ekikolimiddwa." Okukemebwa kwe kwaddirira omuze gwe gumu n'ogw'okukemebwa kwa Kaawa okwasooka. Yalaba, n'ayagala, n'atwala, n'akweka." Yagamba:

Bwe nalaba nga mu munyago mulimu ekyambalo ekirungi ekyava e Sinaalia n'ensimbi, n'effeeza ne zaabu ne mbyegomba, bwe ntyo ne mbitwala ne mbisimira mu ttaka mu weema yange." (Yoswa 7:21) .

Ekibi bulijjo kitandikira mu birowoozo. Endowooza y'ekibi ekulembera ekikolwa ekyo. Akani yallowooza nti, "Ani anaalaba? Ani anaamanya?" Nga bwe kitera okubeera mu kibi, yalaba essanyu ery'amangu lyokka lye kyandireese era si bikolwa bye eby'entisa eby'ekiseera ekiwanvu. Singa Akani yatunula n'amaaso ag'okukkiriza mu kifo ky'amaaso ag'okwegomba, yandirabye ebintu bino nga "ebikolimiddwa." Mu kifo ky'ekyo, yositunuulira nga balina obusimu obw'obutonde bwokka.

Abalabe bo ab'omwoyo be; ensi, omubiri, ne sitaani. Bino bikolagana okukukema ng'okwegomba kw'omubiri, okwegomba kw'amaaso, n'amalala ag'obulamu. Bw'otunuulira okukemebwa n'amaaso okw'okukkiriza mu kifo ky'amaaso ag'okwegomba, oija kulaba ekyo ekigaaniddwa nga "ekintu ekikolimiddwa."

Ekibi kya Akani ekitongole kyal kya kukyuka n'agenda mu nkodesa ey'ekyama eyali egenderera okuweesa Katonda ekitiibwa. Katonda ayambe ffe nti tetugwa mu mutego gwe gumu. Ekibi kya Akani kyakosa Isiraeri yonna. Okuwangulwa kwa Yisirayiri kwali olw'okuba baali bamenya ennono za Katonda:

Isirayiri eyonoonye kubanga bavudde ku ndagaano gye nabakuutira, ne batwala ku bintu ebiwonge, ne babitabika mu byabwe ate ne balimba. (Yoswa 7:11) .

2. Amalala:

Akani si yeyska eyalina omusango mu mboozi ya Akoli. Yoswa bwe yatumwa abasajja okuva e Yeriko okugenda okulaba ensi ye Ayi, abasajja baakomawo ne bagamba Yoswa nti;

Ne bakomawo ne bategeeza Yoswa nti, "Tosindika bantu bangi kulumba Ayi wabula weerezaayo abantu nga enkumi bbiri oba ssatu be baba balumba. Toweerezaayo bantu bona kubanga ab'omu Ayi si bangi." (Yoswa 7:3).

Ayi kyal kibuga kitono bw'okigeraageranya ne Yeriko Isirayiri kye yali yaakawangula. Mu kwenyimiriza, bano abasajja balowooza nti, "Ai tesaana kuba na buzibu. Tuyolekedde ebintu ebinene era tubadde bawanguzi. Kino." si kintu kya kweraliikirira." Isiraeri yali yeesiga mu maanyi gaayo mu kifo ky'okwesiga Katonda.

Mu ntalo zaffe ez'obulamu tутera okuwulira nti tusobola okukwata ebizibu ebitono ffekka. Naye tewali nsisinkano na mulabe mutono nnyo ne kiba nti tetwetaaga bintu byonna Katonda by'atuwadde okukitunuulira. Bw'otandika okutambula mu kwekkiririzaamu n'amalala n'okukkiriza "tewali kyakweraliikirira," olwo oba ogenda mu kitundu eky'akabi

3. Endaba yo:

Abasajja abaasindikibwa okulaba Ai ebintu baali babitunuulira n'obusimu bwabwe obw'obutonde bwokka. Tebaalina okutegeera okw'omwoyo okulaba emabega w'endabika ey'okungulu n'okutegeera amaanyi g'omulabe.

Okugoberera endowooza ey'obutonde mu kifo ky'okutegeera eby'omwoyo kyaviirako okukola lipoota etali ntuufu. Mu Yoswa 7:3 abasajja bano baagamba nti abalwanyi b'e Ayi baali "batono" bokka so nga mu butuufu, baali 12,000! (Yoswa 8:25).

Bw'oyingiza abasajja ab'omubiri mu mulimu gwa Katonda bulijo bajja kusalawo nga basinziira ku endowooza ez'obutonde, ez'omubiri. Kino bulijo kiviirako okubuulirira okw'omubiri. "Abasajja baffe bajja kumala," bwe baategeezessa Yoswa. Bulijo okubuulirira okw'omubiri kuleeta okuwangulwa.

4. Obutasaba:

Yoswa era alina okunenyezebwa olw'okuwangulwa e Ayi. Yawuliriza bulungi lipoota y'abasajja abo eyakomyewo ng'ava mu kulaba ekibuga kyokka n'atasaba ku lipoota gye yafunye, amangu ago yategeka abalwanyi nga 3,000 okulinnya e Ayi okulwana.

Singa Yoswa yafuna obudde okusaba, awatali kubuusabuusa Katonda yandibadde abikkuliddwa nti mu Israeri mwalimu ekibi n'amulabula obutagenda mu lutalo. Singa Yoswa yafuna obudde okusaba, naye yandibadde yakizuula nti enkola y'okulumba Ayi teyali ya kubeera y'emu ne Yeriko. Ba "Ayi" b'obulamu tezitwalibwa mu ngeri y'emu nga "Yeriko." Tetusobola kubeera mu buwanguzi obwayita oba mu nnono zajjo. Katonda alina obukodyo obupya buli lwe tukunga ne tugenda mu maaso okutwala ekitundu mu Erinnya lye.

Wasoma ku Gidiyoni mu Ssuula ey'okusatu era bwe yagenda mu lutalo Katonda yakendeeza ku basajja bangi ne bafuuka batono. Ku Ayi, Katonda yandiyongedde ku batono nnyo. Tosobola kukoma n'okumanya Katonda kyagenda okukola ng'ogoberera enkola z'edda. Ye Katonda w'abaggya eyalangirira nti "Nze ajja okukola ekintu ekipya."

Naye Yoswa teyafuna budde kusaba. Yasindika amagye matono agaawanguddwa bubi era yadduka mu maaso g'omulabe.

Okufundikira:

Ensonga ennya ezaaviirako Yisirayiri okuwangulwa e Ayi zaali mu bitundu bino:

-Ennono

-Amalala

-Endaba

-Obutasaba

E BYAVAMU:

Ka mbabuulire, okuggyako nga muzikiriza omubi ali mu mmwe, Abayisirayiri tebayinza kwolekera balabe baabwe, babadduka buddusi, kubanga nsazeewo bazikirizibwe. (Yoswa 7:12)

Nga bulijo bwe wabaawo ensonga ezireetera omuntu okuwangulwa, bulijo wabaawo ebiva mu kulemererwa. Weetegereze ebyava mu kuwangulwa kwa Isiraeri:

Yoswa 7:4-5: Okudduka mu maaso g'omulabe.

Yoswa 7:5: Okufa okw'omwoyo.

Yoswa 7:5: Okutya n'okuggwaamu essuubi eri abantu.

Yoswa 7:6: Okuggwaamu essuubi mu bukulembeze.

Yoswa 7:7: Nga tutunuulira "ennaku ennungi enkadde."

Yoswa 7:8-9: Okubuuza ebibuuzo.

Kino tekyali kifaananyi kirungi ku Isirayiri. Baali tebakyali ggye ddungi erya Katonda erikungiddwa. Bano bantu abaggwaamu amaanyi nga balina omukulembeze aweddemu amaanyi, abuuza ebibuuzo, atya, era adduka mu maaso g'omulabe.

Okumenya ennono za Katonda, amalala, okutegeera kw'omubiri, n'obutasaba bulijo bijja kukuleetera okuwangulwa omulabe. Naye totunuulira bivaamu ebisembayo ku musingi gw'ebiseera bino n'okuwangulwa okw'ekiseera. Nga bwe waliwo ensonga n'ebivaamu ebivaako okulemererwa, bulijo wabaawo eddagala ly'okulemererwa.

EDDAGALA:

Waliwo eddagala eriwonya buli kulemererwa. Ne bw'oba ng'omulabe wo, Sitaani yakutwala mu buwambe, osobola okuwona:

Ne bava mu mutego gwa Setaani gwe baguddemu abakozese by'ayagala, ne badda engulu mu kutegeera kwabwe. (2 Timoseewo 2:26)

Bw'oba otambulira mu kuwangulwa, oba otambulira mu kwagala kw'omulabe. Katonda aija kukuyamba okudda engulu, naye era olina okukola emitendera "okudda engulu" ng'ogoberera emisingi gya Baibuli

egy'okuwona. Soma Yoswa 7:10-13. Mu kitundu kino ojja kusangamu emitendera ena eg'y'okudda engulu gy'olina okukozesa w'owangulwa omulabe:

1. Okubikkulirwa:

Mukama n'agamba nti...Isiraeri ayonoonye... (Ebitundu bya Yoswa 7:10-11)

Omutendera ogusooka ogw'okudda engulu kwe kuba n'okubikkulirwa kw'ekizibu kyennyini. Yoswa bwe yagenda okusaba, Katonda n'amubikkulira nti Isirayiri yayonoona.

Saba Katonda abikkule "ekintu ekyo ekikolimiddwa" ekiyimiridde wakati wo n'obuwanguzi, ekintu ekyo ekikulemesa okubeera omukunzi n'akungiddwa.

Kikulu okumanya nti ekibi ky'omuntu kinnoomu kikwata ku kibiina kyonna. Katonda yagamba Yoswa ekyo"bo" (Abayisirayiri bona) baali boonoonye, so si Akani yekka. (Yoswa 7:11)

Tuyanguwa nnyo okulaba ebizib mu Kkanisa naye emirundi mingi tetutegeera buvunaanyizibwa bwaffe

ssekinnoomu bwetulina mu bizib bino. Buli mukkiriza kitundu kya Mubiri gwa Kristo ogw'ekibiina. Ekibi mu kitundu ekimu kikosa okukunga n'okukola kw'Omubiri gwonna.

2. Okwenenya:

Katonda teyakoma ku kubikkula kizibu kino eri Yoswa, yamugamba akikolere: Mukama n'agamba Yoswa nti, "Golokoka. Kiki ekikuvuunamizza ku ttaka? (Yoswa 7:10)

Okubikkula ekizibu tekimala kwewonya mu mutego gw'omulabe. Ggwe alina okusituka n'akola ku kizibu kyennyini. Waliwo ekiseera eky'okulekera awo okusaba n'otandika okukola ku ekyo Katonda ky'akubikkulidde.

Katonda yagamba Yoswa ayite abantu wamu akole ku kibi ekiri wakati waabwe. Bw'oba onajjibwa mu mutego gw'omulabe, olina okwolekagana n'ekizibu. Yoswa yayanguwa okugonda. Kigambibwa nti "yazuukuka ku makya ennyo" okugoberera ebiragiro bya Katonda. Yoswa yakeera nnyo n'akunjaanya ebika byonna, yasookera ku kika kya Yuda era n'asembeza enju ya Yuda: (Yoswa 7:16).

Katonda bwe yabikkula nti Akani ye yali omumenyi w'amateeka, Yoswa yasindika abasajja "ne badduka" okugenda mu weema okufuna ebintu eby'ekibi. Tetusobola kuba bangu nnyo okukola ku kibi wakati mu ffe. Okulwawo buba bujeemu, naye...

Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:9)

3. Okuzzaawo:

Ekiddako oluvannyuma lw'okwenenya kwe kuzzaawo. Mu mbeera y'okuwangulwa kwa Ayi, ebintu ebikolimiddwa bijibwawo n'ab'omu maka ga Akani gonna ne babonerezebwa. Bakubwa amayinja ne

bafa mu Kiwonvu kya Akoli. Obutukuvu bukomezeddwawo mu bantu ba Katonda. Okwawukana okwava ku kutyoboolwa kw'ennono, okulaba okw'omubiri, amalala, n'obutasaba biterezeebwa

Katonda bw'akulaga ensonga ekuwanguddwa n'okwenenya, naawe olina okuddamu. Olina okuggya "ekintu ekikolimiddwa" mu bulamu bwo. Era kiyinza okwetaagisa okusonyiwa abalala oba saba okusonyiyibwa.

4. Okukomawo:

Okussa ekimu ne Katonda bwe kumenyeka olw'ekibi, okudda engulu kujja nga tudda mu kifo kya okwawukana n'okuwangula omulabe. Okutambula kwo ne Katonda kulina okuzzibwa obuggy. Olina okuddayo okugenda mu latalo okukola ku kuwangulwa kwo. Kale, oluvannyuma lw'okubikkulirwa kw'ekibi, okwenenya, n'okuzzaawo, ebiragiro Katonda bye yawa Isirayiri byali nti "Genda e Ayi."

Tewayinza kubaawo kwekkiriranya na mulabe. Bw'olemererwa, omulabe ajja kwogera ebigambo eby'okuwangulwa gy'oli:

- "Oyinza n'okulekulira."
- "Buli muntu akujjeemu obwesige."
- "Katonda tafaayo oba si kyo yandikuyambye."
- "Oli munafu."
- "Ojja kuddamu olemererwa singa oddamu okugezaako."

Naye olina okuddayo mu latalo. Olina okwenganga nomulabe n'ovaayo ng'owangudde! Tosobola kugenda mu ntalo ndala okutuusa lw'owangula e "Ayi," ekifo wewawangulirwa. Soma Yoswa 8 eraga emboozi y'okudda kwa Isiraeri n'okuwangula e Ayi. Kakasa nti okimanyi nti ku mulundi guno Yatwala abalwanyi ba Isiraeri bonne!

Okufundikira:

Lino lye ddagala lya Baibuli eriwona:

- Okubikkulirwa
- Okwenenya
- Okuzzaawo
- Okukomawo

OMULYANGO GW'ESSUUBI

Bw'ogoberera eddagala lya Katonda ery'okuwona, atwala ekiwonvu kyo ekya Akoli (obuzibu) n'akifuula mulyango gw'essuubi:

Nja kuwaayo...ekiwonvu kya Akoli okuba omulyango gw'essuubi... (Koseya 2:15)

Essuula 7 eggulwawo n'ekifaananyi ekibi eky'obusungu bwa Mukama ku bantu be. Naye mu ssuula 8, tusanga Yisirayiri ng'ezzeemu okukujibwa olw'obuwanguzi:

Yoswa 8:3-8: Katonda yawa akakodyo.

Yoswa 8:7,18: Obuwanguzi bwakakasibwa.

Yoswa 8:10-29: Omukulembeze n'abantu baakola mu buwulize n'okukkiriza.

Yoswa 8: 20: Omulabe teyalina maanyi ga kudduka.

Yoswa 8:22, 26: Omulabe yasaanawo ddala.

Yoswa 8:30-35: Katonda yafuna ekitiibwa.

Yoswa 9:2: Okutya Katonda n'abantu be kwagwa ku balabe abaali basigaddewo.

Bw'ogoberera eddagala lino ery'okuwona naawe ojja kulaba ebivaamu bino nga Katonda akyusa Ekiwonvu kya Akori okukifuula mulyango ogw'essuubi.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Laga ensonga nnya Iwaki Yisirayiri yawangulwa e Ayi.

.....
.....

3. Funza ebyava mu kuwangulwa kwa Isiraeri e Ayi.

.....
.....

4. Wandiika emitendera ena egypteddala ly'okuwona.

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ensonga ezaaviiriddeko Yisirayiri okuwangulwa e Ayi zaali mu bitundu bino:

-Ennono

-Amalala

-Endaba

-Obutasaba

Lowooza ku bimu ku ebikuwangula mu by'omwoyo by'oyolekagana nabyo. Bivudde ku kimu oba ebisingawo ku bizibu bino ebina ebikulu?

- ## 2. Soma emboozi Yoswa gye yayogera ne Katonda:

-Ekibuuzo: 7:7a

-Okuddamu: 7:7b

-Eki buuzo 7:8

-Okuddamu; 7:9 a.

-Ekibuuzo; 7:9b

Weetegereze nti waliwo ekintu ekikulu ekirekeddwa mu bibuuzo bya Yoswa. Tabuuza nsongya kuwangulwa kwa Yisiraviri. Weetegereze ekibuuuzo Yoswa kye yabuuza Katonda ku...

...onookola ki ky lw'erinnya lvo ekkulu? (Yoswa 7:9)

Bulijio jjukira nti buli kuwangulwa kukosa erinnya Iya Mukama.

2. Weekenneenyen engeri gy'owangudde mu by'omwoyo mu biseera eby'emabega. Ebyavaamu byali bifaanagana n'ebvo Isiraeri bvevavitamu?

Yoswa 7:4

Okydduka mu maaso g'omulabe.

Yoswa 7·5

Okufa okw'omwovo.

Yoswa 7·5

Okutya n'okuggwaamu essuuubi eri abantu.

Yoswa 7·6

Okuggwaamu essuuubi mu bukulembeze.

Yoswa 7:7

Nga tutunuulira "ennaku ennungi enkadde."

3. Wandiroozezza nti oluvannyuma lw'okuwangulwa e Ayi, Yoswa yandibadde ayize essomo lye ku obutasaba n'okutunuulira ebintu okusinziira ku ndowooza y'obutonde. Soma Yoswa 9 ekwata ku emboozi y'Abagibyon. Ojja kukizuula nti Yoswa agwa mu mutego gwe gumu ogw'omulabe nate. Embeera agitunuulira n'endowooza ye ey'obutonde era n'akola n'akola nga tasabye.

Buli lw'ofuna okuwangulwa tolina kukuvaamu buvvi, naye era olina okuyigiramu oleme kudda mu nsobi y'emu.

4. Oyinza okwebuuza lwaki amaka gonna aga Akani galina okuzikirizibwa. Katonda yalaba obunafu mu Akani obwali buyisiddwa mu maka ge. Bayibuli ennyonnyola nti obutali butuukirivu bwa kitaawe busobola okuyisibwa mu mulembe ogw'okusatu n'ogw'okuna (laba Okuva 20:15; 34:7; Ekyamateeka 5:9).

Naye totya...Tolina kukosebwa bibi bya bazadde bo ne bajjajja bo. Olw'okufa kwa Yesu ku musaalaba, ekikolimo ky'ebibi by'emirembe n'emirembe kisoboka okumenyeka. Kikolebwa nga osiiga omusaayi gwa Yesu mu bulamu bwo nga Isiraeri bwe yasiiga omusaayi gw'omwana gw'endiga malayika w'okufa bwe yayita ku Misiri.

ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUNAANA

OLUGERO LW'EBIBUGA EBISATU

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola lwaki kikulu okuwangula "Abanefisi" ab'omwoyo mu bulamu bwo.
- Okulaga ebibuga bisatu "Abanefisi abatono" mwe baasigala.
- Okunnyonnyola ebyava mu kuleka Abanefisi mu bibuga bino ebisatu.
- Okuwandiika obukodyo musanvu obw'okutta Abanefisi ab'omwoyo.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Tewali Banaki baasigalawo mu nsi y'abaana ba Isirayiri, okuggyako mu Gaza, ne mu Gaasi, ne mu Asudodi, mwe mwasigalako abamu. (Yoswa 11:22)

ENNYANJULA

Isiraeri bwe yayingira mu Kanani, ne basanga abanene mu nsi.

Twalabayo n'Abanefisi, abazzukulu ba Anaki abava mu Banefiri. Bwe twetunulako nga tuli ng'obwacaaka, era nabo nga bwe batulaba bwe batyo. (Okubala 13:33)

Mu by'omwoyo, "Abanefisi" bakiikirira ebizibu ebinene by'etusanga mu bulamu. Mujja kusisinkana ebizibu "ebinene" mu maka gammwe, mu kkanisa, mu bulamu bw'abantu, mu buweereza, omulimu, ne mu mutima gwo.

Mu kubo ly'obuvunaanyizibwa mw'osanga Abanefisi. Yisirayiri bwe yali egenda mu maaso baasisinkana "abanefisi." Bwe baakyuka ne badda mu ddungu, tebaasangayo n'omu. Bwoba osisinkanye ebizibu mu bulamu bwo n'obuweereza bwo, amawulire amalungi gali nti ogenda mu maaso mu Katonda. Oli ku ensalo ya Kanani yo n'okugenda mu maaso okutwala ebisuubizo bya Katonda. Abantu abakungiddwa basanga "Abanefisi."

OKUSASANYAWO "ABANEFISI."

Katonda yagamba Isiraeri okusaanyaawo ddala abatuuze b'omu Kanani, nga mw'otwalidde n'Abanefisi. Naye Isiraeri teyawulira kulabula kwa Katonda:

Awo Malayika wa Mukama n'ava e Bokimu n'ajja e Girugaali, n'agamba nti, "Nabaggya mu nsi y'e Misiri ne mbaleeta mu nsi gye nalayira okuwa bajjajammwe; ne ɳjamba nti, 'Endagaano yange gye nalagaana nammwe sirigimenya emirembe gyonna; nammwe temukolanga ndagaano n'abantu ab'omu nsi eyo: musesegglanga ebyoto byabwe.' Naye mmwe temugondedde kiragiyo kyange: Kiki ekibakozesezza bwe mutyo? Kaakano kyenva ɳjamba nti, 'Siibafubutule mu maaso gammwe, naye banaaba balabe bammwe ne bakatonda baabwe banaaba nkonge gye muli.'" (Abalamuzi 2:1-3)

Isiraeri yawamba ekitundu ekinene ekya Kanani, naye ne baleka "abanefisi abatono" bokka mu bibuga bisatu. Essomo lino litujukiza "Olugero lw'ebibuga ebisatu" n'engeri Abanefisi bano gye bafuuka "emitego n'amaggwa" eri Isiraeri. Abanefisi bano webataggyibwaho mu bulamu bwo, bajja kufuuka "emitego n'amaggwa" mu bulamu bwo obw'omwoyo. Olw'ensonga eno, essomo lino linnyonnyola "obukodyo bw'okutta Abanefisi" bijja kukuyamba okuwangula abanefisi mu bulamu bwo.

OLUGERO LW'EBIBUGA EBISATU

Tewali Banaki baasigalawo mu nsi y'abaana ba Isirayiri, okuggyako mu Gaza, ne mu Gaasi, ne mu Asudodi, mwe mwasigalako abamu. (Yoswa 11:22)

Abaanaki abakkirizibwa okusigalawo baali banefisi era nga be bamu ku Bakanani Katonda be yalagira okubeera mu kuzikirizibwa. Mu Gaza, Gaasi, ne Asudodi, Isirayiri yakkiriza "abanefisi abatono" bano okusigala. Mu bifo bino ekizibu kya Yisirayiri we kyava oluvannyuma, era tufuna "olugero lw'ebibuga ebisatu."

GAZA:

Soma Abalamuzi 16. Mu Gaza mwe tusanga omuntu wa Katonda Samusooni ng'ali mu buzibu. Mu kibuga omuli Abanefisi abalekebwaho, Samusooni asanga Derira era okukkakkana ng'asaanyizzaawo obulamu bwe n'obuweereza bwe. Ne bw'oba ng'oli muvvumu mu Mukama, singa abanefisi bakkirizibwa okusigala nga tebawanguddwa, balina obusobozi okusaanyaawo obulamu bwo n'obuweereza bwo.

ASUDODI:

Wayiga dda ebikwata ku kibuga Asudodi mu 1 Samwiri 4-5 bwe wasoma ku okuva kwekitiibwa kya Katonda mu Isiraeri. Ojja kujukira nti Asudodi kye kimu ku bibuga omuli Abafirisuuti abaatwala Essanduuko, akabonero akalaga okubeerawo kwa Katonda n'ekitiibwa kye. Ono ye Asudodi y'emu Isiraeri gye yaleka "abanefisi abatono." Abanene abatawanguddwa bajja kunyaga ekitiibwa ky'okubeerawo kwa Katonda.

GAASI:

Ekimu ekibi mu kuleka Abanefisi mu nsi kwe kuba nti "abanefisi bazaala abanefisi." Mu 1 Samwiri 17 abantu ba Katonda, Goliyaasi yabawamba. Goliyaasi yali ava mu kibuga Gaasi, Isiraeri gye yaleka

"abanefisi abatonotono."

Singa Yoswa yazikiriza abanefisi bona mu kusooka, Isiraeri teyandiyolekedde kizibu kino. Naye wano tusanga amagye ga Isiraeri nga gakankana olw'okutya nga Goliyaasi buli lunaku avaayo okubajooga. Isiraeri yenna yali etegekeddwa mu lutalo (1 Samwiri 17:2). Baali balina ebyokulwanyisa eby'olutalo n'okutendekebwa mu lutalo, naye ne bafuulibwa abatatambula olw'omusajja omunene, eyabatwala mu buwambe mu kutyoboolwa n'okutya (1 Samwiri 17:11).

Abanefisi abatawanguddwa mu bulamu bwo bazaala abanefisi abalala. Bano abanefisi bajja kudda okukujoooga era okukakkana ng'okwatiddwa ng'omuwambi olw'okutya. Osobola okuba n'eb yokulwanyisa byo eby'omwoyo n'otendekebwa mu lutalo olw'omwoyo, naye ojja kufuulibwa nga atasobola kwenganga mulabe.

OBUKODYO BW'OKUTA ABANEFISI

Omuntu yalina okwanganga omusajja omunene! Katonda yakozesa omuvubuka ayitibwa Dawudi, ku ye Omwoyo gwe n'okufukibwako amafuta kwe kwawummulira. "Obukodyo bw'okutta ebinefisi" Dawudi bwe yakozesa mu lutalo luno olw'obutonde buyinza okukozesebwa mu by'omwoyo ng'oyolekedde abanefisi mu bulamu bwo.

EKISOOKA: TEEKATEEKA

Okusobola okwonganga n'abanene mu bulamu, olina okwetegekera mu ntalo entonotono z'oyolekedde. Dawudi bw'ajjukira engeri gye yawangula empologoma n'eddubu ebyalumba endiga ze yali afaako (1 Samwiri 17:34-36). Yali akimanyi nti asobola okwolekagana n'omusajja ono omunene kubanga yali yeetegese mu "entalo entonotono" ez'obulamu.

Bw'oba omaliridde okwenganga n'omusajja omunene, weetegeke okulumba okuva mu balala! Jjukira nti abo abatambulira mu kukkiriza bulijo basoomoozebwa abo abatambulira mu kutya. Dawudi yalumbibwa abo abaamuli okumpi, ab'omu maka ge bennyini (1 Samwiri 17:28). Yalumbibwa obukulembeze (1 Samwiri 17:33) era n'asekererwa omusajja omunene yennyini (1 Samwiri 17:44).

Bw'oteekateeka okwolekagana n'abanefisi mu bulamu bwo, abo abasinga okubeera ku lusegere, nga mw'otwalidde n'ab'omu maka go, bayinza okukulumba. Obukulembeze buyinza n'okugamba nti tekisoboka. Abanene bennyini bajja kusituka okutuuka okukusekerera. Naye bw'oba weetegese mu by'omwoyo mu ntalo entonotono ez'obulamu, ojja kwogera n'obuvumu nti "Nsobola okuwangula omunene ono"!

EKYOKUBIRI: YOGERA:

David yali ayogera mu bukakafu. Yeesiga Katonda ng'agamba nti, "Nkimanyi nti nsobola okuwangul ekinene kino mu linnya lya Mukama" (laba 1 Samwiri 17:26,32,37, ne 45-46).

OKUKUSATU: OKUKAKASA:

Soma 1 Samwiri 38-40. Bw'oba ogenda okutuuka ku buwanguzi mu kutta abanefisi, olina okuba ng'okakasizza ebyokulwanyisa byo. Sawulo yagezaako okwambaza Dawudi ebyambalo bye, naye Dawudi yali tannalaga byambalo bya Sawulo. Tosobola kuwangula binene ng'osinziira ku maanyi oba obumanyirivu bw'omuntu omulala. Olina okwambala ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda ebyogerwako mu Abeefeso 6 era okakase ggwe kennyini.

EKYOKUNA: OKUYINGIRA:

Awo olwatuuka Omufirisuuti bwe yagolokoka, n'asembera okusisinkana Dawudi, Dawudi yayanguwa, n'adduka ng'ayolekera egghe okusisinkana Omufirisuuti (1 Samwiri 17:48). Okwetegeka kwo kuyinza okuba okulungi, oyinza okuba ng'okakasizza ebyokulwanyisa byo, era osobola okuba n'okwatula okulungi okw'okukkiriza mu Katonda. Naye bw'odduka eri Omunefisi, tojja kumuwangula.

Dawudi "yadduka" ng'ayolekera omusajja omunene. Naawe olina okukola kye kimu bw'oba oyagala okuwangula omulabe wo. Ggwe alina okuyingira mu kitundu ky'omusajja omunene. Tewali buwanguzi busoboka nga wekiriranya n'olemwa okwolekera omunefisi.

Abakessi 12 Abayisirayiri bwe baakomawo okuva mu kuketta Kanani, Yoswa ne Kalebu baagamba ku banene nti, "Mugaati gye tuli...tujja kugirya." "Tujja kuba b'amaanyi okuziwangula n'okusinga tewaaliwo banene bayinza kuwangula." Olina okwanganga abanefisi bano, oba okufuuliba omunafu mu maaso gaazo mu ddungu. Bw'otunuulira ekinene, ojja kuba wa maanyi okusinga singa tewaali kinene kya kuwangulwa.

EKYOKUTAANO: EKIGENDERERWA EKITUUUFU:

Bw'oyolekagana n'ebinene eby'obulamu, olina okubyolekagana n'ekigendererwa ekituufu:

Olwa leero Mukama anaakuwaayo mu mukono gwange, ne nkukuba era ne nkusalako omutwe. Olwa leero nnaagabira emirambo eg'yeggye ery'Abafirisuuti eri ebinyonyi eby'omu bbanga n'eri ensolo enkambwe ez'ensi, ensi yonna eryoke etegeere nga waliwo Katonda mu Isirayiri.

Abo bona abakuŋyaanye wano banaategeera nga Mukama talokola na kitala wadde effumu, kubanga olutalo, lwa Mukama era mwenna agenda kubawaayo mu mukono gwaffe." (1 Samwiri 17:46-47)

Ekigendererwa kya Dawudi tekyali kya kwefunira kitibwa oba okulaga engeri gye yali ow'amaanyi. Ekigendererwa kye kyali kya kuleeta ekitibwa eri Katonda.

EKYOMUKAAGA: ENKOLA ETUUKIRIDDE:

Katonda yalina enkola etuukiridde buwanguzi bwa Dawudi. Yali mpanda n'amayinja ataano, ng'eryasooka ku eryo lyeryakuba Omunefisi omo. Omunene wo mulabe wa Katonda era olina okulwana naye n'Eby'okulwanyisa bye. Wadde ng'ebyokulwanyisa ebyogerwako mu Abeefeso 6 birabika nga tebiyinza kubaawo ng'amayinja ataano okuwangula ebinene, BIKOZESEBWA! Tosobola kulwanyisa banene ab'omwoyo n'ebyokulwanyisa eby'obutonde, eby'omubiri.

Olina okugoberera enkola ya Katonda etuukiridde.

EKY'OMUSANVU: OKUFUGA

Oolina okuwangula ekinene. Kino kigegeza nti oolina okumusaanyizaawo ddala. Ekinene bwe kyagwa okuva ku jjinja Dawudi lye yali asudde, omuvubuka n'alyoka afubutuka n'atwala ekitala ky'omusajja onto ye yennyini n'amutemako omutwe

Bw'olwana mu ngeri ya Katonda, ojja kukozesa ekintu kyennyni omulabe ky'akutiiisatiisa nakyo omuwangule. Naye jjukira, nga bwe kiri mu lugero luno olw'ebibuga bisatu, olina okuwangula ddala ekinefisi kino oba kijja kudda okukutawaanya

OKUFUNDIKIRA:

Okuwangula ebinene olin...

-Okwetegeka obulungi.

-Okwogera nti weesiga Katonda.

-Kakasa ebyokulwanyisa byo eby'omwoyo.

-Muyingire mu kitundu ky'omusajja omunefisi

-Oba n'ekigendererwa ekituufu.

-Goberera enkola etuukiridde.

-Okuwangula ddala omulabe.

ne baziyiza okukunga abantu ba

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Mu bibuga ki ebisatu Yoswa mwe yaleka "abanefisi abatonotono"?

.....
.....

3. Biki ebyava mu kulekawo ebinefisi ebitonotono mu buli kimu ku bibuga bino?

.....
.....

4. Kiki ekigenda okubaawo singa oleka abanefisi abatawanguddwa mu bulamu bwo?

.....
.....

5. Wandiika obukodyo omusanvu obw'okutta ebinefisi obwogeddwako mu ssomo lino.

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Olina abanefisi abatawanguddwa mu bulamu bwo? Bwe kiba bwe kityo, bye biruwa? Biwandiike wansi:

Lowooza ku ngeri gy'oyinza okukozesaamu "obukodyo buno obw'okutta ebinefisi" mu bulamu bwo:

1. Weetegeke
2. Okwogera
3. Okukakasa
4. Okuyingira
5. Ekigendererwa ekituufu
6. Enkola etuukiridde
7. Okufuga

ESSUULA EY'EKKUMI N'OMWENDA

OKUKUNGA OKUSINZIIRA KU BIRABO

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ki kyekitegeeza okukunga "okusinziira ku birabo".
- Okukunga ekkanisa yo ng'osinziira ku birabo eby'omwoyo.
- Okunnyonnyola engeri okwekenneanya okulaga oba omuntu ali mu buweereza butuufu.
- Okulaga ekisumuluzo ky'okukozesa ebirabo eby'omwoyo.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Abooluganda, ssaagala mmwe obutategeera ebikwata ku birabo ebya Mwoyo. (1 Abakkolinso 12:1)

ENNYANJULA

Omusomo guno gubadde gutunuulidde ensonga ez'omwoyo ezeetaagisa okukunga abantu okukola emirimu gy'obuweereza. Soma "Ebiri mu Kitabo" mu kitabo kino era weetegereze emitwe gy'essuula. Buli kimu ku by'okuyiga bino kitundu ku nkola y'okukunga. Bw'oba otegedde ennono zino era n'ogissa, ojja kusobola okukungibwa n'okukunga abakwetoolodde.

Essomo lino erisembayo erya "Enkola z'okukunga" likwata ku "Okukunga okusinziira ku birabo." Bw'oba oli mukulembeze wa balala, olwo essomo lino likulu nnyo. Lino okulungamizibwa okutwala ekibinja ky'abantu abakubirizibwa mu by'omwoyo era n'okubakunga mu ngeri ey'omugaso ku lw'omulimu gw'obuweereza.

OKUKUNGA OKUSINZIIRA KU BIRABO

Ekkanisa esobola okutegekebwa mu ngeri nnyingi ez'enjawulo. Eynza okutegekebwa okusinziira ku kwegomba ow'ekibiina oba abakadde mu kkanisa y'omu kitundu. Eynza okutegekebwa mu ngeri omusumba oba abakulembeze b'eby'omwoyo gye bawulira nga yesinga obulungi. Amakanisa agamu tegategekeddwa n'akatono era okutabulwa mu zo kwe kufuga.

Okusobola okuba ow'amaanyi ku lwa Katonda, ekkanisa erina okutegekebwa nga yeesigamiziddwa ku birabo eby'omwoyo. Ebirabo eby'omwoyo bituyamba okukola omulimu gw'obuweereza. Buli buweereza bulina okutegekebwa n'okukungibwa nga basinziira ku busobozi buno obw'enjawulo Katonda bwe yawa olw'omulimu gw'obuweereza.

"Okukunga okusinziira ku birabo" nkola ya kutegeka ekibinja ky'abantu olw'omulimu gw'obuweereza nga basinziira ku birabo byabwe eby'omwoyo. Enkola eragiddwa wano okusinga elungamya abantu okukola Katonda byebayitira n'okubazimba okukola.

Ekigendererwa si kujjuza bifo bya buweereza byokka ebikalu oba "okuyingiza abantu mu nsongu eno." Kwe kusaba okulungamya abakkiriza mu bitundu by'obuweereza eby'ebirabo byabwe eby'omwoyo n'obumanyirivu okubazimba. Ekinaavaamu Omubiri gwonna gujja kukolera wamu mu ngeri Katonda gye gaguteekateekamu.

Waliwo emitendera esatu emikulu mu kukungaanya abantu nga basinziira ku birabo:

1. Okulungamya abantu mu kuzuula ebirabo byabwe eby'omwoyo.
2. Okuzuula ebyetaago by'obuweereza.
3. Kwataganya abantu n'ebirabo ebituufu n'ebiyetaago ebizuuliddwa.

OMUTENDERA OGUSOOKA: ZUULA EBIRABO BY'OMWOYO:

Bw'oba ogenda kulungamya abantu mu kuzuula ebirabo byabwe eby'omwoyo olwo ggwe n'abagoberezi bo mulina okuba n'okumanya ebirabo eby'omwoyo.

Harvestime International Network egaba omusomo ogutuumiddwa "Obuweereza Bw'Omwoyo Omukuku." Guwa okulungamya mu bujjuvu ku birabo eby'omwoyo eby'enjawulo. Bw'osoma Emisomo gya Harvestime mu nsengeka yaazo, omusomo guno wagumaze dda.

"Obuweereza bw'Omwoyo Omukuku" eyogera ku buli kirabo eky'omwoyo era n'ewa okwekenneanya okukuyamba mu kuzuula ebirabo eby'omwoyo. Tukuwa amagezi ofune omusomo guno ogusomese mu kkanisa yo nga tonnaba okugezaako okutegeka ng'okunga okusinziira ku birabo. (Mu mbeera nga tolina kkoosi era nga tasobola kugifuna, mu bufunze ebirabo eby'omwoyo biteekeddwa mu "Okujuliza" y'essomo lino.)

Mu kusaba lungamya buli mmemba w'ekkanisa yo okuyita mu mitendera ekkumi n'ena egy'ekirabo eky'omwoyo okuzuula ekinyonyoddwa mu "Kujuliza" kw'ekitabo kino. Emitendera gino mulimu:

Omutendera ogusooka: Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.

Omutendera ogwokubiri: Okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omukuku.

Omutendera ogw'okusatu: Okufuna okumanya ku birabo eby'omwoyo.

Omutendera ogw'okuna: Okwetegereza ebikozesebwa ebikuze eby'ebirabo.

Omutendera ogw'okutaano: Okunoonya ekirabo eky'omwoyo ng'osiiba n'okusaba.

Omutendera ogw'omukaaga: Okubateekako emikono n'okusaba Katonda abikkule ebirabo byabwe.

Omutendera ogw'omusanvu: Okwekenenya ebintu by'omwoyo.

Omutendera ogw'omunaana: Okwekenenya nga ggwe, ng'omukulembeze waabwe ow'omwoyo.

Omutendera ogw'omwenda: Okwekenenya obuweereza bw'Elikristaayo obwayita.

Omutendera ogw'Ekkumi: Okumaliriza ebibuzzo by'ebirabo eby'omwoyo ebiweereddwa mu musomo gwa Harvestime oguyitibwa "*Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu*."

Omutendera ogw'Ekkumi n'emu: Okuzuula ebirabo eby'omwoyo bye bayinza okuba nabyo.

Omutendera ogw'ekkumi n'ebiri: Okubawa olukalala lw'ebjetaago by'obuweereza mu kkanisa.

Omutendera ogw'ekkumi n'esatu: Okabayamba okukwataganya ekirabo kyabwe eky'omwoyo n'obwetaavu bw'obuweereza.

Omutendera ogw'Ekkumi n'ennyaa: Okukola okwekenneanya okugoberera obuweereza bwabwe mu kitundu kino.

Bw'omala okwekenneanya n'okusaba ebirabo eby'omwoyo eby'abantu b'ekibiina ky'ekkanisa, oluvannyuma kola ekipande ekiraga amannya ga bammemba n'ebirabo eby'omwoyo Katonda by'abikkulidde mu buli kimu. Kozesa foomu eweereddwa mu kitundu "Okweyongera Okusoma" mu ssomo lino.

OMUTENDERA OGW'OKUBIRI: ZUULA EBYETAAGO BY'OBUWEEREZA:

Kati olina okuzuula ebyetaago by'obuweereza mu kkanisa yo. Byetaago ki by'olina mu kiseera kino? Bifo ki mu kkanisa yo ebitannaba kujuzibwa? Buweereza ki obupya bw'okkiriza Mukama bwayagala otandike mwewetaaga abakozi? Bino bye bimu ku byetaago by'obuweereza ebiyinza okubaawo:

Okukyalira: Abalwadde, abapya mu kkanisa, abantu b'ekkanisa, mu malwaliro, bannamwandu, amakomera, abanyolwa, amaka g'abakaddiye.

Okubuulira enjiri: Nju ku nju, ebiro by'okubuulira enjiri, enkungaana ez'enjawulo.

Okulondoola obuweereza: Mu baakkiriza.

Okubudaabuda: Okw'awamu, oba eri ebibinja eby'enjawulo: Okubudaabuda kw'okumasimu.

Ebikwatagana ne ofisi: Okukubisa ebiwandiiko, ebifaananyi, okutereka ebiwandiiko, okubikungaanya, okukubisaamu ebiwandiiko, amabaluwa, amasimu agakubwa, n'ebirala eby'ekika ekyo.

Okusembeza: Okufumbira abalala n'okusaza abali mu bwetaavu oba abagenyi nga bawereza, ababuulizi b'enjiri, abakristaayo.

Obuweereza eri abaavu: Mu kubawa eby'okulya, okwambala, n'awokusula.

Okulabirira ebizimbe by'ekkanisa: Okuteekateeka ettaka, okusiiga langi, okubajja, amasanyalaze, amazzi n'okulongoosa.

Okuyimba: Abayimbi, ebivuga, akulembera oluyimba, ebibinja by'abayimbi, atandika ennyimba, abakubi b'ebivuga, abawandiisi b'ennyimba.

Emizanno gy'eddiini: Okuwandiika oba okufulumya bakazannyirizi abakristaayo.

Eby'ensimbi: Okusonda ensimbi, okubalirira, okuteekateeka ensimbi z'obuweereza.

Okuwandiika: Ebitabo by'obukristaayo, amawulire, ekipande, emiko gy'amawulire ne mu magaziini, ebitontome.

Emikutu gy'empuliziganya: Obutambi bw'okuwuliriza n'okulaba ebifaananyi, ze terefayina, n'ebitangaaza.

Obuweereza eri ebibinja eby'enjawulo: bakiggala, abazibe, abatawaanyizibwa mu bwongo, abakozesa ebiragalalagala, abanywi b'omwenge, abasengula abantu, ebibinja ebibi, abakazi abatali bafumbo, abali b'ebisyaga, Abayudaaya, obubinja obutonotono obw'abakazi n'abasajja, amaka, abafumbo, abaana abatulugunyizibwa, abaabula, abaava mu masomero, abataasoma, abasibe, amaggye, abaana, abavubuka, n'abakuliridde mu myaka.

Ebifo by'ekkanisa: Abakadde, abadinkoni, abasomesa abaana, abakebezi, obukiiko nga ak'okuzimba, ak'ensimbi n'ebirala.

Okuvvuunula: Baibuli n'ebiwandiiko by'obukristaayo.

Okusoma kw'obukristaayo: Abaana abato, oluwummula lw'okusoma Baibuli, Amasomero g'abakristaayo, amatendekero aga waggulu n'abo abatendekebwa nga bakoze ebitabo ebya Harvestime International Institute, okusomera Baibuli kw'awaka.

Obumiisani/ Okutandikawo amakanisa: Eri abantu abatannatuukibwako mu kitundu oba mu ggwanga.

Ebiwandiiko: Amatendekero g'ebitabo by'obukristaayo, okugaba Baibuli n'ebiwandiiko by'obukristaayo.

Okukuba enkambi:

Bw'omala okuzuula ebyetaago by'obuweereza eby'enjawulo, wandiika mu bufunze okunnyonnyola obuvunaanyizibwa bwa buli buweereza. Kino ky'ekyokulabirako:

Obuweereza bw'okukyalira: Buli Lwakubiri ekiro okukyalira bammemba b'ekkanisa abalwadde, mu ddwaaliro, oba beetaaga okuzzibwamu amaanyi n'okusaba. Kola lipoota mu buwandiike eri omusumba ku bivudde mu kukyala buli lwa Sande.

Omusomo gwa Harvestime International Institute ogutuumiddwa "Obuwanika bw'ebigendererwa" guwa ebikwata ku ngeri y'okuwandiika ennyonyola y'obuweereza mu bujuvu.

Oluvannyuma manya kirabo ki eky'ebi'omwoyo ekyandibadde ekikulu okusobola okutuukiriza obulungi obuweereza buno. Okugeza, oyo akola okukyalira ayinza okwetaaga ekirabo eky'okuwonya oba okubuulirira (okubuulirira).

Kozesa ebipande ebiri mu kitundu "Okweyongera Okusoma" mu ssomo lino okukuyamba okuzuula ebyetaago by'obuweereza, okuwandiika ennyonyola, n'okuzuula ebirabo eby'omwoyo ebyetaagisa okusobola okutuuka ku buwangizi okutuukiriza buli buweereza.

OMUTENDERA OGW'OKUSATU: KWATAGANYA ABANTU, EBIRABO, N'EBYETAAGA:

Bw'oba omaze omutendera ogusooka n'ogwokubiri, olina...

1. Olukalala lwa buli muntu mu kkanisa yo n'ebirabo bye eby'omwoyo.
2. Olukalala lw'ebifo by'obuweereza ebyetaaga okujuzibwa, ekinnyonnyola obuvunaanyizibwa bwa buli buweereza, n'ebirabo eby'omwoyo ebyetaagisa mu buli buweereza.

Kati oli mwetegefu okukwataganya abantu n'ebirabo ebituufu eri ebyetaago by'obuweereza by'ozudde. Kozesa foomu eweereddwa mu kitundu "Okweyongera Okusoma" mu ssomo lino. Ekigendererwa kyo kwe kuwa buli muntu okujuza ekifo ky'obuweereza ebirabo bye eby'omwoyo bye binaamusobozesa okukikola okukola obulungi.

Abantu abasinga obungi bajja kwagala okusaba ku nga tebannakiriza bувunaanyizibwa. Kakasa nti obawa kkopi y'ennyonyola y'obuweereza basobole okumanya obuvunaanyizibwa bw'ekifo. Abantu abagaana ebifo by'obuweereza ebibaweebwa balina okuddamu okusinkana okukubaganya ebirowoozo ku makubo amalala ag'obuweereza.

Bwe wabaawo ebifo by'obuweereza nga tewali mmemba alina kitone azuulibwa, olina ebintu bibiri ebirala ebiyinza okukolebwa:

